Namba 2 Mu Butundutundu
*Emitendera mu Kweza*

**Ennaku 10**

**Ekitundu ky'Essomo**

# *Beera mu Yesu Kristo*

## Yesu Kristo:
## "Beera mu nze, nange mu Ggwe"

### Ekyo okikola otya?

HELMUT HAUBEIL

**Eyakuba mu kyapa**
TO LIFE Wegwester  - Verlag, Wlen
Australian publishing house.
ekyasooka mu luzungu, October 2016
eky'okubiri mu luzungu, January 2019
eky'okusatu –obuyambako mu kusoma  obulongoseddwamu, august 2019

**Eyakifulumya:**
Konrad print & medlen, www.konrad-medien.de

**Obuyungiro  n'okulagiriza mu nnimi engwira:**
© Helmut Haubeil
Rosenhelmer Str.49
D-83043 Bad Albling / Oberbayern – Germany
E-mail: helmut@haubeil.net
Essimu +49(0)8061 4900 712
Ennimi: olugyamani n'oluzungu

**Okuvvuunula:**
akasooka kali mu lugyamani: Amharic, Arabic, Bulgarian, Danish, Dutch, Croatian, Czech, English, French, Hungarian, Indonesia, Italian, Kirundi, Mongolian, Norwegian, Portuguese / Brasillero, ortuguese / Portugal, romanian, Russian, serbian, slovenian- Akatambi k'ebifaananyi, Spanish, Swahili, Tagalog-Phillipines , Tamil, Ukrainian, Urdu-Pakistan.
Okuvvuunulwa mu nnimi endala zeetaagibwa. Bambi kwatagana ne H.Haubeil, asobole okukuyambako.

*www.steps-to-personal-revival.info*
Awo osobola okusoma, okuwanula n'okukasindikira owomukwano mu nnimi enzivunule " Beera mu yesu"  wamu ne " emitendera mu kwezza obuggya."
Ku Kibanja kya yintaneti  osangayo "obujulizi" ( nga 150), "enkulakulana",
Obangawo otya obwagazi? Ebikwata ku Mwoyo mutukuvu, omukulembeze, okukigabana, okuyuŋŋagana n'ekibanja mu Lugyamani.

**Ebikwata ku kulagiriza:**
Ebisingawo, laba peegi eddako.

**Bayibuli:**
Holy bible, new king James version, copyright c 1982  eya Thomas Nelson,
inc. bwonna obuyinza bwesigaziddwa.

Akatabo 2

# BEERA MU YESU –

# EKYO OKIKOLA OTYA?

## OKULAGIRIZA

**USA Remnant Publications**
649 E. Chicago Rd
Coldwater MI, 49036
Phone 800-423-1319
or 517-279-13043
Web address for orders: www.remnantpublications.com
Available at your Adventist Book Centers

**Canada**
Lucas Jurek
118 G First Avenue North
Williams Lake, BC
V2G 1Y8
Email:lucasjurek@gmail.com
Mobile number: 250 983 – 2650

**Australien**
Colin Hone
Booklets in English _
colin.hone@murrayhone.com.au

**Philippines Allan**
D. Faina
Email: allan@lightingtheworld.org
SDA church
Fidela Herrera Subd
Bgy. Santol, Tanza, Cavite-4108
Phones: (63) 926 054 1175

**Russia**
Source of Life Publishing House
Vostochanya St. 9, Zaoksky 301000
Tula Region, Russia
Tel. +78 73 42 01 01 www.lifesource.ru

**Uganda (East Africa)**
Adventist youth for revival Uganda
Locationv: Nassere, Wakiso Adventist church
P.o Box 11172 Kampala – Uganda
Email: christophersseruwaggi65@gmail.com
Tel: +256 773 365577

**Europe - Russian-language literature**
Christa Medien GmbH
Pulverweg 6
D-21337 Lüneburg (Germany)
Tel. +49 (0)4131 9835-580
www.christa-medien.eu
und www.christa-shop.eu
Email: info@christa-medien.eu

**Germany and abroad**
Wertvoll leben
Ziegeleistr. 23, D-73635 Rudersberg
www.wertvollleben.com
Email: info@wertvollleben.com
Phone: +49 (0)7183 - 3071332

**Austria**
TOP Life Wegweiser-Verlag
Prager Str. 287, A-1210 Wien/Vienna
www.toplife-center.com
Email: info@wegweiser-verlag.at
Phone +43 (0)13199301-0

**Austria and Germany**
Adventist Book Center
Bogenhofen, A-4963 St.Peter/Hart
www.adventistbookcenter.at
Email: info@adventistbookcenter.at
Phone +43 (0)2294000

**Switzerland**
Advent-Verlag
Leissigenstr. 17, CH-3704 Krattigen
www.av-buchshop.ch
Email: info@adventverlag.ch
Phone +41336541065

**Spain**
Safeliz Publishing House
Pradillo 6, Poligono Industrial 'La Mina'
28770 Colmenar Viejo – Madrid
Phone: +34(91) 845 – 9877
Email: adm@safeliz.com
www.publicacionesadventists.com

## ABOOGEZI B'ENSISINKANO Y'EMISOMO

**USA n'ensi nnyingi:** www.spiritbaptism.org – start page scroll down
**Ensi za Germany, Austria, Switzerland, European :**
www.steps-to-personal-revival.info - click German version – Kontakt page – scroll down
**Phillipines:** Allan D. Faina, Email: allan@lightingtheworld.org, SDA church: Fidela Herrera Subd, Bgy. Santol, Tanza, Cavite-4108, Phones: (63) 926 054 1175

# *Beera mu Yesu*

Yesu Kristo

“Beera mu nze, Nange mu

ggwe.”  Ekyo okikola otya?

HELMUT HAUBEIL

# OBULAMU OBUJJUDDE EBIBALA

**Yesu:**
"….. **Abeera** mu nze, nange mu ye, oyo abala **EBIBALA BINGI**…." Yokaana 15:5

**Mbeera ntya mu yesu?**
Yesu atuyita: Mujje gye ndi! (Matayo 11:28) buli aze ewa yesu era ayitibwa okusigala. (Yokaana 15:4) era kino kikola kitya?
"**Beera mu nze, nange mu ggwe."**
**"Okubeera mu kristo" kitegeeza:**

- **lubeerera okufuna Myoyo we,**
- **Obulamu obw'okweweerayo ddala.**
- **eri obuweereza bwe."** okwagala okwe dda 676.2

Okunyonnyola kuno kwanzigula amaaso era kwampa okutangazibwa mu kutambula kwange ne Katonda. Kino kyama eky'obulamu obw'ekikristaayo obw'essanyu. ( Yokaana 15:11) saala yange era kusaba kwange okwenjawulo, nti kino kijja kulaga bangi ekubo eyobulamu obujjudde era obw'essanyu. Ebigambo bino gwe musinji ogw'obutabo obusatu mukugoberegana obw'emitendera mu kwezza obuggya.3

**Buyungiro ki obuliwo wakati w'obutabo obusatu kugoberegana obw'*emitendera mu kwezza obuggya*?**

**Namba 1.** *Emitendera mu kwezza obuggya*
Okujjula Mwoyo mutukuvu
Kino okifuna otya
Kiri ku kusaba entakera **n'okufuna omwoyo we.**

**Namba 2** beera mu yesu
Kino kikolebwa kitya?
Kiri ku **bulamu obw'okweweerayo ddala eri Yesu Kristo .**

**Namba 3** abakola ne yesu abajjudde omwoyo
Ofuuka otya omukozi ne yesu ajjudde omwoyo?
Kiri ku **kweweerayo ddala eri obuweereza bwe na byonna ebibuvaamu ebiruŋŋamu**
(Kakubeerawo mu 2019)

**Okuzaamu amaanyi**.

Ebirabiddwako biraga nti okusoma amazimagano, kya mukisa, bw'oba ogoberera okusoma okukolebwa mu babiribabiri. Waliwo emikisa egya nabansasaana eri ababiri! (nabalala ku simu, skype) n'emboozi n'okusaba okwa buli lunaku mu kibinja biteekawo embeera .

# TABLE OF CONTENTS

**ESSULA 1** .......... 1
**EKIRABO KYA YESU EKIKYASINZE O MUWENDO** .......... 1
***Mwannyikira n'obubaka bwa yesu obusinga okuba ob'amaanyi?*** .......... 1
***Embeera zaffe zisobola zitya okukyuusibwa?*** .......... 1
***Empisa zaffe zisobola kukyusibwa zitya?*** .......... 11
**Yesu ayogera ku Mwoyo mutukuvu mu lugero olukwata ku kizimbulukusa** .......... 11

**ESSUULA 2** .......... 21
**WEEWEYO ERI YESU** .......... 21
***Nzijjibwako okwagala kwange ?*** .......... 21
***Oba nafuuka wa maanyi okukirawo?*** .......... 21
***Kiki ekiyinza okunemesa okwewaayo eri yesu? Okwewaayo ewa KAtonda kitegeeza nti tulina okuva ku kwagala kwa ffe?*** .......... 21

**ESSUULA 3** .......... 39
**YESU OKUBEERA MU GGWE** .......... 39
***Bikyi ebiretebwa 'Kristo mu nze' ku bulamu bwange?*** .......... 39
***Ekitukibwako ku nkomerero kwe kujjuzibwa n'obujjuvu bwa Katonda*** .......... 39
***Ebisibuka ku " Kristo mu ggwe"Tufuna tutya okununulibwa okuva mu maanyi g'ekibi? Tunafuuka ba "mubiri" nate okuyita mu kwonoona?*** .......... 51

**ESSUULA 4** .......... 65
**OBUWULIZE OKUYITA MU YESU** .......... 65
*Nsobola ntya okubeera mu buwulize obw'essanyu?* .......... 65
*Lwaki liba sanyu?* .......... 65
*Obuwulize okuyita mu Yesu mu nze" bukola butya?* .......... 65
*Obuwurize obw'okukkiriza bwa nkolaganaWakati wa Katonda n'omuntu?* .......... 65

**ESSUULA 5** .......... 91
**OKUKKIRIZA OKUSIKIRIZA OKUYITA MU YESU** .......... 91
***Obumu busobola butya okufunibwa mu bakkiriza?*** .......... 91
***Kiki ekifuula obukkiriza bwaffe ekisikiriza eri famirw n'ensi?*** .......... 91
***Nkyukakyuka ki mu ffe etufuula abajulizi?*** .......... 91
***Okwezza obuggya kumerusa kutya misooni?*** .......... 91
**EBYEYONGERAKO** .......... 112

Olunaku 1

ESSULA 1

# EKIRABO KYA YESU EKIKYASINZE OMUWENDO

*Yesu yasomesa ki ku Mwoyo Mutukuvu?*
*Mwannyikira n'obubaka bwa yesu obusinga okuba obw'amaanyi?*
*Embeera zaffe zisobola zitya okukyuusibwa?*

**Okusaba Kwa yesu okwenjawulo: Saba Omwoyo Omutukuvu**

Akatundu kamu mu bayibuli, yesu n'essira atulagira okusaba mwoyo omutukuvu. Sirina katundu kalala ke manyi Yesu, mu mukwano mwatukubirirza okutwala ekintu ku mutima. Ennyiriri zino zisangibwa mu ssomo lye elye essaala mu Lukka 11. Omwo emirundi egiwera ekumi yatukalaatira nti tulina okusaba Mwoyo mutukuvu.

"Nange mbagamba mmwe nti musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo. Kubanga buli muntu yenna asaba aweebwa; n'anoonya alaba; n'eyeeyanjula aliggulirwawo. Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'alimusaba omugaati, alimuwa ejjinja? Oba ekyennyanja, n'amuwa omusota mu kifo ky'ekyenyanja? Oba bwalisaba eggi, n'amuwa enjaba? Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!" (Lukka 11:9-13 NKJV)

Mu nnyiriri zino entono, yesu akozesa ekigambo " saba" emirundi mukaaga; awo n'amala mu kifo kya "saba" nazaawo "noonya" emirundi ebiri – ekigambo eky'ekikolwa – nemirundi emirala ebiri nazaawo "konkona" – era nga nakyo kigambo kya kikolwa. Awo tatulaga bulungi nti tulina okubaako kye tukola tusobole okujjula Mwoyo mutukuvu?

"Saba" esembayo ekozesebwa mu biseera ebiriwo ebyeyongera mu lu yonaani. Ekyo kitegeeza nti tetusaba mulundi gumu gwokka, wabula okweyongera okusaba. Yesu wano

Okusaba takufuula kya bwangu kyokka naye ekintu kyatusuubira okukola lubeerera. Ayagala okuzuukusa obwagazi bwaffe obwa Mwoyo mutukuvu n'okusaba kuno okuva ku mutima. Okusaba kuno kw'amangu kutulaga okukakasa kwa Yesu nti tujja kubaako ekintu ekikulu ekitubulako bwetutasaba lubeerera okujjula Mwoyo mutukuvu. Yali ayagala obwanga bwaffe eri ekyamazima nti twetaagira ddala Mwoyo mutukuvu . Mu ngari eno, Awagaliza lubeerera okufuna obugagga bw'emikisa gya Mwoyo mutukuvu.

Okutandikira ku kitundu ekisembayo ekya Abaefeso 5:18, Johannes Mager agamba: "omukkiriza tajjuzibwa ng'ekyombo omulundi gumu era okumala ebiseera byonna, naye alina okujjuzibwa entakera. N'olwekyo, olukangaga [Abaefeso 5:18] lusobola era okukozesebwa mu ngeri eno. 'Leka mujjulenga Omwoyo era buli kiseera buggya n'Omwoyo'. Okujjula mwoyo mutukuvu , atuweebwa nga tubatizibwa, asobola okutuvaamu singa ekirabo eky'omujjuzo ekituwebwa tetukisigaza. bw'atuvaamu, okubeerawo kwe kusobola okufunibwa nate. Okujjula kulina okuzibwa obuggya Mwoyo Omutukuvu asobole okubuna ebitundu by'obulamu bwaffe byonna, era obulamu bwaffe obw'Omwoyo buleme kuwotoka.

Okujjula Mwoyo tekitegeeza nti tulina asinga era asingawo mu bungi obwomuwendo, wabula nti Omwoyo alina ekisingawo ku ffe. n'olwekyo, Pawulo alagira abakkiriza bonna [mu abaufeso 5:18] okujjula buli kaseera. Eno ye mbeera eyabulijjo ey'omukkiriza – okubatizibwa kumu naye okujjuzibwa kwa mirundi mingi."[1]

Ekitundu kino eky'essomo ku ssaala ey'okusaba Mwoyo mutukuvu mutendera gwa njawulo. Omwoyo omutukuvu ky'ekirabo kya Katonda ekisinga – ekirabo ekigatta ebirabo byonna ebirala. Kino kye kyaali ekirabo kya Yesu eky'okuntikko era obukakafu obulaga okukwagala gwe.

Ekirabo eky'omuwendo ng'ekyo kyandibadde tekisindikirizibwa ku muntu. Kiweebwa abo bokka abalaze obwetavu bw'ekirabo era abakisiima. N'olwekyo nkifudde muze okusaba buli lunaku Mwoyo mutukuvu mu kukwatagana ne Yokaana 7:37: "Omuntu bw'alumwa ennyonta , ajje gyendi anywe." ekyo kitegeeza: Mukama wange, mpa okuyaayanira Mwoyo mutukuvu mu mutima gwange.

**Alipoota ezisooka ez'abamu abatandise okusaba Mwoyo mutukuvu.**

Tudda ku "mukwano ogwasooka": mwannyina ffe yampandiikira: " nze ne mukwano gwange tuli mu kusoma akatabo ek'ennaku 40 omulundi ogw'okusatu, nga tukasomera wamu n'akatabo Emitendera mu kwezza obuggya. Nga tetunazuula obutabo buno, obulamu obw'okukkiriza kwaffe

1 Johannes Mager, *Auf den Spuren des heiligen Geistes (Luneburg, Germany, Advent-Verlag,* 1999,S.101.

bye twayitamu n'okusaba tebyali nga bwe byali bibadde. Twayayanira okuzuula "omukwano gwaffe ogw'asooka" nate. Tuguzudde! Twebaza katonda n'emitima gyaffe gyonna. Kyewunyisa nnyo engeri Katonda waffe omwagalwa gyayanukula essaala era nti alaga engeri Mwoyo we omutukuvu gy'akola – mu ffe ne mu bantu betusabira." M.S.

Yesu yayingira obulamu bwaffe: Omuntu omulala eyawandiika ku butabo buno:

"…bufuuse omukisa ogw'amanyi era gwenalindirira edda mu bulamubwange. Nga ba memba abalala mu Kanisa ne mwannyinaffe okuva mu kanisa bwe balabye, waliwo ekintu ekibaddenga kibulawo mu bulamu bw'okukkiriza . Kati tufunye omukisa ogwokuwulira engeri Yesu gyeyayingira obulamu bwaffe era atandise okutukyusa. Akyatukoleramu era mutendere ku mutendera atusembeza kumpi naye." S.K.

## Omwoyo mutukuvu ye nsibuko y'obulamu obujjuvu

Okusinziira ku Yesu, lwaki yajja ku nsi eno? Yagamba: "Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi." (Yokaana 10:10) Yesu atwagaliza tufune obulamu buno obupya kati era bweyongere buwufu obwenjawulo ddala oluvannyuma kw'ojjakwe okw'okubiri nga obulamu obutagwawo mu bwakabaka bwa Katonda.

Atulaga era nti ensibuko y'obulamu obujjuvu ye Mwoyo mutukuvu: "Omuntu bw'alumwa ennyonta, ajje gyendi anywe. Akkiriza nze , ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe. Ekyo yakyogera ku Mwoyo." (Yokaana 7:39-39 NKJV)

"*Emigga gy'amazzi amalamu*" – ekyo ssi kya kugeraageranya kirungi eky'obulamu obujjuvu?

## Mu bulamu bwe wano ku nsi, yesu yatuwa eky'okulabirako ekikwatagana?

Tukimanyi nti Mariya Yafuna olubuto lwa Yesu okuyita mu Mwoyo mutukuvu (Matayo 1:18). Tukimanyi nti oluvvanyuma lw'okubatizibwa yasaba era "Omwoyo mutukuvu namukkira mu kifaananyi eky'omubiri ng'ejjiba"(lukka 3:22). Kyali kyetaagisa era nga kyamugaso mu mbeera eno nti afune Mwoyo mutukuvu buli lunaku? Ellen White agamba, " Makya ku makya yayogeranga ne kitaawe mu ggulu, nafuna okuva eri ye buli lunaku okubatizibwa okuggya okwa Mwoyo mutukuvu."[2]

Yesu yali kyakulabirako eri ffe mu kino. Tulina okwebuuza: Yesu bwaba nga buli lunaku yali yetaaga okuzzibwa obuggya okuva mu Mwoyo mutukuvu, kirina mugaso gwenkana ki okusingawo eri gwe nange?

---

2 Ellen G.White, *Obubonero bw'ebiseera*, November 21, 1895.

Omutume Pawulo yetegeera ensonga ya Yesu. Mu bbaluwa ye eri ekkanisa mu abaefeso , Pawulo akakasa nti baali banwezebwa ne Mwoyo mutukuvu bwe baafuuka abakkiriza (abaefeso 1:13). Mu Abaefeso 3:16,17 abagumya okubeera abanywevu mu Mwoyo; mu 4:30 agamba, "so temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu" ne mu 5:18, nga omutume awereddwa obuyinza, ayita abaefeso , na ffe, " tujjule Mwoyo," oba, agamba, " leka lubeerera era mu kuddiŋŋana mujjuzibwe nate ne Mwoyo."[3] Tulaba nti kya nkizo buli lunaku okufuna obulamu mu Mwoyo n'okukula kw'omukkiriza okuyita mu kujjula buli lunaku ne Mwoyo mutukuvu.

"Katonda tagamba, saba lumu, era ojja kuweebwa. Atukuutira okusaba. Awatali kukoowa nga tulemerako mu ssaala. Okulemerako mu kusaba kireeta eri omusabi embeera ey'obunyiikivu, era kimwongera obwetaavu okuweebwa ebyo by'asaba."[4]

"okubatizibwa ne Mwoyo mutukuvu kitegeeza okubeerera ddala wansi w'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu – okujjula ye. Kino ssi kye kintu ky'ofuna omulundi gumu, wabula ekirina okuddiŋŋanibwa lubeerera, nga Pawulo bwakirambika mu Abaefeso 5:18b nga akozesa ebiseera by'ekigambo mu luyonaani 'okujjula'". [5]

### Ebigambo bya yesu ebyasembayo ne Mwoyo mutukuvu

Mu bigambo bya yesu eri abayigirizwa be eby'okusiibula , yabalaga essanyu n'esuubi bweyabagamba nti Omwoyo mutukuvu yali wakubajjira mu kifo kye. Yabalambika enkola ya Mwoyo mutukuvu mu Yokaana 16:7-14 (NKJV):

"Naye nze mbagamba amazima; kibasaanira mmwe nze okugenda; kubanga nze bwe sirigenda, Omubeezi talibajjira; naye bwe ndigenda ndimutuma gye muli. Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango; olw'ekibi, kubanga tebanzikiriza nze; olw'obutuukirivu, kubanga ŋŋenda eri kitange , so nammwe temukyandaba nate; Olw'omusango, kubanga omukulu w'ensi eno asaliddwa omusango. Nkyalina bingi okubabuulira, naye temuyinza kubigumiikiriza kaakano. Naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, anaabaluŋŋamyanga mu mazima gonna: kubanga taayogerenga ku bubwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga: ye anaababuuliranga ebigenda okujja. Oyo anangulumizanga nze: kubanga anaatoolanga ku byange n'ababuulira mmwe."

---

3 Pub. Werner E. Lange, Unser grobtes Bedurfnis (Luneburg, 2011), S.42

4 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo* (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2003), p.145.3

5 Ennambika y'okusoma Bayibuli, July 17, 2014.

**Empenda empya ey'omuganyulo**

Yesu yagamba abagoberezi ekintu ekyewunyisa; "kibasaanira mwe nze okugenda." Kino kitegeeza nti empenda empya – nti ali naffe okuyita mu Mwoyo Mutukuvu – kya muganyulo okukira nga Yesu waali mu buntu. Mu ngeri eno, takugirwa, wabula asobola okubeera ku lusegere lwa buli muntu, awatali kufa ku w'anaaba ali mu kaseera ako.

**Okukulembera okuva mu butakkiriza n'okubuusabuusa okudda mu kukkiriza mu Yesu**

Omwoyo mutukuvu alina ekkatala ely'okuggula amaaso g'ensi. Era mu kigero ekimu ensi teri mu kkanisa? Mwoyo mutukuvu ye yekka asobola okuggula amaaso ga Lawodikiya. Azukusa obwetavu bwa Katonda mu bantu b'ensi n'obwetaavu obw'enkolagana ey'omuggundu ne yesu mu Bakkiriza ab'ekibuguumirize. Atulaga ekibi ekivaako ebibi byonna ebirala: "Kubanga tebanzikiririzaamu."

Okkiririza mu yesu? Ekinyusi ky'okukkiriza kwe kwesiga yesu. Akabon ero agalaga nti ddala tukkiririza era tumulinamu obwesige kwe kwewerayo ddala eri ye. Kikwata ku kwewayo wenna, okmalirira okumugoberera mu buli kimu.

Omwoyo mutukugu agulumiza Yesu. Bwetujjula mwoyo mutukuvu, Yesu afuuka eky'omuwendo era kyebeeyi esingako jetuli. Okusiima nokutegeera yesu okusingako kukula mu ffe.

**Okulokolebwa nokusaanyiza okuyita mu kukkiriza**

Omwoyo mutukuvu atuggula amaaso eri obutuukirivu bwa Yesu. Yesu bwe yayambu mu ggulu, Ssadaaka ye yakkirizibwa Kitaawe. Awo, ekitasoboka nekifuulibwa ekisoboka, gamba nti Katonda yakozesaokwagalaera mukaseera ke kamu yali mwenkanya. Omwoyo mutukuvu ayagala kuggula maaso gaffe eri okuwanyisiganya kuno okw'omuwendo omusukkulumu: Jesu yettikka Okusingisibwa ekibi okuva kw'abo abamwesize era ye n'abawa obutuukirivubwe. Kino y'entabiro y'okuyigiriza kwa bayibuli: Obutuukirivu okuyita mu kukkiriza mu Yesu.

**Omwoyo mutukuvu atulaga ekirala Katonda ky'alina**

Omwoyo mutukuvu atuggula amaaso eri amazima nti omulangira w'ensi yasingisibwa omusango. SItaani yagobwa mu ggulu, era okusanyizibwawo kwe mu nkomerero kubindabinda. Bwetuba mu kristo, awo aba tasobola kutuluya, yaddenga nga tuddiŋŋana okugwa mu kukemebwa era nga tusobola okunafuwa wano ku nsi

Yokaana ekisooka 5:18 agamba: “Tumanyi nti buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; naye eyazaalibwa KAtonda amukuuma,omubi n’atamukoonako.” (NIrV) Enkyukakyuka y’obukama ekoleddwa mu bulamu bwaffe. Yesu ayagala okutulokola okuva mu kibi n’okutukuuma okuva mu bulumbaganyi bwa sitaani. [6]

Ku ludda olulala, Mwoyo mutukuvu era ayagala kuzibula amaaso g’abantu eri amazima nti okulamulibwa kujja. Teri n’omu asobola okutoloka okulamulibwa kuno okujjako nga akkiriza ekirabo ky’okununulibwa okuyita mu kweweraуо ddala eri yesu n’okusigala mu ye. Ssi kigendererwa kya Katonda okukkirizisa abantu mu ye kuyita mu kutya nga asonga ku kulamulibwa. Naye nno, okumanya nti okulamulibwa kujja kireetawo okwenenya eri abantu abangi. Tekyandibadde kya bwenkanya singa tulemererwa okulaga abantu eby’okusawo bye balina mu bwenyi bw’ekijja. Okulamulibwa kutuyamba okukola okusalawo.

## Omwoyo mutukuvu atuwa okutegeera a mazima

Omwoyo mutukuvu ajja kutukulembera okututuusa ku mazima gonna. Atutakkuluza ku byetuyiga eby’obulimba, ensobi n’ebitusendasenda.Era atukulembera eri amazima agatukwatako, tusobole, nga tuyambibwako Katonda , okutereeza amakubo gaffe buli wekyetaagisa.

“ Omubeezi ayitibwa ‘mwoyo ow’amazima. Omulimu gwe kwe kulambika n’okukuuma amazima. abeera mu mutima nga Omwoyo owamazima, na bwekityo afuuka omubeezi atulabirira. Mu mazi mulimu okutebenkera n’eddembe, naye tewali kutembereka na ddembe bisangibwa mu bulimba.”[7]

## Omwoyo mutukuvu atuggulira okutegeera ebyomumaaso

Omwo mutukuvu alina omulimu ogw’otugamba ebintu eby’omumaaso. Yesu ye yennyini yayogera ku by’omumaaso mu matayo 24, era ne mwyo mutukuvu alina omulimu ogwokutuwa ekitangaala ekisinga nawo ku by’omumaaso. Bwetumuwa ekifo, awo naye asobola oku okutubikkulira obunnabi.

Tekyewunyisa nti ebbaluwa zonna 7 mu kubikkurirwa 2 ne 3 zifundikira n’okusomoozebwa okuva eri yesu kwekumu: “Alina okutu awulire Omwoyo ky’agama ekkanisa.” (Okubikkurirwa 2:7) Yesu okuyita kuno akwolekeza eriffe, ekkanisa eyennaku ezisembayo, okuwuliriza Mwoyo. Tuli bulindaala era twagala okukikola?

---

6 Omutwe guno omukulu gukwatibwako mu ssuula 4 ey’akatabo ka Dennis Smith, ennaku 40: O*kusaba n’okwemaliza okuzza obuggya by’ofuna ne Katonda*, akatabo 2 (Hagerstown, MD: Review and Hehald publishing Association, (2011).

7 Ellen G.White, *Obwagazi obwedda n’edda* (Nampa , ID: Pacific Press Publishing ssociation, 2002), p.671.

## Amaanyi okuyita mu mwoyo mutukuvu

Yesu yanokolayo omulimu gwa Mwoyo mutukuvu mu kwogerako kwe nga asiibula: “ *Naye muliweebwa, Omwoyo omutukuvu bw’alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n’okutuusa ku nkomerero y’ensi.”* (Ebikolwa by’abatume 1:8). OMulimu omukulu omulala ogwa Mwoyo mutukuvu kwe kutuwa amaanyi n’obusobozi tusobole okumujjulira.

“Kristo awaddeyo mwoyo we nga a maanyi ag’obwa Katonda okuvvuunuka enkola y’ekibi ensikire ne gyetukungula, nokuteekawo enkola ye ku kkanisa ye.” [8]

Amaanyi okuva mu Mwoyo era getaagisa mu by’obulamu. Don Mackintosh, Akulira okutendeka kw’obukulembeze mu njiri ey’eby’obulamu mu Tendekero e Wimar , agamba: “ kyetwetaaga bwe bumanyi ku by’obulamu nga bikwatagana n’amaanyi agabuteeka mu nkola. Kikwata ku maanyi agakyusa.”[9] Wano kikwata ku maanyi g’enjiri, ago ge maanyi ga Mwoyo mutukuvu .. Gegaleetawo enkyukakyuka. Kyetusobola okukola kwe kulagala abalala ekkubo nga tutambulira mu kkubo ery’obulamu ebisingako ffe bennyini. Ekintu kimu kikakafu: Emikisa emigagga egya Katonda kitulindiridde.

## Okuteeka mu nkola ebikwata ku kwezza obuggya.

Ng’ekkanisa tubadde tusabira okwezza obuggya okumala akaseera. Okusabira okwezza obuggya kikuli, naye nga Mark Finley bw’agamba, era kikulu oku “ okuteeka munkola ebiri mu bayibuli ebikwata ku kwezza obuggya”.[10]

Okwezza obuggya mu kkanisa kwesigama ku kwezza obuggya okwabuli muntu. Mbasabe okutwala emitendera okwezza obuggya ng’abantu ssekinoomu? Kino kikutuusa eri obulamu obujjudde era obw’amaanyi agasingawo, eri obulamu obwokukkiriza okw’essanyu erya nnamaddala.

## Lwaki omutima omuggya gwetagisa?

Yesu yagamba Embeerera abasiru, “mbagamba nti simumanyi” (Matayo 25:25). Eyo ye nsonga lwaki tebakkirizibwa mu mbaga. Bakikiirira abo abajja mu bwakabaka bwa Katonda. Ensonga yali bubulwa bwa mafuta, ekitegeeza obutafuna mwoyo mutukuvu eri ffe, obubulwa mu bulamu mw’omuntu obw’omwoyo. Ekigambo “embereera abasiru” kinyonnyola empisa eyabantu **abo abatafuna**

---

8 Ibid.
9 Dave Fiedler, D’Sozo: Okuzza emabega ekibi ekisinga (Coldwater, MI: Remnant, 2000), “ ebisookebwako”.
10 Mark Finley, *Tuzze buggya nate* ( Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2010), p.26.

**Nkyukakyuka ey'amazima mu mutima okuyita mu kukola kwa Moyo mutukuvu.**

Tulina obutonde bw'ekibi. Nabwekityo, tulina okwemanya, tulwadde obutondebwaffe obwookwefaako ffeka. Olw'okuba mpaawo yemanyi aliyingira obwakabaka bwa Katonda, Enkyukakyuka mu mpisa yetaagisa nnyo. Ekigambo kya Katonda kitulaga nti buli omu ayinza okujja eri yesu ngabwali. Naye era tumanyi nti tewali n'omu anasigala nga bw'ali.

Wkkanye nyi embereera abasiru tebamanyi Katonda kubanga tebaweddeyo ddala obulamu bwabwe eri Yesu n'enkola eyoMwoyo mutukuvu. " obununuzi bwaffe tebuli ku kyetumanyi, wabula ku ani gwetumanyi…. (Yokaana 17:3). Kyetumanyi kyamugaso, naye awatali nkolagana ey'obuntu erokola ne Yesu tukemebwa era mukusembayo tubula. Okutegeera KAtonda ssi kye kimu n'enkolagana enyinyitivu, okumanyagana okuva mu mutima."11

ENo ye nsonga enkulu lwaki Yesu atuyita bukubirire okusaba Mwoyo mutukuvu buli kiseera. Osaba buli lunaku wakati mu kwewaayo wenna n'okusa mu kukkiriza okujjula mwoyo Mwoyo mutukuvu?

----------------------

11 Denis Smith, ennaku 40, Akatabo namba, 2, p. 112.

***Tonyomoolanga amaanyi***

***ag'omuntu omu okuyamba***

***okunasula entambula za mwoyo wa Katonda***

***mu ngeri ey'omuzinzi.***

***Katonda ayinza okuba nga akuyita***

***ku lwa kadde  nga kano.***

***( osabibwa okusoma: Esther 4:14 – 16)***

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *Yesu bukubirire ateeka ki ku mutima gwo ku bikwata ku Mwoyo mutukuvu?*

   ___________________________________________________________________________

2. *Ngeri ki Yesu mweyatufuukira eky'okulabirako mu kusaba Moyo mutukuvu?*

   ___________________________________________________________________________

3. *Mirimu ki egy'enjawulo Omubeezi gy'alina, egyo Yesu gye yasuubiza abayigirizwa be naffe?*

   ___________________________________________________________________________

4. *Mwoyo mutukuvu atuukiriza ki mu ffe?*

   ___________________________________________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Nti buli lunaku tujja kwejukanya obwetaavu okusaba Mwoyo mutukuvu n'okumufuna mu kukkiriza – n'okutwala ebisuubizo omwoyo omutukuvu:*
   - *Ebinatugya mu butakkiriza n'okukkiriza okunafu.*
   - *Ebinatutangaazaa obutuukirivu okuyita mu kukkiriza kye kutegeeza.*
   - *Ebinatutakkuluzaako endowooza ez'obulimba, ensobi, nokukemebwa.*
2. *Sabira okwewaayo okutaliiko bukwakkulizo eri Yesu n'obuweereza bwe.*

Olunaku 2

*Empisa zaffe zisobola kukyusibwa zitya?*

## Yesu ayogera ku Mwoyo mutukuvu mu lugero olukwata ku kizimbulukusa

Mu lugero oLukwata ku kizimbulukusa, Yesu ayogera ku maanyi g'oMwoyo mutukuvu agakyusa. Bw'osooka okusoma olugero, tokilowooza na kukirowooza nti luyinza okuba nakakwate ne Mwoyo mutukuvu: "Ate n'agamba nti obwakabaka bwa Katonda nnaabufaananya ki? Bufaanana ekizimbulukusa, omukazi ky'addira n'akissa mu bibbo bisatu eby'obutta, bwonna ne buzimbulukuka." (Lukka 13:20, 21)

Ekizimbulukusa, oba yeast, kikozesebwa mu kukola ebika by'emigaati ebyenjawulo. Bwekiteekebwa mu ŋŋaano, kitandika okwefumba era ne kigonza n'okuwewula eŋŋaano ekandibwa. Mu ngeri eno, efulibwa empoomu eri abantu.

Yesu ayagala okulambulula enkola ya Katonda emu nga ayita mu by'okulabirako. Ekizimbulukusa kikiikirira enkola eyewuunyisa mu ffe, entandika ntono naye ate neba ne nkomerero eyewuunyisa, nga olugero bwe lugamba: "paka nga bwonna buzimbulukuse." Yesu ayagala okukuza okwagalakwe okukututeerekeramu mu kifo kyaffe eky'okwemanya.

Mu makulu agamu mu lugero, Yesu ayagala okulaga obuyinza bw'enjiri ku nsi. Yaddenga okubuulira enjiri Kwatandikira watono, kujja kusensera ensi yonna ku nkomerero. Mu makulu amalala, yesu engeri amaanyi ga Katonda agakyusa gyegakolamu okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Agamba mu Lukka 17:20,21, "Obwakabaka bwa Katonda tebujja nga bweyolese, so tebaligamba nti, laba, obwakabaka bwa Katonda buli munda yammwe." (NIV)

Eri abantu b'omukyaasa ekyasooka, Obwakabaka bwa Katonda bwali mu masekkati gaabwe okuyita mu buntu bwa Yesu. Leero, Obwakabaka bwa Katonda butandika mu bulamu bwaffe bwetukkiriza Yesu nga omulokozi era Mukama waffe. Bwetunywerera mu ye era naye nasigala mu ffe, awo mu kudda kwa Yesu okwokubiri obwakabaka obulabwako bujja kutandika ku lwaffe nga buyita mu bubeezi bwa yesu mu ffe. Engeri yokka gy'asobola okubeera mu ffe kwe kuyita mu Mwoyo mutukuvu. Wansi waliwo amasomo amakulu okuva mu lugero.

## Amaanyi agakyusa gakola mu kasirise

Ekizimbulukusa kikiikirira obwakabaka obwomuggulu. Kyoleka amaanyi ga Katonda aganguya era agamaamira."[12] "Okukyusa kikolebwa na Mwoyo mutukuvu yekka."[13] Wano kiri ku maanyi agomunda agayingirira buli kintu era agasobola okutukyusiza ddala. Mu buwufu buno, Katonda ayagala okukyusa empisa zaffe nga ayita mu Mwoyo mutukuvu.

Bayibuli etugamba nti omuyiiko ogwa Mwoyo mutukuvu ogwasooka mu Biseera ebyo, kye kintu ekyawerekebwanga obubonero bw'ebintu ebiwulirwa n'ebirabikako. Naye enkyukakyuka y'eneeyisa yaffe ebeerawo mu kasirise. – bwe tuba tujjudde Mwoyo mutukuvu. Era oluvannyuma amangu awatali kwetegeka wetukizuulira nti wabaddewo enkyukakyuka ennungi mu ffe.

Ekizimbulukusa ekikola mu ŋŋaano kikola nga tekirabika okutuzimbulukusa ekikando kyonna; nabwekityo ekizimulukusa eky'amazima kikola mu kyama, mu kasirise, mu bunyikivu, okukyusa omwoyo. Obutonde bwe bugonzebwa era nebukakkanyizibwa. Ebirowoozo ebipya, okuwulira okuggya, ebigenderwa ebiggya, bimusimbibwamu. Eneeyisa empya eteekebwawo – ey'obulamu mu Kristo. Endowooza ekyusibwa, obusobozi bw'alina butukuzibwa. Embeera ye neeyisa ye ezukuzibwa. Twaweebwa embeera etusobozesa okuwereza Katonda"[14]

Lwaki Katonda atukyusa mu kasirise, nga tetukimanyi okutuusa lwetulaba ebibala? Akaseera aka kasirise ketaagisa mu nkyukakyuka nga n'obutonde kyebuyitamu nga bweza engulu okuva mu biro eby'obutiti. Ebimera eby'amaanyi nga emiti egy'ennongo gikula mpola nnyo. Katonda atugezesa bw'ati okulaba oba nga ddala twagala Mwoyo mutukuvu?

Abeera agezesa kukkiriza kwaffe? Bwendowooza. Era ayagala kutuwa obulamu obujjudde ebibala (laba Yokaana 15:1-8; Abaggalattiya 5:22).

## Amaanyi agakyusa kyetuli gava wabweru – tegatuva munda.

Okusooka, tulina okwekkaanya: 'Omuntu tasobola kwekyusa ku lw'okusawo kwe ye nga ye. Talina maanyi gakozesebwa kuteekawo nkyukankyuka. Ekizimbulukusa – ekintu nga kyonna kiva wabweru – Kiteekeddwa okuteekebwa mu kirungo nga tetunabumbamu nkyukakyuka eyagalwa.15 Yesu wano atulaga nti twetaaga amaanyi agava wabweru waffe okukyusa eneeyisa yaffe.

12 Ellen G. White, Amasomo ga Kristu, p.96.
13 bid, pp. 96, 97.
14 Ibid, pp. 98, 99
15 Ibid. , p. 96.

Tetulina kuteeka mu nkola bigambo bya Yesu ku kintu ekikulu ng'ekyo?

"Kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola!" (Yokaana 15:5) "Okusobola okufuna obutukirivu bwa Kristo, twetaaga okyusibwa Mwoyo buli lunaku, okugabana ku butonde obw'obwaKatonda. Mulimu gwa Mwoyo mutukuvu okulinyisa byetwagala, okutukuza omutima, okuteeka omutindo ku muntu yenna.[16]

Amagezi gano ag'omuwendo okuva ewa Yesu gawukanira ddala ku bisomesebwa leero. Oba bya kikula kya buntu oba ebikusike eby'omunda, obufolosoofa obw'abantu oba ebitundu ebimu ebyokuyigiriza eby'ekikugu, obubaka buli nti amaanyi agatukuza gali munda mu ffe. Galina kuzuukuzibwa buzuukuzibwa na nkola emu oba endala. " okwezuula" ky'ekitera okwogerwako. Omutume Pawulo yeeyogerako era nga kitukwatako fenna: "Kubanga manyi nga munze……….temutuula kirungi" (Abaruumi 7:18). Mu mbeera eno, kiki ekyandivudde mu kwezuula? Kino tusobola okukisoma mu 2 Timoseewo 3:1: " Mu naku ez'oluvannyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja." (NIV). Okwemanya kulifuga. Ku ffe tekiri ku kwezuula wabula Kristo okutuzuula. Omuntu omu yaŋŋamba: "nzudde okwezuula kwange mu Kristo." Omulamwa guli nti Mwoyo mutukuvu abeera mu ffe era atukyusa mu ngeri ennungi.

Ku lwaffe tetulina maanyi gakyusa mbeera zaffe. Kirina kuva wabweru. Eno y'ensonga lwaki Yesu atulambika amazima bulungi mu lukka 11:9-13 nti tulina kusaba Mwoyo mutukuvu - Lubeerera. Mu biseera bya Yesu wano ku nsi, Buli lunaku yajjuzibwanga Mwoyo mutukuvu. Kyetaagisa nnyo eri ffe. Bwendowooza ebintu Katonda by'ayagala okutuwa buli lunaku okuyita mu Mwoyo mutukuvu, awo ne ndowooza nti Katonda waffe ow'ebyewuunyo ayagala okutugwa mu kifuba buli ku makya.

Ellen White ayogera bw'ati ku lugero: "Okusoma n'obuwangwa bwonna ensi byesobola okutuwa bijja kulemererwa okukyusa omwana amenyeddwa menyeddwa ekibi okumufuula omwana ow'eggulu. Amaanyi agazza obuggya gateekwa kuva wa Katonda. Ekyukakyuka esobola kukolebwa Mwoyo mutukuvu yekka. Bonna abandirokoddwa, abawaggulu n'abawansi, abagagga n'abaavu, bateekwa ekwewa eri obukozi bw'amaanyi gano." [17]

Winston Churchill, eyali Ssaabaminisita wa Bungereza mu biseera ebya ssematalo ow'okubiri, ateekwa okuba nga yagamba: Buli kimu tukifunyeko obuyinza okujjako ekintu kimu: Abantu. Abantu tebasobola kukyusibwa mu ngeri ey'omuggundu na buyinza bwa buntu bwokka. Kino okusobola obubaawo, Amaanyi okuva wabweru w'ensi eno getaagisa. Kikwata

---

16 Ellen G. White, *Obubaka obulondemu*, akatabo 1(Hegerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2007), p. 374.

17 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo*, pp.96, 97.

ku maanyi ga Katonda, agasobola okutukoleramu obulungi okuyita mu Mwoyo mutukuvu.

Ekigambo kya Katonda kitugamba nti lunaku ku lunaku omuntu waffe ow'omunda azibwa buggya (2 abakkolinso 4:16). Kikulu nnyo buli lunaku – ekintu ekisooka ku makya kye kisinga – saba Mwoyo mutukuvu mu kukkiriza.

## Omwoyo mutukuvu emirimu gye agitandikira mu mitima bw'amala nakolera wabweru.

Essomo ekkulu eriddako Yesu lye yasomesa mu lugero olwe Kizimbulukusa liri nti, bwetufuna okuzimbulukuka okwa Mwoyo mutukuvu, tutandika okukola ebintu mu ngeri ey'enjawulo okuva munda paka wabweru: "Nga ekizimbulukusa, Bwekitabulwa mu byokulya, bwekikola okuva munda okutuuka wabweru, era bwekibeera omutima guzibwa buggya ekisa kya Katonda kisobole okukola okukyuusa obulamu. Tewali nkyukakyuka ya wabweru yokka emala kututebenkeza na Katonda. Waliwo bangi abagezaako okutereeza nga balongoosa omuze guno oba guli omubi, era nebasuubira nti mu ngeri eno bajja kufuuka bakkiriza. Naye baba batandikidde mu kifo kikyamu. Omulimu gwaffe ogusooka guli ku Mutima."

Era mu kugattako: " Obukugu obw'okukkiriza n'okukwata okwamazima mu Mwoyo bintu bibiri ebyawukana. Okumanya obumanya amazima tekimala. Tusobola okubeera na kino, naye ng'olubu lw'ebirowoozo byaffe telukyusiddwa. Omutima guteekwa okukyusibwa era negutukuzibwa.

Omuntu agezaako okukuuma amateeka ga Katonda nga ekkatala kyokka – kubanga kimukakatako okukikola – taliyingira ssanyu lya buwulize. Tamugondera. Ebisaanyizo bya Katonda bwe bibalibwa ng'olubengo kubanga bikwata ku bintu byonna ebyagalwa omuntu, tuyinza okumanya nti obulamu obwo tebuba bwa bukkiriza. Obuwulize obutuufu kwe kukola okwebweru okwe teeka eriri munda."[18]

Nga okwezza obuggya kweyongera mu ffe, byetulowooza ne byetukola ne byetwogera bisibuka mu mulimu gwa Mwoyo mutukuvu. Abalala bajja kulamba enjawulo mu ngeri gyetweyisa mu bulamu. Ralp Luther agamba: " Yesu yagaanira ddala okutongoza obukkiriza obw'ediini ey'omunda bwokka, obutakyusiza bulamu bwa bikolwa okuva ku nkolo."[19]

Mu *Kwagala okw'edda* tusoma: " Omwoyo mutukuvu gwe mukka ogw'obulamu obw'omwoyo mu mwoyo. Okuteekebwamu omwoyo kwe kuteekebwamu obulamu bwa Kristo.

---

18 Ibid., p. 97.

19 Ralph Luther, *neutestamentliches Worterbuch*, S. 71, kigyiddwa mu O.S. Von Bibra, Der Erinnya Yesu (Wuppertal, 1964), S. 98.

Kiwa akiweereddwa emisa ya Kristo. Abo bokka ababa bayigiriziddwa Katonda, abalina obukozi bwa Mwoyo mu bbo, era ng'obulamu bwa Kristo bweyorekera mu bwabwe, bebagenda okuyimirira nga abakiise , okuweereza ku lw'ekkanisa."[20]

Mu bufunze, Yesu yasomesa bino ku Mwoyo mutukuvu:

- Amaanyi ga Mwoyo mutukuvu agakyusa gatukoleramu nga tetumanyi. Tutera kulaba bigaviddemu.
- Amaanyi agakyusa mu bulamu bwaffe galina kuva wabweru waffe.
- Amaanyi agakyusa gatandikira mu mitima gyaffe oluvannyuma negakola kungulu.

Nandiyagadde nnyo nti osome essuula ey'olugero olw'ekizimbulukusa mu katabo *Amasomo ga Kristo ag'enkizo*.

**Ebigambo bya yesu ebyasembayo: Wuliriza Mwoyo mutukuvu.**

Omanyi bigambo ki Yesu bye yayogera okuva ku kitiibwa kye muggulu okutuuka ku kkanisa ez'ebiseera ebyenkomerero? "Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkanisa." (okubikkulirwa 3:22) Buli omu ku ffe okuwuliriza Mwoyo mutukuvu, era ekyo kyetwagala okukola.

**Enkyukakyuka mu nze!?**

Yesu asobola okunkyusiza ddala? Katukozese ekisiige ekirungi nga eky'okulabirako. Omuwendo gwakyo teguva ku mutindo gw'ebyo ebyakozesebwa. Langi entono yokka, oluusi nga na yamutindo gwa wansi, mu mukono kwa kakensa bisobola okufuulibwa ekisiige eky'omuwendo. Na bwekityo, tulina ekitonde eky'ekibi, "omutindo ogwawansi" ogw'ebikozesebwa. Ekikulu kiri kimu nti "ebikozesebwa bino" bikolebwako omusiizi omulungi ennyo. Yesu kino ky'ayagala okukola, era alina obusobozi obukikola. Asobola okukola gwe nange natufuula ekintu ekimuwa ekitiibwa. Wemalire ddala buli lunaku mu mikono gye era osabe Mwoyo mutukuvu mu kukkiriza . Ojja kwewunya ky'asobola okukukolera, mu ggwe, era okuyita mu ggwe.

Omusajja omukadde yatuula ku lutindo London oluyitibwa London bridge nga asuna endingidi. Mu nkofiira ye mwalimu ebinusu bitono. Waliwo musajja eyali amuyitako naye nakomawo era namugamba: " Mpaako katono ku ndingidi yo." yatandika okugisuna mu ngeri ensukkulumu obulungi ekyaviirako abantu okweyongera era nebeyongerera ddala okuyimirira bawulirize. Kyaviirako n'akappagano mu ntambula ku luguudo. Amannya g'omusajja oyo gaali Niccolo Paganini, Omusunyi we ndingidi nakinku omumanyifu ennyo.

---

20 Ellen G. White, *Okwagala okw'edda n'edda,* p.805.

**Kiri gy'oli bw'oba oyagala okusuna endingidi obulamu bwo oba bw'oba oyagala okuteeka obulamu bwo mu mikono gy'oyo asinga.**

**Obujulizi okuva ew'omusomesa**

**n'omu ku bayizi be.**

" Akatabo Emitendera mu kwezza obuggya ekkanisa y'okukitundu kyange omwaka gumu oguyise, nakasoma ne nkayitamu mangu. Nga kyali na mukukasoma nafuna bingi mu nkolagana yange ne Katonda okusinga mu ngeri etabangawo. Kino kyansikiriza era ne kimpa amaanyi. Mu buyungiro obw'enkomekerezo yakatabo kano nasangamu ekiteeso kino: 'Okunoonyereza okw'ekikugu mu kusoma okuyiga kulaze nti kyetaagisa okuwuliriza n'okusoma emitwe emikulu emirundi mukaaga okutuusa nga tugitegedde ekimala." Ebigambo bino ebizaamu amaanyi bya nkwata ebirowoozo byange: ' Kigezeeko wakiri omulundi gumu. Ebinavaamu bijja kukumatiza.'

Nayagala okukifuna, era bwe nawereza omulundi ogw'okusatu nga nkasoma kyambutikira era nempulira omukwano gw'omununuzi waffe omusuffu, gwenayaayaniranga obulamu bwange bwonna. Mu myezi ebiri nali mpezezza emirundi mukaaga nga nkasoma era ebyavaamu byali bikigwanidde. Kyali nga nti nali nsobola okutegeera bwekinaaba Yesu bw'anatusemberera era nga tusobola okutunula mu maaso ge agataliiko bbala, ag'ekisa era ag'omukwano. Okuva kw'olwo, sayagala kubeerawo nga sirina sanyu mu mulokozi waffe.

Bwe nazukuka ku makya, nali natandise dda okuyaayanira okusinza ku makya okusobola okuwulira okubeerwa kwa Katonda, era emisana nasaba mu kasirise nti Mwoyo mutukuvu annyambe ku birowoozo byange nga nyumya ne mu ky'okulabirako kyenaawa bwemba nsomesa ne mukuwuriziganya.

Omwana bwe yayagalanga nga ennyo okufiibwako era n'akiraga, Katonda yampa obuvumu n'amagezi okukyaŋŋanga. Okuva mu biseera ebyo ennaku zange ez'okukola zijjudde okubeerawo kw'omutonzi. Annyamba kumpi mu bulamu bwange obwa bulijjo.Okuva olwo nsaba ku makya ne mumasekkati g'obudde obuddako okujjula Mwoyo mutukuvu. KiliŋŋAnga omuntu okuliraana eggulu era nga yalozezaako dda nga bwekiriba eyo .

Bwe nnali nsoma akatabo, ekirowoozo kyanzijjira nti abayizi bange mu ssomero nabo balina okugabana mumbeera eno. Nsomesa abaana abali wakati w'emyaka kumi ne kumi n'etaano mu ssomero lyaffe erya Elijah Adventist School mu Vorarlberg, Austria. Bwentyo nasaba Katonda ampe emikisa. Amangu ddala nga wayiseewo akabanga nga ekyo kiwedde nakufana ekintu ekimu ku bisinga okwewunyisa ku ngeri Mwoyo mutukuvu gyasobola okukolera mu mitima gy'abato."

**Omwana ow’embazuulu ow’emyaka 13 ne Mwoyo mutukuvu.**

Bino natandika okubiraba omwaka mulamba nga sinnasoma katabo ku mwoyo mutukuvu. Omuyizi omupya yajja kusomera lyaffe era nga wayise ennaku ntono ekifo kyaffe eky’eddembe kyali kimaze okufuulibwa ekye nsansagge. Omulenzi yalina emyaka 13 mu kaseera ako –yeyali asinga obunene mu baana bonna era nga bw’atyo n’amaanyi. Ebintu ebingi ebyali bisomeddwa mu kuyita mu mwaka era nebireeta ebibala ebisuffu byalabika nga bisaanawo mu kaseera buseera.

Leka abyeyogerere: “bwenajja mu ssomero lyendimu, nali simanyi kiki kinnindiridde. Kulunaku lwange olwokubiri nakkiriza okusomoozebwa, ne mbaluka era nentanula olutalo n’omu ku bayizi mu kibiina kyange. Namukuba newankubadde yali munafu ku nze, namugoya era nga nali saagala kuddamu kumulaba.

Oluvannyuma nazuula ensobi yange era ne neetonda, nga bwenakolanga emabega. Oluvannyuma lwokwogera okwo n’omukulu w’essomero. Mu myezi egyaddako waliwo ekyatandika mu nze. Kyewuunyisa okuba nti kyali kyakantandika ng’ate nali mutabani wa musumba. Natandika okumala obudde obusinga ne Yesu.”

Nalowooza nti omulenzi ono ajja kwetaaga okufiibwako okw’enjawulo. Yali amanyi okulemererwa kwe, nga akwejjusa era naddamu okugezaako, naye teyalina buwanguzi bwa namaddala mu mubusobozi bwe. Mu kusooka n’olunaku terwayitanga nga teyetabye mu kulwanagana, naye oluvannyuma mpola mpola nebitereera.

Nga wayise emyezi 6 yalowoooza nti essaala zaali zimusembezza kumpi ne Katonda. Mu biseeera ebyo yali atandise okusabira amaanyi ku makya. Akabanzi k’obusungu nokulwana byatandika okukendeera.

Emyezi 11 gyali gimaze okuyita okuva lwe yajja eranga twali tusobola okulaba enjawulo. Naye akasunguyira ke, okubaluka kw’ebigambo eby’esittaza n’okwesaza akajegere byali tebinafugibwa bulungi.

Kyali kya butonde – yagezaako okuwangula mu maanyi n’okutegeera kwe, ebyakolanga ebiseera ebimu ate mubirala nebitayinza. Esaala zaffe zaali zimaze okuleetawo enjawulo, naye embeera ze nga si ntuufu era nga amaanyi ga Mwoyo omutukuvu agazza obuggya gaali gabulawo.

Kikola ki, omuntu bw’alaba ensobi ze, nagezaako okufuga obusungu bwe ate mu kaseera akaddako n’alemererwa nate? Mu kaseera we nakizuulira nga ntuuse ku kkomo ly’amagezi gange, nafuna akatabo akoogeddwako waggulu . Kajjira mu kiseera ekituufu. Awo nendyoka ndaba ekyali kibulawo. Gaali maanyi ga Mwoyo omutukuvu . Twali n’okumusaba tetumusabye kutuyamba!

Olw’okuba nali nkwatiddwako obubaka bwa “ Emitendera mu Kwezza Obuggya”, nafuna obuvumu obubuuza omulenzi oba yali asabyeko okufuna Mwoyo omutukuvu. Nedda – yali tamusabangako.

Olwo nendyokya ngezaako okuyimusa obwagazi bwe mu katabo. Naye saakamuwa. Alina kumala kukyetaagira ddala. Era amangu ddala yasaba awebwe akatabo.

Mu bigambo bye nate “mu November wa 2012 omusomesa wange yampa akatabo ‘ Emitendera mu Kwezza Obuggya’. Natadika okukasoma n’obwagazi. Mu kiseera ekyo nali sinnekakasa bulungi n’ebikorwa bya Mwoyo Mutukuvu.”

Mu lunaku olwasooka yali amaze okukavvula essuula bbiri era awo n’ambuuza emirundi emeka gyenali nkisomye. Yatandika mbagirawo okuzisoma nate era nga ayagala okukola ekyo kyennyini akatabo kye kamugamba : okukasoma emirundi 6-10.

Okuva olwo bingi bikyuse. Okuva mu December wa 2012 tewaddamu kubaawo kulwana oba okuyombagana- nali sikikkiriza. Abalenzi beyasekulanga baafuuka mikwano gye era bakolagana bulungi mu ddembe.

Akyukidde ddala – wa ggonjebwa era muwulize era eddembe lijjiddewo ddala embeera ze ez’okutanula entalo. Bayizi banne basobola okukakasa nti Katonda yakola. Ebibala osobola okubiraba buli lunaku. Ku lw’ettendo lya Katonda njagala okukyatula nti omulenzi yasalawo nabatizibwa mu June wa 2013. Oyo bwaba teyali Mwoyo Mutukuvu ….

Nalowoozanga nti nsobola okulabirira omwana era nemusobozesa okulaba kyalina okulaba ekisaana. Obuguminkiriza, okumusaako obwanga n’okwogerezeganya byali bisobola okukikola, naye tekyasobola kukola mu kiseera ekiwanvu/ nga wayise ekiseera. Katonda yalina okuyingirawo era n’ansomesa nti guba Mwoyo gwe , ogufuula ekitasoboka okusoboka.

Olunaku olumu omulenzi ono bwaliba mu ggulu , awo ndimanya nti Katonda yaliba akireese . bwe nnali ku nkomerero y’amagezi gange era nga maze okukitegeera nti sisobola kumuluŋŋamya , awo wennyini mu ngeri ey’omuggundu Katonda n’atandika okumukolako. Kimpa amaanyi okulaba nti tewali mbeera etalina suubi ewa Katonda. C.P.

*Essaala: Kitaffe ali mu ggulu, webale olw’ekirabo eky’omuwendo ennyo ekya Mwoyo mutukuvu. Nkwegayirira onsonyiwe olw’okulaggajjalira Mwoyo mutukuvu. Okuva nakati nyamba okusobola okumwetowariza. Nkusaba ositule obulamu bwange obwa bulijjo okuntusa ku ddaala eppya. Nkwegayirira onkoleko nsobole okusaba Mwoyo mutukuvu buli lunaku. Yesu yasaba Mwoyo mutukuvu buli lunaku. Nyamba okugoberera obuwufu bwe.*

-------------------

*Leka ebigambo by'oyogera*

*bijjulenga ekisa .*

*birunge n'omunnyo*

*awo ojja kumanya engeri*

*eyokuddamu buli omu.*

*Abakkolosaayi 4:6*

## Ebirowoozo byo n’ennambika ku by’okukubaganyako ebirowoozo

1. *Massomo ki ku buwereza bwa Mwoyo mutukuvu getusobola okuyiga okuva mu lugero lw’ekizimbulukusa?*

   a) *Enkyukakyuka mu neyisa zaffe etuukawo etya?*

   ______________________________________________

   b) *Ebigambo bya Yesu,” nze wessiri tewali ky’oyinza kukola” bitegeezaki eri okyusa mu mbeera zaffe?*

   ______________________________________________

   c) *Tutegeera ki ku ngeri Mwoyo mutukuvu gy’akola mu kukyusa embeera zaffe?*

   ______________________________________________

2. *Yesu musiizi wa bifaananyi, naffe tuli bisiige bye. Tuyiga ki mu kirowoozo kino?*

   ______________________________________________

## Obudde bwaffe obw’okusaba

- *Kwatagana ne gwe musaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Nti okuyita mu kisa kya Katonda tujja kufuna okukula mu Mwoyo.*
2. *Nti buli lunaku tujja kwejukanya ku maanyi agakyusa agava wabweru waffe era agatasibuka mu ffe, nga tetufudde ku bugumu bwa kusalawo kwaffe.*
3. *Nti amaanyi ga Mwoyo mutukuvu gajja kweyongera okweyolekeramu bulamu bwaffe.*
4. *Nti tujja kwekkeneenya okutegeera amaanyi ga Katonda agakyusa mu balala.*
5. *Nti tusobola okuyamba abantu Katonda bwaba ayagala kutukozesa nga omukono gwe omuyambi.*

Olunaku 3

## ESSUULA 2

# WEEWEYO ERI YESU

***Nzijjibwako okwagala kwange ?***
***Oba nafuuka wa maanyi okukirawo?***
***Kiki ekiyinza okunemesa okwewaayo***
***eri yesu?***
***Okwewaayo ewa Katonda kitegeeza nti tulina okuwa***
***ku kwagala kwa ffe?***

Obubaka buno obuzaamu amaanyi situsobola kubukaatiriza ekimala: Tulokolebwa lwa kukkiriza (Yokaana 3:16, Ebikolwa bya Batume 16: 31, n'ekibirala). Akalombolombo k'obukkiriza akasasookerwako kwe kwesiga. Buli abesiga Yesu bajja kumwemalira. Kino kiteegeza nti tulokolebwa twesiga Katonda okuyita mu Yesu Kristo. Okwewaayo kwaffe okuyita mu kumwesiga kabonero kalambulukufu akalaga Obukkiriza obw'amazima.

Okweweerayo ddala ky'ekisumuluzo mu kulokolebwa, okuzaalibwa obuggya, obuwanguzi ku kibi n'ebikemo, n'okujjula Mwoyo mutukuvu.[21]

Abo abatwala ekigambo kya Kristo, era nebawaayo emyoyo gyabwe eri obukuumi bwe, obulamu bwabwe eri ebiragiro bye, bajja kuzuula eddembe n'obukakkamu. Tewali na kimu kunsi kisobola kubenyamiza Yesu bwabasanyusa mu kubeerawo kwe. Mu kukkiriza okutuukiridde mulimu okuwummula okutuukirivu."[22] Omwoyo mutukuvu ky'ekirabo ky'okuntikko Yesu kye yawa abayigirizwa be. Katonda yali tasobola kutuwa kisinga ku kino. Omwoyo mutukuvu okuvaamu ebirabo ebirala byonna. " Naye ebisuubizo byonna ebirala, biwebwaako obukwakkulizo. Waliwo bangi abakkiriza era abeerangirirako okufuna ebisuubizo bya Mukama; boogera ku Kristo ne ku Mwoyo mutkuvu, so tebafuna muganyulo. Tebawaayo myoyo gyabwe kuluŋŋamizibwa na kufugibwa Obukozi bw'amaanyi ag'obwakatonda."[23]

Okufuna ekirabo kino kusibiddwa mu bukwakkulizo. Ebiseera ebisinga twogera ku Kristo ne ku Mwoyo mutukuvu era ne tutaweebwa mukisa gwonna. Lwaki?

---

21 Garrie F. Williams, *Engeri ey'okujjula Mwoyo mutukuvu era n'okimanya*, Germany version (Luneburg, 2007), p.78.
22 Elle G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda*, p.331.
23 Ibid., p. 672

Tetweweerayo ddala eri ye, tusobole okukulemberwa n'okuluŋŋamizibwa ye. Bangi tebaneewayo eri Katonda – oluusi mu butamanya – wabula obulamu bwabwe babutwalidde mu ngalo zabwe. Eno esobola okubeera ensonga ey'obutaba na Mwoyo mutukuvu. "Bonna basobola okwekakasa nti Obukkiriza mu buntu obutono bwe bukakafu obulaga obusobozi bw'obuvunanyizibwa obusinga……… "……bwe kiba tekikoleddwa alemererwa okufuna ekisa, amaanyi, obuyinza bw'enneyisa, ebifunibwa okuyita mu kwewaayo okujjuvu."[24]

## Olugendo lwange mu kwewaayo

Nali musuubuzi, nga nina emyaka asatu mu mukaaga, mukwano gwangwe eyali omusumba bweyafa ekibwatukira. Kino kyandetera okwebuuza mu ndowooza yange: Kiki ekiyinza okubaawo singa Katonda ampita okubeera omusumba? Kino nail sikyagalira ddala. Okumala wiki namba, nalwana olutalo olukambwe. Neegayirira katonda buli kumakya, mu tuntu, n'akawungeezi. Buli mulundi nga munyonnyola lwaki sagala kufuuka musumba na ki kye nali nsobola okukola ekirala. Nga wayise wiiki, nalina okukkiriza nti Katonda mu kiseera ekyo teyawulira kugaana kwange. Bwe nali nfukamidde ku mabbali g'ekitanda era nga sikyalina byakugamba, ekilowoozo ky'akasirise kyanzijira mu ndowooza yange: " Katonda akwagala!" Era ne ndowooza: Ye, kino nkikkiriza.

Nga wayise eddakiika ntono, okwesiga omukwano gwa Katonda kwantwalira ddala mu kweweerayo ddala eri Mukama. Ekyo nga kiwedde, nafuna eddembe erijjuvu. Ekyamazima, Mukama yampita omwaka gumu n'ekitundu oluvannyuma okubeera omusumba. Leero nkyamusiima nnyo. Gaali magezi ge n'omukwano gwe ogutaliiko kkomo ebyandaga ekkubo eryawukanira ddala kw'eryo lye nalina mu ndowooza yange. Bwe ntunula emabega, nkiraba bulungi nti okwewaayo kuno kwasumulula emikisa egy'amaanyi mu bulamu bwange. Katonda yankulembera mu bulamu bwange mu ngeri esinga.

## Lwaki wewaayo?

Ekigambo kwewaayo kinyonnyolebwa bulungi mu katabo *Emitendera egikutuusa ku yesu*: "Katonda ayagala okuwonya, okutusumulula. Naye olw'okuba kino kyetaagisa enkyukakyuka ey'omuggundu, okuzza obuggya obutonde bwaffe bwonna, Tuteekwa okumwetwalira mu bujjuvu……

……Atuteekateekera obuwanvu bwemikisa gyayagala okututwalako okuyita mu kisa kye. Atuyita okwewaayo eri ye, asobole

24 Ellen G. White*, Ba nnabbi ne bakabaka* (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2002), pp.218, 219.

okukola okwagala kwe mu ffe. Kisigala eri ffe okulondawo oba tutakkuluzibwa ku busibe bw'ekibi, okugabana mu ddembe ery'ekitiibwa nga abaana ba Katonda."25

Okwewaayo kwaffe kuleeta emikisa emiyitirivu. Atuyita okwewaayo eri ye kubanga ayagala kutuwonya n'okutusumulula. Okutugya ku ki?

Buli mwoyo ogugaana okwewaayo eri Katonda guliwansi w'obuyinza obw'amaanyi amalala. Tabeera wuwe. Asobola okwogera ku ddembe, naye ng'ali mu busibe obusingirira. Takkirizibwa kulaba bulungi bwa mazima, kuba ebirowoozo bye bifugibwa Sitaani. Nga bwe yewaana nti agoberera okusalawo kwe nga bwekugamba, Agondera okwagala kwomulangira w'ekizikiza. Kristo yajja okumenya enjegere z'ekibi- obuddu okuva mu mwoyo. "N'olwekyo omwana gw'anasumulula, ajja kubeera waddembe". Abeera wa ddembe "eteeka ery'Omwoyo gwobulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu teeka ly'ekibi n'ery'okufa." (Abaruumi 8:2) [26]

"Eteeka ery'omwoyo oguwa obulamu ge maanyi agawa obulamu aga Mwoyo mutukuvu. …….Omwoyo guleeta bulamu na ddembe , bw'oligerageranya n'eteeka ly'ekibi, erivaamu okufa n'okusingisibwa omusango byokka."[27]

Yesu weyakkiririza okuluŋŋamya, era asobola okutusumulula okuva ku bwa nnakyemalira bw'obubi bwaffe (obuggya, okukyawa, obuyombi, omululu, okutwalizibwa emize, akasunguyira, amalala, obulimba, okuggwamu amaanyi, okwetya, n'ebirala). " Mu nkyyukakyuka ebeerawo nga omwoyo gwewaddeyo eri Krosto, waliwo okuwulira eddembe okwa waggulu."[28] Jukira: Buli muntu yekennyini ate kye kizibu kye ekisinga. Gwe kizibu kyo ekisinga. Katonda yekka y'alina obusobozi obututwala eri eddembe eryaddala.

Naye omubumbi asobola kukola na bbumba lyokka eriri mu ngalo ze. Eyo y'ensonga lwaki twewaayo ewa Katonda. Eno y'engeri Katonda gy'ayagala okutakkuluza ku maanyi g'ekibi n'okutuwa okulambika okw'obwaKatonda n'obukuumi.

"Katonda ayagala okutuwonya, okutuwa eddembe. Naye olw'okuba kino kyetaagisa okukyusa kyetuli, okuzza obuggya obutonde bwaffe, tuteekwa okwewaayo mu bujjuvu eri ye."[29] Okuwaayo amaanyi gaffe eri Katonda kigonza nnyo ekizibu ky'obulamu. Kinafuya era kisalako entalo z'okuyayaana kw'emitima gyaffe lukumi."[30]

---

25 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo* ( Nampa, ID: Pacific press Publishing Association, 1999), pp. 43,44.
26 Elle G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda*, p. 466.
27 *Obyayogerwa ku Bayibuli eby'abaseveniside,* Vol.6, p. 560 to rom. 8,2
28 Ellen G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda,* p 466.
29 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo,* p.43.
30 llen G. White , *Obulamu bwange leero* (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 1999), p. 6.

**Bayibuli eyogeraki ku kwewaayo?**

Abaruumi 6:13 wagamba, “so temuwangayo bitundu byammwe eri ekibi okuba nga eby’okukozesa obutali butuukirivu; naye mwewengayo eri Katonda, ng’abamu abaava mu bafu, n’ebitundu byammwe okuba nga eby’okukozsa obutuukirivu” (NIV). Okusinziira ku bigambo bino, okwewaayo kutegeeza okwetwala wenna eri Katonda okukukozesa nga bw’ayagala.

Hanna W. Smith, Omuwandiisi omukrisitaayo, ebigambo bino abyogerako bw’ati: “ kuwaayo ekintu kitegeeza ky’ekimu n’okukwasa ekintu, okuwa ekintu eri obwanannyini n’obukozi bw’omuntu omulala. Okwewaayo eri Mukama kitegeeza ky’ekimu. Ekiddirira, Mukama alina obuyinza obw’okutufuganga n’obwannanyini ku ffe.”[31]

Abaruumi 12:1 wagamba: “kyenvudde mbeegayirira, ab’oluganda, olw’obusaasizi bwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennam, entukuvu, essanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw’amagezi.” (NIV) Nsonga ki ebigambo bino gyebiwa ku kuwa Katonda obulamu bwaffe? “ ekisa kya Katonda”. Okwewaayo kwe kuddamu kwaffe eri ekisa kya Katonda, Katonda ow’omukwano.

Okwewaayo kitegeeza okweteekera ddala mu mikono gya Katonda, okutukozesa nga bw’ayagala, okumuwa obulamu bwaffe nga ssadaaka, ssi nga ziri ssadaaka ez’omundagaano enkadde ezayokebwanga, naye nga Ssadaaka ennamu ebeerawo ku lulwe okuviira ddala ku kaseera ak’okwewaayo.

Bwe ntunula emabega ku bulamu bwange, nsobola okugamba nti bwe nali sinewaayo, kwewaayo kyandabikiranga okwesadaaka . Oluvannyuma, nakizuula nti tekyali kwesadaaka, wabula kyali kuweebwa mikisa egitakoma.

Johannes Mager agamba “okwewaayo, okusuulawo, okwemalira, okubeerawo wenna okukozesebwa Katonda – si bya kusaaga, naye bintu ebiyimusa. Okwewaayo tekulina kakwate na mbeera omuntu gy’alimu oba bwawulira munda. Kitegeeza okwewa oyo gwe twagala.”[32]

2 Abakkolinso 5:15 watugamba ekiva mu kwewaayo kiri: “yafiirira bonna, abalamu balemenga okubeera abalamu nate ku bwabwe bokka, wabula ku bw’oyo eyabafiirira n’azuukira.” (NIRV). Okwewaayo kitegeeza okubeerawo ku lwa Yesu.

Okubeerawo ku lwa yesu tekitegeeza kumuwereza budde bwona kyokka, wabula: “era mu buli ky’okola, bu bigambo oba mu bikolwa, kikole mu linnya lya Mukama Yesu, webaze Katonda kitaffe okuyita mu ye” (Abakkolinso 3:17, NIV).

---

31 Hanna W. Smith, *Christsein taglich* ( Okubeera omukulisitaayo buli lunaku) (Asslar, 1994), p. 38.
32 Johannes MAger, *Unser groBtes Bedurfnis* ( ekyetaago kyaffe ekisinga) (Luneburg, 2011), S. 47, 48.

Charles T. Studd yagamba, “ Yesu bw’aba Katonda era nga yanfirira, tewali ssadaaka enene ennyo nti sisobola kugimuleetera.”33 Omusajja ono teyakoma mu kwogera naye yakola nga bweyayogeranga. Yali muddusi ow’okuntikko mu England. Bweyalokoka, yalekawo omulimugwe, n’awaayo obukadde bw’ensimbi eri ekibiina ky’abaminsani, n’agenda e China ng’omuminsani, olwava eyo nadda e India era nakomekkereza ne Africa. Ekibiina ky’abaminsani kyeyagunjaawo nakati kikyatambula n’abaminsani 1,800 abakola okwetoloola ensi. Yawaayo obulamu bwe eri Yesu.

**Yesu yewaayo ku lwaffe era eri ffe.**

Amazima agetaagisa tegalina kubuusibwa maaso. Okwewaayo si kintu kya luuyi lumu. Yesu yasooka okutweewa. Yatuwa buli kimu Katonda Katonda kyeyali ayinza okutuwa, era atuyita tuweeyo buli kimu kye tusobola okuwaayo. Kino kikwata ku buli kintu kulwa buli kintu.

- Okwewaayo kireeta enkolagana ennungi ennyo ne Yesu wamu ne Katonda. (Mujja kubeera mu ye – Yokaana 14:23; Yesu ajja kubeeyoleka – Yokaana 14:21.)
- Okuyita mu kwewaayo tufuna okumanya amazima. (Yokaana 7:17 - webawaabo- okwagala kw’omuntu kwe kwagala kwa Katonda, ajja kumanya …..ESV).
- Okuyita mu kwewaayo tufuna amaanyi amayitirivu mu kusaba. (1 Yokaana 3:22 – kyonna kyetusaba, tujja ku kiweebwa.)
- Okwewaayo ly’ekkubo eri essanyu erituukiridde. ( Yokaana 15:11 – Essanyu lyo lijja kuba lijjuvu.)
- Okwewaayo kye kisumuluzo eri obulamu obungi. ( Yokaana 10:10; Abaefeso 3:9.)
- Okwewaayo gwe musingi Katonda okusobola okukolera mu bulamu bwange. (Yokaana 7:38 – emigga gy’amazzi amalamu; Yokaana 14;12 – emirimu egisinga obunene; Yokaana 15:4, 5 – ebibala ebingi.)
- Sitaani alemesebwa okukoma kw’abo abewadde Katonda. (1 Yokaana 5;18 – omubi tamukomako, okugyako ng’afunye olukusa lwa Katonda olw’enjawulo, nga bwe kyali ku Yobu. Ebintu byonna bikolera wamu ku lw’obulungi era nebisukka ku byetusobola okwettika.)

**Amadaala ataano mu kwewaayo**

Omuwandiisi ayogera ku madaala ataano mu kwewaayo;

- Okuwaayo essente ly’edaala elisembayo wansi mu kwewaayo.
- Eddaala eriddako bwe budde.

33 Norman B. Grubb, Charles Studd, *Kein OPfer zu groB* (Tewali ssaddaaka nene etasoboka), “ennyanjula.”

- Awo ne waddako okuwaayo amaanyi n'obukugu bwaffe, obuweereza bwaffe.
- Ekyo bwe kiggwa, okuwaayo esuubi n'okutya  kwaffe kwonna, ekitegeeza okuweerayo ddala obulamu n'okwagala kwaffe kwonna eri Yesu.[34]   Edaala lino erisembayo lye linnyonyorera ddala okwewaayo okwa nnamaddala.

Kiba kisuffu bwe twewaayo eri kitaffe owomuggulu kubanga omukwano gwe gwokka gwe twesiga era ne tutaleka bintu kugenda ng'omwana eyewaggula bweyakola mu lugero lwa Yesu.  Yawanika bwe yekatta ku lwazi olwentobo y'obulamu bwe, era yamala kutubira n'alyoka asalawo okuddayo eka. Bwe yasembera okumpi n'ennyumba ya bazadde be, kitaawe n'afuluma okumusisinkana era namuwambattira mu mikono gye. Yamukkiriza mu bujjuvu nga mutabani we. Awo wokka omwana we yategeerera omukwano gwa kitaawe.  Kino okuwanika kwe kyakufuula okwewaayo mu mukwano.

**Eky'ennyamiza ekyagwaawo.**

Ekintu kino ekyennyamiza  kyagwaawo mu France era kiyamba okulambika kino;  Mukazi w'omusajja omufalansa nagagga alina gweyesigisa ekyama. Yali ateekateeka okwetta olw'obuzibu mu bufumbo bwabwe. yagamba, " wano jjo nemulugunyiza eri baze, naye yanyanukudde mu kwewuunya n'okwekokkola: ' Kiki ky'oyagala ekisingawo?  Gwe alina akatabo kange aka kyeeke [ekitegeeza nti omukyala yalina obuyiza okukozesa ssente ze nga bw'ayagala], ennyumba yange nagikuwa, oliira ku meeza yange.  Buli kimu obugagga n'ekitiibwa kyebusobola okukola bibyo, kyokka ne wemulugunya?' Namugamba,  omukyala yayongerako, " 'njagala mutima gwo, njagala onjagale.' omusajja namutegeeza: ' ekyo tosobola kukifuna. Okimanyi nti omutima gwange naguwa omukazi omulala. Buli kyenina kikyo, naye omutima gwange, omukwano gwange, tekisoboka gwe okubimmanja.'"[35]

Tewali muntu yenna alina gw'ayagala eyandisanyukidde okwanukulwa okwo. Omukazi yali tafaayo ku muwendo gwa bintu bya mwami we. Ekyali ekikulu gyali ye mwami we ng'omuntu.

"Katonda waffe ow'amaanyi talina kintu kyanjagalako. Ayagala nze. Yesu  tayagala kitundu ku budde bwange oba ebintu byange, oba ebitone byange oba obusobozi bwange."[36] aneetaaga, kubanga anjagala era ayagala mbeere musanyufu.

Tugwanidde okwewaayo; twandyewaddeyo na buli kintu kyetulina ne kyetuli. Kitugwanidde okwewaayo

34 Dean M. Kelley, " Engeri obw'adiventi gyebusobola okukoma okukula," *Obuweereza*, February 1983, p. 4.
35 Oswald Smith, *Omuntu Katonda gw'akozesa* ( New York: The Christian alliance Publishing Company, 1925), p. 26.
36 Johannes Mager, *unser groBtes Bedurfnis* ( Ekyetaago kyaffe ekisinga) ( Luneburg, Erner E. Lange, 2011), S. 48.

Eri okulabirirwa, obukulembeze, okuluŋŋamizibwa, n'okwagala kwa Katonda. Buno bwe buweereza bwaffe obw'amagezi obutuyitibwa okukola mu Abaruumi 12:1 .

Ekigambo kya Katonda bwe Kyogera ku Kweweraγo ddala, "kwe kuwereza kwammwe okw'amagezi," awo kisobola kuba n'amakulu gamu gokka nti okwewaayo eri Katonda kyekintu ekisinga amagezi kyetusobola okukola. Kiki ekisinga amagezi okusinga okuteeka ensonga yaffe mu mikono gy'omusawo omukugu nga tulwadde? Kiki ekisinga amagezi okusinga okuteeka obwesige bwaffe mu muluŋŋamya asinga bwe tubula?

Okwewaayo wenna si kufiirwa, wabula kintu kya muganyulo nnyo. Bw'ogerageeranya ne Katonda, ndi mwavu, musiru, era sirina buyambi. Tekyandibadde kya magezi okweteeka mu mikono gya Katonda? Nina okwesiga oyo eyantonda, eyayagala mbeerewo, anjagala era asobola okufa ku byetaago byange byonna. Okuyita mu kwewaayo kwaffe, Omukwano n'amaanyi ga Katonda ebitenkanika biba ku luuyi lwaffe. Kuno kwe kuyingira obulamu obukulemberwa Katonda.

Okwewaayo kwaffe ye ntandikwa y'obulamu obusinga obungi (Yokaana 10:10) Yesu bwayagala okutuwa. Era okwewaayo kuno kuleeta obuwanguzi ku kibi, nga okubikkulirwa 12:11 bwewakaatiriza: "nabo baamuwangula [1] olw'omusaayi gw'omwana gw'endiga,[2] n'olwekigambo eky'okutegeeza kwabwe; [3] ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa." Kino kiraga nti okweweerayo ddala kyetaagisa okusobola okuvvuunuka ekibi ne sitaani, era nti kino ky'ekintu kye tusobola okukola ekisinga.

Mu *Massomo ga Kristo ag'omulamwa*, Tusoma bino: "tewabaawo n'omu agamba, sisobola kutereeza ebisobu mu mbeera zaffe. Bw'otuuka ku kusalawo kuno, mazima ddala ojja kulemererwa okufuna obulamu obutaggwaawo. Obutasoboka buno buli mu kwagala kwo, bwotalisobola, awo era tolivvuunuka. Okukaluubirizibwa okwa ddala kusibuka mu bwononefu bw'omutima ogutatukuziddwa, n'obutaba mweteefuteefu kweewa mu buyinza bwa Katonda."[37] "Eri Yesu, eyemalamu ku lw'okununula abantu, Omwoyo mutukuvu teyaweebwa awatali kipimo. Ajja kuweebwa eri buli mugoberezi wa kristo omutima gwonna bwegwewaayo eri ye okugubeeramu."[38]

Tulaba nti:

- Omwoyo mutukuvu yabeera mu Yesu awatali kigero.
- Atwetaaga okubeera mu kweweerayo ddala mwoyo mutukuvu asobole okutubeeramu mu kipimo ky'ekimu.
- Ku lw'ensonga eno, Yesu yawa ekiragiro: "mujjule mwoyo mutukuvu." mu bigambo by'oluyonaani ebyasooka, kino kitegeeza: " julanga Mwoyo mutukuvu awatali kulekera era ng'odiŋŋana ." (laba Abaefeso 5:18).
- Ekiruubirirwa kye nti tubeere n'obulamu mu bungi( laba Yokaana 10:10; Abakkolinso 2:10).

37 Ellen G. White*, Amasomo ga Kristo*, p. 331.
38 Ellen G. White, *Ebirowoozo okuva ku ntikko y'emikisa* (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 1999), p. 20.

## Ebirowoozo byo n’ennambika ku by’okukubaganyako ebirowoozo

1. *Bukwakkulizo ki obw’obwa Katonda mu kuweebwa Mwoyo mutukuvu?*

2. *Yesu; Okweweerayo ddala kitegeeza ki, era kirina mugaso ki?*

3. *Okwewaeerayo ddala ky’ekisumuluzo? Mikisa ki gye nsobola okuweebwa okuyita mu kwewaayo mwoka?*

4. *Amadaala ataano mu kwewaayo gye giriwa? Edaala limu lyokka kwe kwewaayo okwa ddala. Lye liriwa? Lowooza ku kwewaayo kwo.*

## Obudde bwaffe obw’okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Okufuna okumanya okusingako ku ki kyekitegeeza okulokolebwa okukkiriza.*
2. *Mukwebaza Katonda kulwemikisa ogy’okwewaayo gyewatandika okufuna.*
3. *Nti Mwoyo mutukuvu akulembere ekkubo ly’obulamu bwo na buli kusalawo kwonna mu bulamu bwo.*

Olunaku 4

## *Kiki ekisobola okutukugira Okwewaayo? Okwewaayo eri KAtonda kitegeeza nti tulina okwegyako okwagala kwaffe?*

Ku lwange, omuziziko mu kwewaayo gwali ku mulimu gwange. Mu bufunze, nali mweraliikirivu nti oluvannyuma lw'okwewaayo, Katonda ajja kumpita okubeera omusumba.

Edwin Orr yayambalagana n'emiziziko egy'enjawulo. Kino kyali kirambulukufu mu buvubuka bwe, yagamba:

Nalina okweweerayo ddala  eri Mukama….. Omulundi ogwasookera ddala mu bulamu bwange. Nakizuula nti Katonda yali ayogera gyendi. Omwoyo mutukuvu yayogera eri omutima gwange. nagamba Mukama  nti nali maliriridde ddala okumuwa buli kimu. Eddoboozi mu mutima gwange lyabuuza: " Ate ebibi byoyagala ennyo?"…… Nabyenenya era ne nsubiza obutabiddamu. Eddoboozi munda mu nze lyayongerako nti: "Ate okwagala kwo?" Kino kyajja mu ngeri gye nnali sisuubira……. era neŋŋamaba Mukama: ndi mwetegefu okugenda wonna woyangala ŋŋende oba okusigala awaka……Awo mwoyo wa Katonda nayogera gyendi ku kibumbe kyenayagalanga ennyo mu bulamu bwange. Yali muwala gwenayagala ennyo. Mukama yambuuza oba nali mwetegefu okuva ku muwala ono singa aba ansabye okukikola. Amangu ago  nakizuula nti okwagala kwange wano  kwali kutaddewo olukomera. Nali saagala kukola kusadaaka kuno.

…..Mu kaseera ako Mwoyo mutukuvu yalekera okwogera nange. Awo wennyini, omutima gwange ne gumulunguka. Kino nakizuula mangu, era nenziramu  okuwurira obwetaavu okujjula Mwoyo mutukuvu . Ku mulundi guno neweerayo ddala eri Mukama. Nali mwetegefu okumuwa n'ekitundu eky'obulamu bwange  kino.  …omutima gwange gwajjula omukwano essanyu, n'amaanyi agatagambika. ….omulundi ogwasookeraddala mu bulamu bwange  nawulira nga Katonda wange era omulokozi nga  mumannyidde ddala era obukulisitaayo  bwafuuka ekintu ekisinga endowooza oba obufirosoofa.[39]

Katonda yakola ebintu bingi nga ayita mu bulamu bwa Edwin Orr.

Ku nze, omuziziko gwali gwa mulimu gwange, ate nga ye Edwin Orr gwali gwa muwala. Kyonna kye kiri eri gwe, bw'oba toneweerayo ddala eri mukama, weteeke gwe n'ebizibu byo mu mukono gye. Mukama ajja kukuwa emikisa emisukkulumu.

---

39 J.Edwin Orr, Volle Hingabe ( Okwewaayo okujjuvu) ( Kassel, 1965), S. 108ff, Kifunziddwa.

### Mukama okusalawo kwaffe akusaamu ekitiibwa

Singa wali omanyi buli kimu, wandilonze ekkubo lyerimu Katonda ly'ayagala okukutwalako. Tusobola okwejjako okutya n'okuzibira bwe twewaayo eri omukwano gwa Katonda ogutakoma.

Katonda taliremesa kwagala kwa muntu. Katonda waffe ow'ebyewuunyo awa ekitiibwa embeera zaffe ez'obutonde. Eddembe ky'ekimu ku birabo eby'omuwendo Katonda byatuwadde. Eyo y'ensonga lwaki Katonda alindirira okusalawo kwaffe era wokka wakolera, nga tumaze kumusaba. Eddembe kakwakkulizo ka bwaKatonda. Awali eddembe woka omukwano wegukulira.

### Okwewaayo eri Katonda kitegeeza nti tuvudde ku kwagala kwaffe?

Okwagala kwaffe kutugyibwako kwonna bwe twewaayo eri Katonda. Tufuuka bugologoosi era nga Katonda asika obuwuzi? NEDDA!

Lwaki nedda? Kubanga bwe tweweerayo ddala eri Katonda tuwanyisa okwagala okwekisiru, okutaluŋŋamiziddwa, era okutannakula netufunamu okwagala kwa Katonda okutuukiridde, okusitula era okw'amagezi. Tweteeka mu kuvugibwa okw'obwaKatonda.

Tetulina kusuulawo kwagala kwaffe, wabula enkozesa yakwo enkyamu. Okwagala okulina okusuulibwawo kwekwo okwawukana n'okwagala kwa Katonda. Kwe kukozesa akabanzi mu ffe.

Ellen White yawandiika, " naye omu agamba, 'sisobola kukola nga bwe njagala, ne neeyisa nga nze bwendi? – NEDDA, tosobola kukola nga bw'oyagala, n'oyingira obwakabaka obw'omuggulu. Tewali "nkola nga bwenjagala' alibeerayo. Tewali nkola za bantu zirisanga mwagaanya mu Bwakabaka bwa mu ggulu. Enkola zaffe zirina okubulira mu nkola za Katonda."[40] (era Laba Yisaaya 53:6.)

Oyo yenna agaana okuluŋŋamizibwa Katonda n'ekigambo kye abeerawo nga yesigamye ku ndowooza ye eriko ekkomo mu kifo ky'okwesigama ku "Kuvugibwa okw'obwaKatonda". " Okwagala kwaffe bwe kukwatagana n'okwagala kwa Katonda, kusigala tekukwatiddwako; ekyamazima kyandibadde kikyaamu okukusuula."[41]

"Okwagala kw'omuntu bwekukolagana n'okwagala kwa Katonda, kufuuka kw'amaanyi agataliiko komo. Kyonna ekirina okukolebwa ku biragiro bye, kituukirire mu maanyi ge. Byonna by'atwagaliza bye bisobozebwa."42 "Bwetuleka Mwoyo mutukuvu okutuluŋŋamya, awo tuba tetusibiddwa oba okukugirwa. Mu kifo ky'ekyo, tubeera mu ddembe erisinga.

---

40 Ellen G. White, *The review and Herald*, February 23, 1892.

41 H. W. Smith, *Christsein taglich* ( okubeera omukulisitaayo buli lunaku), S. 73.

42 Ellen G. White, *Obuweereza obw'ekikulisitaayo* (Hgerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 1999), p. 258.

Mu 2 bakkolinso 3:17 tusoma: '…………..era Mwoyo wa mukama w'abeera, wabeerawo eddembe.'"[43]

**Emikisisa emirala egiva mu kwewaayo.**

Oyo yenna anewaayo mu bujjuvu eri Katonda naluŋŋamizibwa omukono ogw'obwaKatonda. Asobola okubeera owa wansi era nga talina talanta; naye ate bw'abeera n'omutima ogulina okwagala n'ogwesiga, agondera ebimugambibwa okwagala kwa Katonda, amaanyi ge galongoosebwa, gaweebwa ekitiibwa, gongerwako, n'obusobozi bwe ne bwongezebwa. Nga bwe yeyagalira mu massomo agamagezi ag'obwaKatonda, omulimu ogwenkizo gumukwasibwa; ajja kusobozesebwa okufuula obulamu bwe okuweesa Katonda ekitiibwa n'emikisa eri ensi. " okuzungulula ebigambo byo kuwa ekitangaala , ebigambo byo nga biguliddwawo bireeta omusana; biwa okutegeera eri abatalina magezi". (Zabbuli 119:130 NIV).

Leero waliwo bangi abatamanyi mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu ku mutima ng'abo abakkiriza abaali mu Baefeso ; kyokka nga tewali mazima gasinga kusomesebwa mu kigambo kya Katonda malambulukufu kusinga ago."44

**Obulamu wansi w'obuvuzi obwa Katonda.**

Engero 3:5,6 wakontagana na kino? wagamba, "Wesigenga mukama n'omutima gwo gwonna. So tewesigamanga ku kutegeera kwo ggwe; Mwatulenga mu makubo go gonna, kale anaaluŋŋamyanga olugendo lwo." (NIV)

Bangi balowooza nti kino kitegeeza nti bagyeko endooza zaabwe oba , mu ngeri endala, bagyeko amaanyi gabwe ag'okulowooza. Tewali kiyinza kuba kikyamu kusinga kw'ekyo. Atuyita tugatte endowooza zaffe wamu n'endowooza ye etaliiko komo.

Katonda teyayita Danyeri ne mikwano gye, abaali abawulize n'emitima gyabwe gyonna mu buntu obutono wamu ne mu binene, amagezi emirundi kkumi okusingawo? Katonda ayagala okukozesa obusobozi bw'endowooza zaffe mu ngeri esingira ddala ate era mu kiseera kye kimu tuziyunge ku ndowooza ye etaliiko kkomo.

Kiringa kuvuga motoka nga erimu akuuma akalambika amakubo n'ebifo. nina okukozesa endowooza yange yonna okuvuga, naye kya magezi gyendi okwesiga akuuma ka GPS akambika ku nkulungo, ku kkomo ly'emisinde, ku mugotteko oba amakubo agasalinkiriza, engeri esinga gye nkozesa okutuuka gye ηηenda, oba kitwala budde ki okutuuka gye ŋŋenda. Nzijukira bulungi bwe neewola okusobola okugezesa akuuma akalambika amakubo n'ebifo bwe nayagala

43 David Wolkwitz, Der Weg zu einer kraftvollen Erweckung, (NRW-Vereinigung), S. 25.
44 Ellen G. White, Ebikolwa by'abatume (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2002), pp. 283, 284.

okugenda okuziika mu kitundu ekimu mu Munich kye nali simanyi. Akuuma akalambika kaakola omulimu gwako, era nasobola okutuukayo awatali buzibu bwonna.

Wesige Katonda, ku biragiro bye, ku mutindo gwe, ku buwabuzi bwe, era ogende gy'ogenda wansi w'obuvuzi obw'obwaKatonda.

**Okubuusa buusa ku bikozesebwa**

Mu biseera ebya ssematalo ow'okubiri, ennyonyi ya bangereza yasitula okuva mu Sicily nga eyolekera Amambuka ga Africa. Olw'okuba ebisaawe by'ennyonyi byonna tebyalina masanyalaze, abagoba b'ennyonyi baalina kwesiga ebikozesebwa byabwe byebaalina ku nnyonyi. Yaddenga baali tebanabuukira budde obugere, ebikozesebwa eby'okunnyonyo byali biraga nga bwe bamaze okutuuka gye baalina okugenda. Baalowooza nti kino tekisoboka, era abagoba b'ennyonyi bano ne bagenda mu maaso na kuvuga.

Baamala kutuuka mu Ddungu lya Sahara ne balyoka bazuula nti baali bakoze ensobi. Amafuta gabaggwako era nga baalina okusuula ennyonyi mu ddungu wakati mu kwetaasa. Olw'okuba tebaalina mazzi gamala ku nnyonyi, bonna abaliko baafundikira bafudde ennyonta. Oluvannyuma, ennyonyi bwe yazuulibwa, abaduukirize basanga nga ebyuma ebikozesebwa okulambika byaali bikola bulungi. Ennyonyi yali mu kubbo erituusa amangu kyeyava etuuka gye yalina okugenda mu bwangu okusingako bulijjo. Naye, abagoba b'ennyonyi beesiga bibalo byabwe okusinga ennambika y'ebyuma ebikozesebwa, ekintu ekyabaviiramu omutawaana. Baakola okusalawo kwabwe, era nga kwali kusalawo kukyamu.[45] Tusobola okwesigama ku bukulembeze bwa Katonda. Kisingako okwesigama ku kigambo kya Katonda okusinga bwe tudda mu kuteebereza.

**Abantu abalina omugongo.**

Okuyita mu kwewaayo eri Yesu Kristo, tetufuuka ba nampa we ngwa abalina obunafu mu kusalawo; wabula tujja kuba abantu abalina omugongo, abalwanirira endowooza zabwe nga bakozesa amagezi n'obukakkamu.

Lowooza nate ku Danyeri ne mikwano gye. Nga abavubuka, bakikakasa nti baalina omugongo era nga baali besigwa eri Katonda mu biseera eby'okugezesebwa mu Danyeri 1. Oba lowooza ku kintu ekitalojjeka kyebaasalawo okukola mu maaso g'ekikoomi ky'omuliro eky'entiisa, nga bwe kyayogerwako mu suula 3, bwe baali mu myaka egy'obukulu. Era lowooza ku neeyisa ya Danyeri nga akaddiye bwe yali mu maaso g'empologoma, nga bwe kyogerwako mu suula 6.

---

45 *Aller Diener* (Bern, Euro-Africa Division, 1983) II/III, S. 142.

## Okwekkiririzaamu oba okukkiririza mu  Kristo

Omuntu yenna eyewaayo eri Kristo talina kweralikirira ku kw'ekyo kyebali, kubanga bafuna omutindo ogusinga okuyita mu Kristo.
Mu buweereza obw'okuwonya tusoma: " Bangi ku balina ebisanyizo  okukola emirimu  batuuka ku bitono kubanga bagezaako bitono. Enkumi ne nkumi bayita mu bulamu ng'abataalina kiruubirirwa ky'amaanyi mu bulamu, abataalina kuruubirirwa kya waggulu kyakutuukako. Ensonga emu eviirako kino kwe kwefeebya ne beeraba nga abawansi. Kristo yasasula omuwendo ogutabalika kulwaffe, era okusinziira ku muwendo guno atwetaaga okwelaba nga ab'omuwendo."[46] Mwannyinaffe yagabana nange oluvvanyuma nga atandise okubeera mu Mwoyo mutukuvu. "Nzudde nti ndi wa muwendo mu Kristo."

## Obuwabulwa olw'ebizibu mu kwewaayo.

Omuvubuka yagenda ew'omuwereza okufuna obuwabuzi, kubanga yali ayagala okujjula Mwoyo Mutukuvu era nga alwana nakyo. Omuwereza yamubuuza, "owereddeyo ddala okwagala kwo eri Katonda?"
"ssi mu bujjuvu,  ekyamazima."
"kale" , omuwereza namwanukula, " tekirina mugaso okusaba Mwoyo mutukuvu nga tosoose kuwaayo kwagala kwo eri Katonda. Tewandiyagadde kukuwaayo eri Katonda kati?"
"Sisobola," omuvubuka namuddamu.
"oyagala Katonda akikukolere?"
"ye," kwe kwali okwanukula kwe.
"awo nno saba mukama kati."
Omuvubuka yasaba: " Mukama, nzigyamu okwagala kwange. Ndeeta mu kweweerayo ddala eri okwagala kwo. Ku lwange wummuza okwagala kwange. Nkisaba mu linnya lya Yesu."
Awo omuwereza namubuuza: "Kikoleddwa?"
"Kiteekwa okuba," namuddamu. " Nsabye katonda ekintu okusinziira ku kwagala kwe, era manyi okusaba kwange kuwuliddwa era nti kye nsaba nkifunye (1 Yokaana 5:14,15). Ye, Kikoleddwa. Okwagala kwange kusuuliddwa wano."[47] Oluvannyuma yasaba Mwoyo mutukuvu era namuweebwa. Kyewunyisa nti Kitaffe atwagala ate era mwetegefu n'okuteekawo bye tulina okukola okusobola okufuna by'ayagala bwe tumusaba.

Ebintu bibiri bye tusobola okuyiga mu ssaala y'omuvubuka ono. Ekisooka. Omuvubuka ono yali amanyi okusabira mu bisuubizo. Mu saala ye,  yesigama

---

46 Ellen G. White, *Obuweereza obw'okuwonya* (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2003), p. 498.
47 R. A. Torrey, *Der Heilige Geist – Sein Wesen und Wirken* (Frankfurt: 1966), S. 151; (*Mwoyo mutukuvu ekikula kye n'obuweereza*).

ku bisuubizo bya mukama nti essaala ezisabwa okusinziira ku kwagala kwa Katonda zijja kuddibwamu mu kaseera ako kennyini kezatulibwamu. Eky'okubiri, omuvubuka yasalawo okukkiriza obuyambi bwa Katonda mu kwewaayo gy'ali.

### Okuvuga obulamu bwaffe nga tukozesa bye tusalawo

Tulina okumanya nti obusobozi bw'okukola okusalawo ku lwaffe g'emaanyi agaluŋŋamya mu bulamu bwaffe. Njagala okubawa eky'okulabirako okusobola okunnyonyola obulungi amakulu amajjuvu ag'obusobozi buno.

Ekitundu ky'ennyindo y'emeeri y'abasaabaze eyitibwa Queen Elizabeth ekibeera mu mazzi kizitowa emirundu 1,300 okusinga ekyuma kyayo ekikozesa amayengo okugiragira ekkubo. Kino kitegeeza nti ekyuma kino ekikozesa amayengo kisobola okuvuga obuzito obugisinga obunene emirundi 1,300. Ekyuma ekyo mu bulamu bwaffe bwe busobozi bwaffe okukola okusawo. Bwetusalawo okwewaayo eri okwagala kwa Katonda, atuteerawo obuyambi obwetaagisa.

### Ebisoomooza

Mu nsonga y'okwewaayo eri Kristo, Eky'okusalawo kye tulina kwe kubeerawo ku lwaffe oba okubeerawo ku lwa Katonda. Buli muntu, naye okusingira ddala omuvubuka, balina okwebuuza oba amalala gabwe gegafuga obulamu bwabwe oba baagala okuwereza Katonda. Ebintu obuntu n'ebintu ebitusanyusa biwa obulimba obw'essanyu, naye bino tebiwa kumatira kwa namma ddala – buli kaseera twagala ekisingawo. By'alina gye bikoma obungi, gy'akoma okweyongera okwagala ebisingawo, okwemulugunya kwe tekukoma, olugero lw'olugyamani olumannyidda obulungi bwe lugamba.

Oluvannyuma, tukizuula nti ebintu bino bituwambye.

Ekyokusoomooza ekirala kye tulina okutunuulira kiri nti abantu abalala abalina obuyinza ku bulamu bwaffe nga ab'eŋŋanda zaffe, amasomero, amakanisa, amakampuni oba abantu mu bitundu gye tubeera, batusuubiramu ebintu ebikontana nebyo Katonda by'atusuubiramu. Bwetuwaayo obulamu bwaffe eri Yesu, awo tuba tujja kuba tulina amaanyi n'obuvumu okusukkulumya Katonda by'atusuubiramu era tusobole okumywerera ku kusalawo okwo nga tukozesa amagezi n'obukakkamu ( Nkusaba osome Danyeri1: essuula 8 Okusalawo kwa Danyeri; obuyambi bwa Mukama obw'emirundi emingi mu suula 9, 14, 15, 17, 20 )

### Kimala okuwaayo eri Katonda obulamu bwange omulundi gumu ?

Tutandika n'okwewaayo okwomuggundu eri Yesu Kristo nga tulokoka .

Okwewaayo kuno, okubaawo okuyita mu kusaba era oluvannyuma lw'ebiragiro

n'okukkiriza mu Bayibuli, kunywezebwa na kubatizibwa era kuba kwa lubeerera. Ekigambo kya Katonda kiyita okwewaayo okutandikirwako era okukulu eri Yesu kuno, endagaano yaffe ne Katonda.

Okwewaayo okwa buli lunaku kintu kya njawulo. Olw'okuba era kutera okuyitibwa, okumwekwasa, okwekyuusa, oba okwewonga, ekigambo kino kisobola okuleetawo okutabulwa. Okusobola okutangaaza, nja kukiyita okwewonga. Okwewonga okwa buli lunaku (oba okwewaayo oba okwekyusa) kitegeeza nti leero njagala okubeera mu ndagaano enkulu gye nakola ne Katonda; Njagala kuyimirawo ku lw'endagaano eno olwa leero. Ky'ekyo lwaki okusaba buli lunaku kya muwendo ogutagambika: "Mukama, Newaayo gyori leero na buli kimu kyendi ne kyenina."

Bayibuli egerageeranya endagaano eno ku bufumbo. Bwe nsigala mu ndagaano , awo sirina kintu kyonna kye nina okweraliikirira. Katonda asobola okukuuma buli kimu ekimukwasiddwa. Lubeerera akuuma ekigambo kye. Tasobola kusaba kwawukana.

Morris Venden agamba, " Nga bwe mukimanyi, Okufumbirwa tekirina kya maanyi kye kitegeeza bwotoba mweteefuteefu kubusigalamu. Era tosobola kusigala mu bufumbo nga tewasooka kufumbirwa." [48]

Okusobola okusigaza ebirungi ebiva mu kwewaayo okw'omuggundu, kyetaagisa okubeera mu Yesu. Eyo y'ensonga lwaki Yesu ayogera ku "kubeera" mu Yokaana 15 emirundi mwenda, nga ogaaseeko , nga eky'okulabirako, esuula 5 ne 15. " Abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola." "bwemubeera mu nze, n'ebigambo byange bibeera mu mmwe, kyonna kyemulisaba, era kiribaweebwa." (KJV)

Obulamu obungi buva mu Yesu. Okuyita mu kukuŋŋaana naye, tusobola okubeera mu bulamu obujjudde ebibala – obulamu obw'essanyu, obw'amaanyi, era obw'obuwanguzi. Katonda asobola okukola ebintu ebyamaanyi mu bulamu bwaffe. Bwe tukwakkulwa amazima gano, kijja kukyusa obulamu bwaffe mu ngeri ey'omuggundu.

**Okukoleeza omumuli:** olwokuba nakulira mu baadiventi, mbaddenga ebiseera byonna nanyikkira mu ddiini. Ku myaka 13, nasalawo ne mbatizibwa. Naye ate, obulamu bwange obw'omwoyo bwasigala ky'ekimu, buwuubaavu. Nga tewali musana kungyakamu. Katonda yampa omukisa okugendako mu United States gyenamala omwaka gumu. Nagendayo kuyiga luzungu n'okukyakalako. Naye akawungeezi akamu, Mwoyo mutukuvu yampita naŋŋamba, "Mael, okakakasa, oli mu kifo kituufu?" Bwe nakomawo okuva mu America, nayagala okugendako e Sweden. Naye enziji zonna zaali nzigale. Nali wansi ddala nga embeera yange teyeyagaza, nga simanyi kya kukola mu bulamu bwange mukwano gwange olunaku olumu we yankwasiza akatabo ka Haubeil akayitibwa " Beera mu Yesu." Akawungeezi ak'okusoma

---

48 Morris Venden, 95 *Ebyawandiikibwa ku butuukirivu okuyita mu kukkiriza* (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2003), p. 133.

akasooka nawulira nga saagala kulekera . Eddoboozi erimanyiddwa lyakomawo. Kawungeezi ku kawungeezi nga bwe nsoma, oluvvanyuma omumuli gwakoleera. Gye nakoma okweyongera okusoma, gye nakoma okweyongera okutegeera ensobi gye nali nkola – okubulwa Mwoyo mutukuvu nga maze okusoma akatabo emirundi egiwerako nali sitegeera enkyukakyuka egenda kubeerawo etya. Katonda yali amanyi eky'okuddamu era awatali na kukyekkanya, enjogera yange, ebirowoozo byange ne neeyisa yange byakyusibwa. Bino byonna kwali kweyoleka kw'emirimu gya Mwoyo mutuku mu nze. Era amangu ddala enzigi ku mutendera ogw'ekikugu zanzigulirwawo mu France. Ku lwange ogwo gwali mulimu gwa Katonda naye nasigalangamu okwenyamira olw'obutagenda Sweden. Omumuli gwali gukyandimu naye nga tegwakira ddala mu bujjuvu.Helmut Haubeil yajja e Dammarie, Paris. Nagendayo ku lwokutaano akawungeezi, ku lwomukaaga ku makya ne mu tuntu….naye era nga saafuna kwanukulwa. Omumuli gudizibwamu gutya okwaka obulungi?

Ku sande ku makya okwanukulwa kwatuuka. Luno lwe lwali olunaku olusembayo. Ekizibu kyange kyali butaba mu kweweerayo ddala eri okwagala kwa Katonda. Nakitegeera nti okuyitibwa kwa mwoyo mutukuvukwali kukolebwa ekiseera kyonna, naye oluvannyuma lw'okukufuna, kyali era kyetaagisa okwewaayo eri okwagala kwe n'okuleka kyonna kyendi. Awatali kweweerayo ddala, Katonda yali tasobola kutukoleramu nga Matayo 6:33 bwagamba. Nakitegeera okuva olwo nti okwewaayo kuno kwa nkizo mu nkolagana yaffe ne Katonda. Awo wokka omumuli wegusobolera okuwa ekitangaala. Mael (l.R)

Leka tusabe:

*"Kitaffe, tukwebaza nnyo nti oyagala tweweeyo gyoli tusobole okufuna emikisa. Tusobozese okugonza obulamu bwaffe era tubeere mu ngeri enaakusobozesa okutufuula ebitonde ebiggya. Nkwegayirira onnyambe nsobole okuwaayo obulamu bwange buli lunaku awatali binkugira era nkugoberere mu bintu byonna okuyita mu maanyi go. Amiina."*

**Essanyu mu Mwoyo mutukuvu**

" Mukama Yesu akolera mu Mwoyo mutukuvu; kuba y'amukiikirira. Okuyita mu ye ayingiza obulamu obw'omwoyo mu mwoyo…. Omutima gw'omuntu tegulimanya ssanyu okutuusa nga gwewaddeyo okubumbibwa Mwoyo wa Katonda." Ellen White, RH August 25,1896, olupapula. 6

## Abavubuka ne Mwoyo mutukuvu

**Dipatimenti y'abavubuka eyava mu lukuŋŋaana**

Ebyavaamu byali byewuunyisa. Ndi kalaani ow'abavubuka ow'olukiiko lwa Queensland [lulina ba memba 12,200]. Omuwala yampa akatabo emitendera mu kwezza obuggya. Ebyalimu bya mpuniikiriza. Nali nsoboba okugabana bye nafuna bingi. Akatabo kano kaatuwa nnyo emikisa. Twagaba obutabo 300 eri abakulembeze b'abavubuka ku nsisinkano yolukiiko lwaffe. Ebyavaamu tebilojjeka. AVR. Kifunziddwa, #138

**Ow'emyaka 14 awona omuzze**

Mutabani wange ow'emyaka 14 atandise okusaba Mwoyo mutukuvu era afuuse omulenzi ow'enjawulo. avuunuse emizze gye. Kati abeera mu bulamu bw'obuwanguzi. Twebaza Katonda olw'okukozesa akatabo kano akatono *Emitendera mu kwezza Obuggya* , okukyuusa obulamu bwa mutabani wange.
Pastor A, #77

**Ebizibu bigonjoddwa – Okubatizibwa**

Mutabani we asembayo yalina okukaluubirizibwa ne kanisa kungi. Yamusabira mu biseera eby'ennaku 40 nga ali wamu ne gweyegatta naye mu kusaba. Ebyavaamu byali nti mutabani we yakyusa obulamu bwe era n'atandika okwetegekera okubatizibwa.
I.G., #16

**Obulamu bw'owemyaka 18 bwakyuka.**

Omu ku ba pulesidenti b'olukiiko lwaffe yawa mutabani we ow'emyaka 18 akatabo . Kino kyakyusa obulamu bwe. N'olwekyo, kitaawe yagaba kopi zaako ezisukka mu 200 eri abaana abasoma ne mutabani we mu ssomero.
CH., #133

***Yimuka, oyakayakane, kuba ekitangaala kizze***

Isaaya 60:1

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *Kusoomozebwa ki okuli emabega w'okuyitibwa okuwaayo obulamu bwange?*

   ____________________________________________________________

2. *Kiki ekisobola okulemesa omuntu okwewaayo? Kiyinza kuba ki eri ggwe?*

   ____________________________________________________________

   ____________________________________________________________

3. *Miganyulo ki egiri mu bulamu wansi w'obuvuzi bw'obwaKatonda?*

   ____________________________________________________________

   ____________________________________________________________

4. *Kintu ki ekikulu mu kukuuma enkolagana yaffe ne Kristu nga nywevu era nga nyinyitivu?*

   ____________________________________________________________

5. *Kintu ki ekikulu ekifuga mu bulamu bwaffe?*

   ____________________________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Nti Katonda atulage ebintu ebisobola okuba nga bitulemesa okwewaayo mu bujjuvu.*
2. *Nti Katonda atuwe amagezi n'obusobozi okukozesa obulungi okwagala kwaffe n'okukuwa ekifo ekituufu mu bulamu bwaffe.*
3. *Nti Katonda atuwe amaaso agomunda era nti okwagala kwaffe kuleme kwekiika mu kkubo.*
4. *Nti Katonda atuwe obuwanguzi ku bikemo n'ekibi.*

Olunaku 5

# ESSUULA 3

## YESU OKUBEERA MU GGWE

*Bikyi ebiretebwa 'Kristo mu nze' ku bulamu bwange?*

*Ekitukibwako ku nkomerero kwe kujjuzibwa n'okujjula kwa Katonda*

### Sigala mu Kristo

"Eddiini kitegeeza Yesu okubeera mu mutima." [49]

"Yesu atubeeramu okuyita mu mwoyo; ne Mwoyo wa KAtonda, Awebwa mu mutima na kukkirirza, ye ntandikwa y'obulamu obutaggwawo."[50]

**Wetegereze bino:**

- Okuyita mu Mwoyo mutukuvu, Kristo abeera mu ffe.
- Tuweebwa Mwoyo mutukuvu na Kukkiriza.
- Eno y'entandikwa y'obulamu obutaggwawo.

Okumanya nti Yesu ayagala kubeera mu nze okuyita mu Mwoyo mutukuvu, era nga akikola bwe nzijula Mwoyo mutukuvu, kyamuwendo nnyo gyendi. Gano mazima ga bayibuli ag'ebyewuunyo.

Yesus tayagala bwagazi kukuŋŋaana mumukwano ogwannamaddala naffe kyokka nga abeera mu ffe okuyita mu mwoyo mutukuvu, naye era ayagala obutaddiriza n'okunnyikiza okw'enkolagana yaffe ne Katonda. Agamba, 'beera mu nze, nange mbeere mu ggwe" (yokaana 15:4). Kuno kuyitibwa kwewunyisa era , mu kiseera kye kimu, kiragiro. Kino kitegeeza nti obulamu bwe kikulisitaayo obutaddirira busoboka mu maanyi ga Katonda.

Yesu ekigambo okubeera akisaako essira emirundi kumi na gumu mu Yokaana 15:1-7. Ayagala tubeere n'enkolagana ey'olubeera naye. Ayunga ebisuubizo ebirungi era ebitalojjeka n'ekigambo kino. " bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munakikolerwanga." ( olunyiriri 7).

---

49 Ellen G. White, *The review and Herald,* May 24, 1892,par. 4.
50 Ellen G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda*, p. 388.

"Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mummwe, era essanyu lyammwe lituukirire." (olunyiriri11).

Ellen white atangaaza ku  kusaba kwa Yesu oku **"beera mu nze, nange mu mmwe": "okubeera mu Kristu kitegeeza** [okusooka] **okuwebwa buli kiseera okwa Mwoyo mutukuvu**, [n'ekyokubiri] **obulamu obw'okweweerayo ddala eri obuwereza bwe."**[51] Awalala agamba, " obuyungiro nobukozi obw'obwaKatonda buli kadde kyetaagisa mu kututwala mu maaso. Tusobola okuba tubadde n'ekigero ekya Mwoyo wa Katonda, naye okuyita mu kusaba n'okukkiriza tugenda mumaaso n'okunoonya okweyongera kw'omwoyo."[52] Era "aja [Yesu] kubeerawo mu bbo, abawe okubeerwa kwa mwoyo we amatiza, omwoyo aguteekemu ekintu eky'omugaso ekya ye okugusenga."[53] Tusobola okulaba essaala ya Dawudi ng'ekisuubizo kyaffe: " Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda; onzizeemu omwoyo omulungi munda yange." (Zabbuli 51:10)

## Okulega ku nsibuko y'amaanyi  ga Katonda.

Abantu bangi tebamanyi butya bwebayinza okulega ku maanyi ga Katonda. Babeerawo mu bwavu bw'omwoyo, yadde nga " amaanyi ge ag'obwaKatonda gatuwadde ebintu ebikwata ku bulamu n'obwaKatonda" (2 Peetero 1:3,KVJ).

Ekibangirizi ky'amafuta ekimanyiddwa mu Texas kiyitibwa Yates pool. Mu biseera by'akazigizigi k'ebyenfuna mu America, Omusajja ayitibwa Yates yalina olugo olw'edundiro ly'endiga. Yali tasobola kukola ssente zimala mu kulunda endiga ezumusobozesa okusasula amabanja ge. Awo ne wajja abasajja okuva mu kampuni y'amafuta nebamutegeeza nti balowooza nti bayinza okuzuula amafuta mu ttaka lye. Kampuni n'eteesa ekkirizibwe okusima egezese, nabwekityo Yates nateeka omukono ku ndagaano.

Nga batuuse mu fuuti 1,200 wansi, ekyuma ekiyiikuula kyagwa ku mafuta. Era nga gonna ga Mwami. Yates! Ku lunaku lwe yagulirako ettaka, era yafuna obuyinza ku mafuta oba eky'obugagga kyonna ekiririko. Teyakitegeera mu kiseera ekyo nti yali mugagga bifekeera abeera ku ttaka eryo. Ekizibu kyali ki? Yali tamanyi nti kwaliko amafuta.[54]

Omanyi ekyawandiikibwa mu 2 Peetero 1:3,4? "Kubanga obuyinza bw'obwaKatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'ebyokutya Katonda" (KJV). leka nkubuulire enyiriri ezisigaddeyo bu bigambo byange: Okuyita mu nkolagana ey'omukwano eyannamaddala ne Yesu, era nga tuli mu nkolagana eno, okusaba ne" ebisuubizo ebisingira ddala era eby'omuwendo" (KJV).

---

51 Ibid., 676.

52 Ellen G. White, *muliweebwa amaanyi* (Hagerstown,MD: Review and herald Publishing Association, 2012), October 24p. 306.

53 Ibid., October 23; p. 305.

54 Dr. William R. Bright, *Erfullt mit dem Heiligen Geist-Wie erfahrt man das?* (Nauhausen, 1971), S. 27.

Mu kaseera we tufuukira abaana ba Katonda, mu kukkiririza mu Kristo, era tufuuka abasikira Katonda, ne byonna ebibye bituweebwa okubikozesa. Buli kye twetaaga okusobola okubeera abasajja n’abakyala ba Katonda era bajulizi ba Kristo abajjudde ebibala – nga kw’otadde n’amagezi, omukwano, n’amaanyi – byona bituweebwa. Naye, abakulisitaayo bangi babeerawo mu bwavu bw’omwoyo, kubanga tebamanyi kukozesa obugagga bw’omwoyo Katonda bwe yabateekerateekera! Nga Mwami. Yates nga amafuta tegannavumbulwa ku ttaka lye, babeerawo mu butamanta obwebyabaweebwa ebitaliiko kkomo.

Era kino kitegeeza ki? “Awatali buyungiro buno, tewali muntu yenna asobola okulokolebwa. Awatali bulamu bwa Krito mu ffe, tetusobola kugumira muyaga gwa kukemebwa. Obunywevu bw’obulamu bwaffe obutaggwawo tubuzimbira ku misingi egyakakasibwa. Namungi w’abantu leero bazimbira ku misingi egitagezesebwangako. Enkuba bw’etonnya, n’omukemi nga asitudde enkundi, n’amataba ne gajja, ennyumba yabwe ejja kugwa, kubanga teyasimbibwa ku lwazi olw’obulamu obutaggwaawo, olwazi olunywevu Krito Yesu.”[55]

## Saba mwoyo mutukuvu

Waliwo ebyawandiikibwa eby’enjawulo mu bayibuli nga mu lwo Mukama waffe Yesu atukubiriza emirundi egiwera e kumi okusaba Mwoyo mutukuvu. Sirinaayo lulala lwe manyi Yesu mwatukowoolera eri ekintu n’omukwano mu bwangu, okugyako bweyatuyita tubeere mu ye. Ebyawandikibwa bino ku kusaba Mwoyo mutukuvu biri mu Lukka 11:9-13. Tetwagala kuddamu bigambo bino ebikulu  kyokka naye n’okuwa obwanga ebiri mu ssuula eno: “era mwatuukirira mu ye.” (Abakkolosaayi (2:10)

Ellen White yagamba: eri Yesu….Mwoyo mutukuvu yaweebwanga buli lunaku awatali kipimo. bw’atyo anaweebwanga buli mukkiriza omutima gwonna bwegunaweebwangayo  eri ye okubeeramu [era n’okusaba Mukama okuwebwa Mwoyo mutukuvu buli lunaku], era ekiragiro kino ate era kisuubizo ekikituukiriza. Lyali sanyu ddungi erya Kitaawe nti  mu Kristo ‘okujjula kwonna mwekuba kubeera’  era ‘mu ye mwetujjulira’ Abakkolosaayi 1;19, Okubikkulirwa 2;100.” [54]

**Wano  tuyiga:**

- Mwoyo Mutukuvu atali wa kigero yabeeranga mu Yesu
- Ayagala tubeere mu kweweerayo ddala Mwoyo mutukuvu asobole okutubeeramu mu bungi bwe bumu.

---

55 Ellen G. White, *Obwagazi obw’edda n’edda*, pp. 599,600..

56 Ellen G. White, *Ebirowoozo okuva ku ntikko y’emikisa*, , p. 21.

- Ku lw’ensonga eno, Yesu yennyini yawa ekiragiro: “mujjulenga Mwoyo mutukuvu” (Abaefeso 5:18).
- Ekiruubirirwa kye nti tufune obulamu obujjuvu wano (Yokaana 10:10; Abakkolinso 2:10) n’obulamu obutaggwawo (Yokaana 3:16).
- Bwekityo, kyetagisa okubeera mu ye. Yesu okubeera mu ffe kivaamu ebintu eby’amaanyi era eby’omuwendo bingi.

## Okukozesa okukkiriza mu Kusaba

Tusaba ku lw’okukkiriza “Awatali kukkiriza tekisoboka kumusanyusa” (11:6).

“Kristo atuulenga mu mitima gya mmwe olw’okukkiriza” (Abaefeso 3:17).

Kyetaagisa okukimanya nti bwe mala okusaba Mwoyo mutukuvu, nti mufunidde ddala. Katonda waffe ow’ebyewuunyo atulaze engeri ennyangu gye tusobola okubeera n’okukkiriza mu ye. Kwe kusabira mu bisuubizo. ( laba mu katabo *Emitendera mu Kwezza obuggya* , essuula 5, “Ekisumuluzo mu kuteeka mu nkola,” omutwe guno mwe guttaaniyiddwa mubujjuvu).

Ellen white agamba, “ Omwoyo gulindirira obwetaavu n’okwaniriza kwaffe.”[57]

David Wolkwitz agattako:

Osobola okuteebereza “Okubanja” ekintu okuva ewa Katonda? Nga mu kino, ky’ekirabo eky’enjawulo ekya Mwoyo mutukuvu. Ekirowoozo ekyo kitujugumiza mu kutya. N’okulowooza ku kintu ngekyo kiwulikika ng’ekintu eky’okunyomoola n’okutyoboola. ng’ate, ekigambo kino kikozesebwa omutume wa Mukama mu bitundu ebiwerako mw’ebyo byeyawandiika. Ategeeza ki? Ekisooka, tulina okukiraba nti Katonda musanyufu nnyo okutuwa ekirabo kino, kubanga atwagala era nga tukyetaaga bubi nnyo. Eky’okubiri, kitegeeza nti ekirabo kino kya mugaso nnyo gyetuli. Olw’okuba kitugambiddwa nti ekirabo kino kitulindiridde okukibanja, awo kitulaga bulungi nti bwetuyaayanira okubeerawo kwa Yesu mu bulamu bwaffe asobole okutuluŋŋamya, era n’okumanya nti twewereddeyo ddala eri Katonda, awo tusobola okubanja wakati mu kumwesiga n’okwekakasa. Tulina okwefumintiriza ku kino.[58]

Okubanja ekintu kiraga obwagazi obw’amaanyi mu kintu kyewetaagira ddala oba kyoyagala okufuna; Kiraga obumalirivu bw’omuntu asaba. Tulina okuteeka ebbali ebiruubirirwa byaffe ‘tubanje’ ekintu. “ Asanyuka nnyo

57 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo,*, p. 121.

58 David Wolkwitz, Der Weg Zu einer krafvollen Erweckung (The way to a powerful Revival ) (NRW, Abt, Heimatmission), S. 205.

(Katonda) bwe tumubanja ebisinga , tusobole okutendereza erinnya lye."[59]

Okwewaayo eri Yesu n'emitima gyaffe gyonna, nga tuyita mu kukkiriza tufuna ekirabo kya Katonda ekinene – Mwoyo mutukuvu.

## Esaala y'omutume Pawulo ey'okwegayirira eyeewunyisa.

Ku mutwe guno, twagala tutunule mu Abaefeso 3:14-21, gye tusanga essaala ey'okwegayirira eyeewunyisa okuva ewa Pawulo eri ekkanisa mu Abaefeso.

1. Abasabira amaanyi ga Mwoyo mutukuvu ag'omunda
2. Nti bw'atyo Kristo asobole okubeera mu mitima gyabwe.
3. Nti bafune omukwano gwe mu bujjuvu era nti omukwano guno ogw'obwaKatonda gusimbibwe era gubanywereremu.
4. Nti basobole okujjuzibwa n'okujjula okw'obwaKatonda.
5. Wano tulaba bulungi enkola ya Katonda mu ffe: Okuyita mu kujjula Mwoyo mutukuvu Yesu atubeeramu era tufuna enkyukakyuka ennungi ey'omulabirizi waffe – ebibala by'okukula mu mwoyo.

"Kyenva nfukaamirira kitaffe, buli kika eky'omuggulu n'eky'okunsi kwe kiggya erinnya, abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli**, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda: Kristo atuulega mu mitima gyammwe olw'okukkiriza;** mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala, mulyoke muweebwe amaanyi n'amagezi awamu n'abatukuvu bonna obugazi n'obuwanvu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri, n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, **mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda."** (Abaefeso 3:14-19, KJV)

## Nsobola ntya okufuna amaanyi ag'omunda?

Omusingi gw'obulamu bwaffe obwekikulisitaayo gulagibwa mu Abaefeso 3:16: "Abawe mmwe , ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda."(KJV)

Twetaaga amaanyi buli lunaku. Obulamu obujjudde amaanyi butuwa essanyu. Mukama waffe ow'ebyewuunyo ayagala tubeere n'amaanyi mangi mu bulamu bwaffe. Amaanyi gano ag'omuntu ow'omunda gaweebwa okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Akatabo Emitendera mu kwezza obuggya, olupapula olwa 60, kalaga lwaki kyetaagisa okwewonga

59 Ellen G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda,*, p. 668.

eri Yesu buli lunaku n'okusaba Mwoyo mutukuvu buli lunaku. Era nga tusabira mu bisuubizo tusobola okukakasa nti tufunye Mwoyo mutukuvu amangu ddala nga twakamusaba. Neera, mpa amazegi okusoma akatabo kano – ka mugaso nnyo.

## Kristo mu ffe

Kiki ekiddako, okusinziira ku lunyiriri 17? ***" Krito atuulengga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala"*** (KJV).

Amazima gano amalungi tugamanyi ekimala? Bwe tubeera ne Mwoyo mutukuvu, awo kiba kikakafu nti Yesu abeera mu mitima gyaffe. Tetusobola kuwulira yadde okupima kino. Tulina kukikkiriza. Bwokkiriza kino, awo yogera naye wonna woyagalidde , era omugambe: " webale, mukama Yesu, olw'okubeera mu mutima gwange." oba, " Mukama, ndi musanyufu gwe okubeera mu nze."

Andew Murray agamba: " Mu ngeri eno yesu akutwala mu kukuŋŋana naye n'ekiruubirirwa nti obulamu bwe bufuuka ekitundu ku bulamu bwo."[60]

Ellen White agattako: "Obukozi bwa Mwoyo mutukuvu bwe bulamu bwa Kristo mu Mwoyo."[61] Era "Mu nteekateeka ey'okuzza omuntu mu kifaananyi ky'obwaKatonda, kyatuweebwa nti Mwoyo mutukuvu atambulire ku ndowooza z'abantu, era abeere nga okubeerawo kwa Kristo, atumiddwa okubuumba empisa z'abantu."[62] Neera omukkiriza omulamu y'oyo Kristo mundaaye, esuubi ery'ekitiibwa [Abakkolosaayi 1:27]."[63]

Ebiwandiikiddwa bigamba nti Krito abeera mu mitima gyaffe ku lw'o**kukkiriza**. Okwesiga gwe musingi gw'okukkiriza. Kiri ku kwesigisa Yesu obulamu bwaffe bwonna - okwewaayo kwaffe okw'obulamu bwaffe okusooka n'oluvvanyuma, mu kuddirira, okwewaayo okwa buli lunaku eri Yesu Kristo.

## Kakwate ki akali wakati w'okukkiriza n'okuwulira okwomunda?

Ekigambo kya Katonda kigamba: "Abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda, Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza, mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala." (Abaefeso 3:16,17 ) tuli mu kujjula Mwoyo mutukuvu olw'obutuulo bwa Yesu Kristo mu mitima gyaffe, era kino kirina kubeerawo okuyita mu kukkiriza.

60 Adrew Murray, Bleibe in Jesus (sigala mu Yesu) (Leun, 2912), S. 149.
61 Francis D. Nichol, ed., abyayogerwa abaseveniside , Vol.6 (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2001), p. 1112.
62 Ellen G. White, muliweebwa amaanyi, February 8; p. 47.
63 Ibid., February 4; p. 43.

Yesu yagamba, "**Akkiriza nze**, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe."(Yokaana 7:38) Kyetagisa okwekkanyanga kino. Lwaki? Ekinyusi ky'okukkiriza kwe kwesiga. Nesiga ekyo Yesu ky'agambye. Yayogera ku Kitaawe, "Ekigambo kyo ge mazima" (Yokaana 17:17).

Ellen White yagamba, "OKukkiriza kwesimba mu bisuubizo bya Katonda, era kubinyweza ng'okukakasa nti ajja kukola nga bweyagamba ."[64]

Okwesiga Katonda kitegeeza okwesigama ku kigambo kye. Nesiga ekigambo kya Katonda.

Kibeera kitya bwenkolera ku mbeera nga bwe mpulira? Awo mba nesiga ekintu ekiri mu nze. Roger J. Morneau, Katonda gweyalokola okuva mu kkanisa ya sitaani, atuzibula amaaso: "emizimu gyasendasendanga abantu okuwuliriza bo bye bawulira nga bbo mu kifo ky'ekigambo kya kristo ne bannabbi be. Tewali ngeri nkakafu emizimu gye gisobola okwefunza obulamu bw'abantu okusinga nga bo tebategeera na kigenda mumaaso."65 Tetuli mu kunoonya kkufuna ekintu kitukwaata endowooza oba ekituwuliza mu ngeri etali nambulukufu.

Okukkiriza kitegeega okwesiga Katonda n'ekigambo kye, okunyweza bayibuli ng'ekwata ku bulamu bwaffe bwonna era si nga ekimu ku birungo oba eky'okubuwuunda. Bangi bagamba nti tetusobola okugondera kigambo kya Katonda mu busobozi bwaffe. Ekyo kituufu eri abakkiriza ab'omubiri. Naye abo bonna ababeerawo ne Mwoyo mutukuvu balina Yesu mumitima gyabwe era nga bawereddwa buli kyetaagisa okugondera ekigambo kya Katonda. Abaruumi 8:4 wagamba: "obutuukirivu bw'amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula Omwoyo." (ebisingawo ku mulamwa guno mu Ssuula 4: Obuwurize mu Yesu)

Okwesiga Katonda n'okufuna engeri ebisuubizo bye gye bituukirira mu bulamu bwaffe kujja ku nyweza okukkiriza kwaffe mu ye era kutuwa emirandira eminnyikkivu mu mukwano gwe. Mu kusembayo omukwano guno ogwa Katonda gumatiza ebyetaago by'emitima gyaffe eby'omunda. Kiringa omwana omuto mu mikono gya kitaawe bw'awulira okuwembejjebwa n'okutembekera. Wasobola okubaawo enkyukakyuka mu ngeri Omwana bw'awulira olw'okuba aba akyali muto. Naye bw'akyuka mu mbeera ze, kino tekikyusa mukwano gwa kitaawe. Bwetukula mu mukwano gwa Katonda, tukizuula nti endowooza zaffe tezisobola kutuwa bukakafu ku nkolagana yaffe ne Katonda. Endowooza zaffe tezeesigika kubanga zikyukakyuka.
Obukakafu bwafe buva mu kwesiga Katonda n'ekigambo kye ekitakyuka.
Tetwetaaga kulafuubana kunoonya ebyo byetuwurira nga ffe. Kristo bw'abeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu, ebibala by'omwoyo byeyongera okutukuliramu. Bino birabo eby'endowooza ey'omunda eva ku Mwoyo mutukuvu. Essanyu lirinamu ekitundu ekirabikira ddala. "essanyu lya Mukama g'emaanyi gammwe." (Nekkemiya 8:10) mu bulamu

64 Ellen G. White, *obubonero bw'ebiro,* May 22, 1884, par. 3.

65 Roger J. Morneau, OKukyala mu bisukka ku butonde, (Hagerstown, MD: Review and Herald Pub Association, 1999), p. 43.

bw'okukkiriza, essanyu telijja kujja nga lya kekkwa, wabula lijja kuba lya maanyi mu ffe okuyita mu bulamu bwaffe ne Katonda.

Mu biseera eby'omumaaso, kijja kutubeerera kya nkizo okwawula wakati w'obuyigirizwa bw'okwesiga Katonda n'obuyigirizwa obw'endowooza. Omukemi ajja kutulaga ebintu ebyewunyisa , n'ebikwata ku yesu, naye emabega w'okwolesebwa kuno kwe kusendasenda okuyita mu ndowooza zaffe n'amaanyi ge ag'ekizikiza. Kisobola okutuukira daala wala nti abantu bafuna ebintu "eby'okukkiriza ebyewuunyisa" era nebatuuka okwesigira ddala endowooza zabwe mu kifo ky'ekigambo kya Katonda. Bayinza n'okulowooza nti tebakyetaaga kigambo kya Katonda, kuba beeraba ng'abakulembeddwa Omwoyo okuyita mu bye bafunye nga bayita mu ndowooza zaabwe.

Ebigambo bya Yesu byogera bulungi mu kuwakanya kino mu Matayo 7:21 – 23: "Buli muntu aŋŋamba nti mukama wange, mukama wange, si y'aliyingira mu bwakabaka obw'omuggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu byayagala. [okusinziira ku kigambo kye]. 'Bangi baliŋŋamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo?'Ne ndyoka mbaatulira nti sibamanyi nti sibanyangako mmwe: muve wendi mwenna abakola eby'obujeemu.'" Kyetusobobola okugamba : wesige era ogondere, kuba tewali ngeri ndala ya kubeera musanyufu mu Yesu, okusinga okwesiga n'okugondera. ( laba ku bujulizi obw'ekkanisa, Vol.5, Essuula .21, " Okutunula mu Yesu.")

## Lwaki okugenda mu maaso n'okweweerayo ddala eri Katonda kikulu?

Mu baruumi 12:1, Katonda atusaba bino okuyita mu mutume pawulo: "N'olwekyo, mbakalaatira, ab'oluganda, mu kisa kya Katonda, okuwaayo emibiri gyammwe nga saaddaaka ennamu, entukuvu era essanyusa Katonda – kwe kuweereza kwange okw'amazima."(NIV) Ne mu Ngero 23:26 kwe kuyita: "Mwana wange, mpa omutima gwo."

Amakulu g'okwewaayo ganyonnyoleddwa okusingawo mu bulambulukufu mu ssuula 2 "weweeyo eri Yesu." Era ganyonnyolebwa bulungi mu katabo "Emitendera egikutuusa eri Yesu" mu ssuula 5 "Okwewonga".

Okwewaayo eri omukwano gwa Katonda kuleeta emikisa emiyitirivu. Singa Yesu akkirizibwa okuluŋŋamya obulamu bwaffe, abeera asobola okututakkuluza ku bwa nnakyemalira bw'ebitiibwa n'amalala gaffe (obuggya, obusungu, ekiruyi, obunkenke, akatuubagiro n'ebirala). Ellen White agamba, " okuweebwa omwoyo kwe kuweebwa obulamu obwa Kristo. Bujjuza abuwereddwa n'empisa ya Kristo."[66] "Obuwanguzi tetujja kubufunira mu miwendo, naye okuyita mu kweweerayo ddala emeeme eri Yesu." [67]

---

66 Ellen G. White, *Obwagazi obw'edda n'edda,* p. 805.

67 Ellen G. White, Batabani n'abawala ba Katonda (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2003), p. 279.

**Okutegeera ekyama ekibikuddwa**

Katugende mu Abaefeso 3:18, ekitundu ekisooka: " [nti mmwe]mulyoke muweebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatuukirivu. Kiki kye tulina okufunamu ? ekyo kye nnyini olunyiriri olusoose kye lunyonnyodde: Ekyama nti Kristo okutubeeramu (okuyita mu Mwoyo mutukuvu) era na bwekityo obulamu bwaffe bukyusibwa, kubanga tusimbiddwa ne tunywezebwa mu kwagala kwa Katonda. Kino kitegeeza Yesu Kristo Atukulizaamu empisa ze.

Ow'oluganda awandiika: " Amazima ku 'kubeera mu Yesu' ne 'Yesu okubeera mu ffe' mangu nnyo ate era nga mazibu okutegeera nti abakkiriza bangi tebasobodde kugategeerera ddala."[68] Pawulo agamba mu Abakkolosaayi 1:25, 26: "Nze gye nafuukira omuweereza waayo, ng'obuwanika bwa Katonda bwe buli bwe naweebwa gye muli, okutuukiriza ekigambo kya Katonda, **ekyama ekyakwekebwa** okuva edda n'edda n'emirembe n'emirembe: naye kaakano kyoleseddwa eri abatukuvu be." (NIV) **Kyama ki?** Olunyiriri 27 lugamba: "Katonda be yayagala okutegeeza obugagga bw'ekitiibwa eky'ekyama kino bwe buli mu b'amawanga, ekyo ye **Kristo mu mmwe** esuubi ery'ekitiibwa." (KJV) Ekyama ekyakwekebwa okuva edda n'edda emirembe n'emirembe era kati ekibikuddwa kiri nti Yesu yennyini ayagala kubeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Ebyawandiikibwa bigamba nti lino ly'esuubi lyaffe ely'ekitiibwa. Kino kitegeeza nti okujjula kw'obulamu Katonda bw'atwagaliza mu bulamu bwe tulina kati, era mu kiseera kye kimu kitukwasa obulamu obutaggwaawo, kitukakasibwa.

Ellen White agaziya ku kyama kino, ekiyitibwa "Kristo mu ffe," esuubi ery'ekitiibwa (abakkolosaayi 1:27), bigoberera **nti "Okutegeera kw'ekyama kino kuwa ekisumuluzo ekiggula byonna ebiralala. Kiggulira obugagga bw'ensi eri emeeme zaffe, obusobozi obw'enkulakulana etaliiko kkomo.**"[69]

Bayibuli etera okukozesa enjogera nga "Kristo mu ggwe" n'ebikifaanana nga " mu Kristo," "mu ye," "mu Mukama," ne " mu baagalwa." Ebigambo bino bikozesebwa emirundi 170 mu ndagaano empya. Eky'okulabirako , enjogera eno ky'ekigambo eky'enkizo mu bbaluwa ya Pawulo eri Abaefeso. Lowooza ku bujulizi bwe: "Naye Kristo yemulamu mu nze" (Abaggalattiya 2:20,KJV). Mu Abaruumi 15:18, awandiika: "Kubanga siryaŋŋanga kwogera kigambo kyonna wabula Kristo bye yankoza."

Ebyawandiikibwa ebiralala ebimanyiddwa obulungi mulimu: "Naye Katonda yebazibwe , atutwala bulijjo ng'abawangula mu Kristo." (2 Abakkolinso 2:`4, KJV) "omuntu yenna bw'aba mu Kristo ky'ava abeera ekitonde ekiggya." (2 abakkolinso 5:17,KJV) Obwanga wano buteekeddwa ku kukyuka kw'empisa okuyita mu bibala bya Mwoyo mutukuvu:" Kubanga ffe tuli mulimu gwe , abatondebwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi." (Abaefeso 2:10, KJV) " n'abo abafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira."(1 abasessaloniika 4:16) "Naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutuukirizibwa mu oyo. Ku kino kwe

---

68 Dennis Smith, *okubatizibwa omwoyo n'okubeera mu Kristo* (2010), p. 12.

69 Ellen G. White,Okusoma (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2002), p. 172.

tuteegerera nga tuli mu ye.” (1 Yokaana 2:5, KVJ) “Katonda …..yatuma omwana we …obutuukirivu bw’amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe.” (Abaruumi 8:3,4). Bwe tutunuula mu kukakasa okuva mu kulambikibwa kwekitabo ky’eddiini eky’ebyafaayo , tusanga ebiwandiiko eby’omuwendo bwe bityo wansi w’ebigambo “ Mu Kristo,” “Mu baagalwa” “ Mu Mukama,” “Mu ye’”(Kristo).

**“Mu Kristo” oba “Wabweru wa Kristo”**

E. Stanley Jones agambye, “ Pawulo ….obwanga abuteeka ku njogera ‘Mu Kristo’ …oyo ali ‘Mu Kristo’ abeera ‘mu bulamu,’ n’ali wabweru wa Kristo’ abeera ‘mu kufa.’” [70]

---

70 E.Stanley Jones, *mu Kristo* ( London: Hodder and Stoughton, 1961), p.9; kavuunulwa okuva mu lugymani

*Kale kakaano tebaliiko musango*

*abali mu Kristo Yesu abo*

*abatatambula okusinziira*

*ku mubiri, naye okusinziira ku mwoyo.*

*Abaruumi 8:1 NKJV*

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *Okusinziira ku Ellen White, Eddiini entuufu kye ki?*

   ___________________________________________________________________________

2. *Kiki ekikulu ekiriŋŋanga okuyingiza Yesu mu mitima gyaffe?*___________________________________________________________________

   ___________________________________________________________________________

3. *Mulimu ki okukkiriza kwaffe oba okwesiga Katonda gyekukola mu kuweebwa Mwoyo mutukuvu?*

   ___________________________________________________________________________

4. *Lwaki kikulu nnyo nti enkolagana yaffe ne Yesu yesigamizibwa ku kumwesiga n'ekigambo kye era si ku ndowooza zaffe?*

   ___________________________________________________________________________

5. *Kristo bw'atubeeramu okuyita mu Mwoyo mutukuvu, empisa ze zikula mu ffe, by'ebibala by'omwoyo mutukuvu. Kirina makulu ki eri obulamu bwo?*

   ___________________________________________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *Saba ne gwemusaba naye:*

1. *Okutegeera n'okubeera ne ddiini entuufu – nti Yesu ku lw'okukkiriza abeera mu mitimagyaffe.*
2. *Okwanguyirwa okuwaayo emitima gyaffe eri Yesu.*
3. *Okufuna obulamu obunnyikivu obw'okubeera ne Mwoyo mutukuvu mu bulamu bwaffe.*
4. *Okusengeka endowooza yaffe mu ngeri ennuŋŋamu n'engeri ey'okubikolako.*
5. *Okufuna essanyu eryeyongera okukula era erilabika okusingako – essanyu eryo Kristo ly'aleeta.*

Olunaku 6

# *Ebisibuka ku " Kristo mu ggwe" Tufuna tutya okununulibwa okuva mu maanyi g'ekibi? Tunafuuka ba "mubiri" nate okuyita mu kwonoona?*

## Ellen White ku " Kristo mu ggwe"

" Abantu ba Katonda bwebaba obumu mu bwegassi mu mwoyo, obufalisaayo bwona, okweyita omutuukirivu, ekyali ekibi ky'ensi ya Bayudaaya, bujja kugobebwa mu okuva mu mitima gyaffe…….. KAtonda ajja kumanyisa ekyama ekikuumiddwa okuva edda n'edda emirembe n'emirembe. Ajja kumanyisa obugagga bw'ekitiibwa ky'ekyama kino eri abaggalattuya; ye Kristto mu ggwe, esuubi ery'ekitiibwa(Abakkolosaayi 1:27)."[71]

## Yozefu, Danyeri ne bebaatambulanga nabo

"Olina okubeera omwetegefu okukozesa eky'okulabirako eky'abavubuka bano ab'ettendo. Toswalanga olw'a laangi zo; zambale, zanjuluze zirabibwe abantu ne bamalayika. Tofugibwa nga obwetowaze obw'obulimba , olujjukujju okutanula okukola ekintu ekikontanta n'amagezi gano. Nga weloboza ebigambo byo n'okukola ebikwatagana, eneeyisaayo, obunyikuvu bwo, bikola obujulizi obw'olulango ku kukkiriza kwo, bisalawo nti Kristo ajja ku bukala ekifo eky'okuntikko mu mwoyo ; era biteeka talanta zoku bigere bye okuzikozesa nga bw'ayagala."[72]

## Obulamu bwa famire

Kristo ajja kuleeta obumu mu buli mutima – " singa okwagala kwa Katonda kutuukirizibwa, omwami n'omukyala bajja kuwaŋŋana ekitiibwa n'okukungula omukwano n'obugumu. Ekintu kyonna ekyonoona eddembe n'obumu mu famire kirina okunyigirizibwa n'obumalirivu, era ekisa n'omukwano birina okwagalwa. Oyo ayolesa

71 Ellen G. White, *Obubaka obulondemu ,* May 24, 1892,par. 4.
72 Ellen G. White, *Obubaka eri abavubuka* (Hagerstown, MD: Review and Herals peublishing assotiations, 2003), p. 28.

obukakkamu obw'omwoyo, obuguminkiriza, n'omukwano ajja kusanga omwoyo gwe gumu nga gumuddira ye. Omwoyo wa Katoonda w'afuga, tewajja kubeerawo kwongera ku butasaaniriganा mu bufumbo. Singa Kristo mazima ddala abangibwawo munda, esuubi ely'ekitiibwa , Awaka wajja kubeerawo obumu n'omukwano . Kristo ali mu mutima gw'omukyala ajja kuba mu nzikiriganya ne Kristo ali mu mutima gw'omwami. Bajja kuba nga bakazanira wamu okufuna ennyumba amatiribona Kristo z'agenze okutegekera abo abamwagala."[73]

" Mwagala amaka gammwe okubeera nga aga Ibrahim. Yalagira amakaage agalimuddirira. Yabasomesa okugondera ebiragiro bya Katonda. Bino bye biyigibwamu, ba maama, nti n'obuguminkiriza muli ba kusomesa abaana bammwe. Tekibagwanidde kumala budde nga musoma misono egiriwo . Mubasomese nti Yesu y'abalinako obwa nannyini. Tukola enneyisa ya leero. Abavubuka, abawala, muli mukusalawo ekifo kyammwe mu biseera eby'omumaaso olwaleero. Muleke Kristo ayingire. Ajja kubataasa ebikemo."[74]

## Okuvvuunuka / okuwangula

"Omuntu yenna bw'aba mu Kristo, ky'ava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo, laba , nga bifuuse biggya.' (Abakkolinso 5:17) Okuyita mu maanyi ga Kristo, abasajja n'abakazi bakutudde enjegere z'emize gy'ekibi. Begyeeko okweyagaliza. Abaseegu bafuuse bakitiibwa, abatamiivu bavudde ku mwenge, aboononefu batukuziddwa. Emyoyo egibaddeko okufaanagana kwa sitaani zifuuliddwa negidizibwa mu kifaananyi kya Katonda. Enkyukakyuka eno ku lwayo kye kyamagero mu byamagero. Enkyukakyuka etondeddwawo ekigambo, kyekimu ku byama ebisinga okuba ebikusike eby'ekigambo. Tetusobola ku kitegeera; kyokka kyetusobola kwe kukkiriza, ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba, kiri nti 'Kristo mu ggwe, esuubi ery'ekitiibwa'. [Abakkolosaayi 1:27]."[75]

## A

## mabaluwa ga Yesu

"Mu buli omu ku baana be, Yesu asindika ebbaluwa eri ensi. Bw'obeera mugoberezi wa Kristo, Okuyita mu ggwe asindika ebbaluwa eri famire yo, ekyalo, oluguudo,eyo gy'obeera. Yesu, abeera mu ggwe, ayagala okwogera eri emitima gy'abo abatamumanyi. Ndowooza kirabika tebasoma bayibuli, oba tebawulira ddoboozi eryogera nabo mu mpampuza zaayo; tebalaba mukwano gwa Katonda okuyita mu mirimu gye. Naye bw'obeera akiikirira Yesu omutuufu,

73 Ellen G. White, *Amaka g'abadiventi* (HAfgerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2002), p. 120.
74 Ellen G. White, *embeera y'obwongo ( Nampa, ID: Pacific Press Publishing Asociation, 2004*,p p. 291.
75 Ellen G. White, *Ebikolwa by'abatume*, p. 476.

kisobola okubeera nti okuyita mu ggwe basobola okukulemberwa okusobola okutegeera obumu ku bulungi bwe era nebawangurwa omukwano ne bamuwereza."[76]

## Oludda lwa Katonda olw'obuntu

Okuyita mu buyungiro buno obw'omukwano, Kristo bw'ayagala ayingire naffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu, atulaga mu ngeri ey'enjawulo oludda olw'obuntu olw'omukwano gwa Katonda. Tekikkirizika nti Kristo abeera mu nze. Naye ekigambo kye kitukakasa obutuufu bwa kino, ekintu ekikifuula ekituufu.

Taata omu yali ku lugendo emitala wa mayanja ne mutabani we era nga ayagala okumunyonnyola omukwano gwa Katonda. Taata yagamba, " yimirira waggulu ku muge gw'emeeri otunule, era kati ate ku munaala gw'ayo, - buno bwe buwanvu bw'omukwano gwa Katonda. Era tunula ku kkono ne ku ddyo – buno bwe bugazi bw'omukwano gwa Katonda. Kati tunula waggulu mu bwengula – buno bwe bugulumivu bw'omukwano gwa Katonda. Kati tunula wansi ku mazzi. Ssemayanja akkirira wala ebuziba wansi waffe. Okwo kwekunnyikkira kw'omukwano gwa Katonda." Omwana yefumintiriza okumala akaseera ku kunyonnyola kuno n'oluvvanyuma nga nakamwenyu kamuli ku maaso n'ayogera : "Taata, omanyi ekitundu ekisinga mu kkyo? Tuli mu massekati gakwo."

Buli omu awonga obulamu bwe buli lunaku eri Kristo era najjula Mwoyo mutukuvu abeera mu massekati g'omukwano gwa Katonda. Tewali kifo kyetuyinza kubeeramu kisinga kino. Nsaba buli ku makya nti Kitaffe ow'ebyewuunyo ajja kunkuumira mu kifo kino.

## Ekituukibwako eky'okuntikko: obulamu mu bungi.

Mu Abaefeso 3:19, Pawulo ayagala tutegeere okwagala gyeturi, era nti okuyita mu mukwano guno tujjula n'okujjula kwa Katonda. Olunnyiiriri luno lugamba; "N'okutegeera okwagala kwa Kristo, okusinga okumanya, mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda." (KJV)

Tusobola okulaba ekyesigama ku Kristo okubeera mu ffe? Lye kubbo lyokka ely'okufuna okujjula kwa Katonda. Mu Yokaana 10:10, Kristo agamba nti yajja tusobole okufuna obulamu mu bungi. Abakkolosaayi 2:9,10 wagamba, "Kubanga oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'obwakatonda ng'omubiri bwe guli, era mwatuukirira mu ye." (KJV) Olina okujjula kwa Katonda? Katonda ayagala kukikuwa. Kola emitendera egyetaagisa!

76 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo,* p. 115.

## Okwanukulwa okukira ku byetusaba.

Tusobola okusaba nti Mukama ayanukule essala okusinziira ku bisuubizo bye mu Abaefeso 3:20: “Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng’amaanyi bwe gali agakola mu ffe.” (KJV). Tusobola okusaba, nga tubanja ekisuubizo kino, nti Mukama waffe ow’ebyewuunyo tayanukula bwanukuzi saala zaffe nga bwetumusabye, wabula okusingira ddala okusaba kwaffe, okusinga ku kutegeera kwaffe, okutuwa emikisa mu bungi okusinziira ku kugagga bw’ekitiibwa n’amaanyi ge. Okugattako, tusobola okusaba okusinziira ku Yeremiya 33:3 nti Katonda ayanukule esaala zaffe era ayolese ebintu ebisukkulumu eby’amaanyi gyetuli: “Mpita, nange naakuyitaba nenkwolesa ebikulu n’ebizibu by’otomanyi.” (NIV)

## Obulamu bwa Yesu buleeta ki mu nze?

“”Naye bwe muba mu Kristo Yesu, eyafuka amagezi gye tuli okuva ewa Katonda, n’obutuukirivu n’okubuutikirwa okutukuzibwa n’okununulibwa.” (1Abakkolinso 1:30) Kristo atukoledde amagezi. Tusobola okukola n’amagezi ga Kristo ali mu fe. “Kubanga amagezi gasinga amayinja amatwakaavu, n’ebintu byonna ebiyinzika okwegombebwa tebyenkanyankanyizibwa nago.” (Engero 8:11) “ Awo ne ndaba ng’amagezi gasinga obusirusiru obulungi ng’omusana be gusinga ekizikiza.” (Omubuulizi 2:13) Awatali kubeera mu Kristo, tusobola okubeera abagezi ennyo. Naye tusobola okubeera abasiru ennyo mu kiseera ky’ekimu. Leka tujjukire Adamu ne Kaawa. Baali bagezi ddala era ne bakola mu busiru bwe baakola ku lwabwe mu kifo ky’okwesiga Katonda. Okubeera kwange ‘mu Kristo’ kusalawo oba ndi mugezi era omumanyi. “Amagezi gafuula nnyini go ow’amaanyi okukira abafuzi kumi mu kibuga.” (NIV)

Kristo atukolamu obutuukirivu. Kino kitegeeza nti obutuukirivu obwasuulibwa omuntu bwe yayonoona busobola okufunibwa nate okyita mu ye. Ebyawandikibwa eby’omuwendo biri mu Baruumi 8:3,4: “ Katonda …… Bweyatuma omwanawe ….. n’asalira omusango ekibi mubiri, obutuukirivu bw’amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula omwoyo.” Osabibwa wekkanye nti ebyawandiikibwa bigamba nti obutuukirivu butuukirizibwa mu Yesu eri abo abatambulira mu Mwoyo. Eno y’engeri Kristo gy’abeera mu ffe.

Dennis Smith awandiika: “Obutuukirivu mu kukkiriza bulimu obwenkanya n’okuwongebwa. Obutuukirivu butegeeza nti Katonda asumulula omukkiriza okumugyako ekibi n’omutango era n’ayambaza omwonoonyi eyenenyezza n’obutuukirivu bwa Kristo. (obuwulize obujjuvu).” [77]

77 Dennis Smith, ennaku 40 ez’okusaba n’okwemaliza okuzza obuggya byebafuna ne Katonda, akatabo2, p. 18.

Awo nno okuwanyisiganya okusinga obulungi nekubeerawo: Kristo atwala omusango gwange n'ampaamu obutuukirivu. Okuyita mu kuwanyisiganya kuno tuyimirira mu maaso ga Kitaffe nga abatayonoonangako. "Ebuvanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala, bw'ato bw'atutadde ewala ebyonoono byaffe." (Zabbuli 103:12) Mu kisa kya Katonda tusobola okutambula okuyita mu bulamu nga tetulina musango.

Kristo atukoledde okwewonga. Okuwongebwa kitegeeza ki? Okuwongebwa okutuufu kutegeeza okwagala okutuukirivu, obuwurize obutuukirivu, okukola okutuukirivu eri okwagala kwa Katonda."[78] Omugaso gw'obubeezi bwa Kristo obw'omunda eri obulamu obw'obuwulize obw'essanyu gujja kunnyonyolebwa mu bujjuvu mu Ssuula 4 " Obuwulize okuyita mu Yesu." Kristo atukoledde okunulibwa, ekyo kwe, kusonyiwa kw'omusango, eddembe okuva mu njegere ze kibi, obulamu obutaggwawo mu kitiibwa kya Katonda. Yesu yasasula omuwendo ne saddaaka ye.

Mu biseera eby'okukusa abaddu mu Africa, abasibe baalina ekyuma ekyefaananyiriza ekitogi ekyasibibwanga okwetoloola ensingo zaabwe ne kiyungibwa ku basibe abalala n'ekijegere. Emirundi egimu omu ku bantu bano bambi yaweebwangayo ng'omutango mu kubbo nga babatwala. Amangu ddala nga omutango gusasuddwa, omusibe yateebwanga nasumululwako ekitogi ky'ekyuma. Yesu yasasula omutango gwaffe – Yatusasulira.

Endowooza ya Yesu ejja kutukuriramu mutendera ku mutendera. Tusobola okubanja mu Bafiripi 2:5 bwe tusaba: "leka mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu." Bwetukkiriza Kristo okuyingira, awo ajja kuleka endowooza n'obukozi bwe okweyanjuluza mu ffe. Awo naffe tutandika okwagala by'ayaga. Twewala ebintu byatayagala.

### Yesu atuukiriza emirimu emirungi okuyita mu nze

Ekigambo kya Katonda kigamba mu Abaefeso 2:10: "Ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu." Katonda nze naawe atutegekedde emirimu emirungi – bwetuba "mu Kristo" – tusobole okugituukiriza. Mu kutuukiriza omulimu guno Mukama ateeseteese ekkubo ely'amagezi. Mu kukolera ye n'abalala mu mulimu guno, ebintu bisatu bikola:

1. Okuwonyesebwa okwabuli kiseera okw'okwemanya kwange kubanga nkolera abalala.
2. Abalala bawebwa emikisa okuyita mu nze.
3. Mukama asindika emikisa egy'amaanyi okunzirira. [79]

78 Ellen G. White, *Ebikolwa by'abatume, p. 565.*

79 Akatabo 3 mu butundu obugoberagana obutonono Emitenderea mu kwezza obuggya akatuumiddwa " Abakozi ne kristo abajudde omwoyo – Nsobola ntya okufuuka ekyo?"(2019).

Tujja kukikuliramu okuyita mu kukkiriza; ebyo ebikolebwa , ebyomubwongo, n'obusobozi bwaffe obyomwoyo bujja kukula, essanyu n'amaanyi gaffe bijja kweyongera, era mu ngeri eyo, tukolera Obwakabaka bwa Katonda. Omulimu guno gututeekateeka ku lw'obwakabaka bwa Katonda.

Waliwo ekibuuzo ekikulu ennyo ekiri mu kino: Katonda mukolera mu maanyi gange og'obuntu oba Mukama waffe asobola okukolera mu nze n'obusobozi bwe obw'obwaKatonda?[80]

### Ansobozesa okubeera omujulizi we

Kubanga Yesu Yajja " okunoonya n'okulokola oyo eyali abuze" (Lukka 19:10), abantu ajja kubatwala mu kuwonyesebwa okuyita mu nze . "Yesu, Okubeera mu ggwe, ayagala okwogera eri emitima gy'abo abatamutegeera."[81] "Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo mutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange." (Ebikolwa by'abatume 1:8, KJV). Tujja kuddira omutwe guno mu Ssuula 5 " okukkiriza okuyita mu Yesu."

Katonda atukubiriza okubeera mu "kusaba mu Mwoyo mutukuvu" (Yuda 20).Kristo bw'abeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu, awo tuba tusobola okusabira mu Mwoyo mutukuvu wamu ne mu linnya lya Yesu. Yesu atukakasa: "na buli kye munasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumizibwenga mu mwana." (Yokaana14:13, KJV) Atugambye bulungi nti: "Tetulina kusabira mu linnya lya Kristo kyokka, naye okuyita mu kuluŋŋamizibwa okwa Mwoyo mutukuvu."[82]

Okusabira mu linnya lya Yesu kitegeezaaki? " Okusabira mu linnya lya yesu ky'ekintu ekisinga ku kwogera obw'ogezi elinnya lye kuntandikwa ne ku nkomekerero y'essaala. Kwe kusabira mu **ndowooza ne mumwoyo wa Yesu, nga bwetukkiririza mu bisuubizo bye, nga twesigamye ku kisa kye, n'okukola emirimu gye."**[83] Nabwekityo, okusabira mu linnya lya Kristo kulina ebintu bina:

1. Okusabira mu mwoyo wa Yesu kitegeeza okujjula Mwoyo mutukuvu.
2. Okukkiririza mu bisuubizo bye , okubanja ebisuubizo nga tusaba.
3. Okwesigama ku kisa kye, n'okukkiriza, mu nkolagana ennungi ey'obwesimbu ne Katonda.
4. Okukola emirimu gye, okugeza nga oyitira mu mwoyo mutukuvu okubeera omuwulize mu bintu byonna.

Bwetusigala mu Kristo, awo obukwakkulizo buno bwonna butuukirizibwa n'ekisa kye. N'olwekyo, okusabira mu linnya lya Yesu kitegeeza okusabira mu maanyi ge.

80 ebisingawo, laba*: www.steps-to-personal-revival.info* wansi wa "Enkulakulana."
81 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo, p. 115.*
82 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo,* p. 147.
83 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo*, pp. 100, 101.

Yasuubiza okwanukula essaala zaffe. Kino kiraga nti Yesu alina obwesige bungi nnyo mw'abo ababeera mu ye. Tusobola okuganyulwa mu bisuubizo byonna okuyita mu kristo okubeera mu ffe. [84] "Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo mwe muli weewaawo, era oyo ky'ava aleeta amiia." (2 Abakkolinso 1:20) "Kubanga obuyinza bw'obwaKatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'ebyokutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye [kino kitegeeza enkolagana eyanamaddala ne Yesu Kristo]: Ebyatuweesa **ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene ennyo, olw'ebyo mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda."**(2 Peetero 1:3,4, KJV) Wekkaanye enkola ya Katonda eyewunyisa: Amaze okutuwa bye twetaaga okubeerawo era n'okubeera mu bulamu obw'obwaKatonda. Tuwebwa ebirabo bino okuyita mu nkolagaana eyanamaddala ne Kristo. Ebintu bino bitukwasibwa mu nkolagana eno nga tuyita mu kubanja ebisuubizo mu kusaba, ekyo kwe, kuyita mu kusaba okw'okukkiriza tusobole okugabana mu butonde obwobwaKatonda.

## Okununulibwa okuva mu maanyi g'ekibi

" Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambulira mu mubiri, naye mu mwoyo. Kubanga eteeka ery'omwoyo gw'obulamu [ago ge maanyi agawa obulamu aga Mwoyo mutukuvu] mu Kisto Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu teeka ly'ekibi n'eryokufa." (Abaruumi 8:1,3)

Lwaki tewaliiwo kusingisibwa musango eri abo abali mu yesu? Ekisooka, kubanga Kristo omusango agututte negumuteekebwako. Eky'okubiri, bw'abeera mu ffe enjegere z'ekibi zimenyebwa; naye tuba tukyasobola okwonoona. Abaggalattiya 5:16 wogera ku kintu ekikulu ku kununulibwa okuva mu maanyi g'ekibi: "Mutambulirenga mu Mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri."

Ennyiriri eziddirira mu Baggalattiya 5, olunyiriri 17 ne 18, zinyonnyola nti kiri ku bulamu ne Mwoyo mutukuvu. Ennyiriri 19-21 ziraga emirimu gy'omubiri, gyetutalina kukola bwetubeera ne Mwoyo mutukuvu. Kristo mu ffe atutangira ekibi n'emirimu gya bamalayika abaagwa, nga 1 Yokaana 5:18 bw'akikkatiriza: "tumanyi nga buli muntu yenna ayazaalibwa Katonda takola kibi, naye eyazaalibwa Katonda amukuuma, omubi n'atamukomako." (NIRV) Kristo ajjuza emitima gyaffe ne Mwoyo mutukuvu ekibi nga tekirina kifo. Naye, mu kadde kano, tulina okukimanya nti "omuntu owomunda addizibwa buggya buli lunaku" (2 Abakkolinso 4:16).

---

84 Okubanja ebisuubizo mu kusaba kukwatibwako mu bujjuvu mu *Emitendera egy'okwezza obuggya* aka H. Haubeil, essuula 5: Ekisumuluzo mu kuteeka mu nkola

## Kristo mu ffe atusendasenda obutakola kibi.

Mu 1 Yokaana 3:6 – 9, Tusoma ebigambo bino ebizito ebikwata ku kibi: “tewali muntu yenna abeera mu ye akola kibi, buli muntu yenna akola nga tamulabagako, so nga tamutegeera. Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyanga, akola obutuukirivu ye mutuukirivu, nga ye bw’ali omutuukirivu. Akola ekibi wa sitaani, kubanga okuva ku luberyeberye sitaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kye yava alabisibwa amalewo ebikolwa bya sitaani. Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi, kubanga ensigo ye ebeera mu ye, so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda.” (ESV)

Abakugu mu Buyonaaani edda batugamba nti ebigambo bino ebisongovu ku kuyakayakana byogera ku kuyakayakana okw’emize. Okusinziira ku biwandiiko mu luyonaani ebyasooka, bigamba, “tayonoona bulijjo, ekigamba, omuze ( naye oluusi asobola okugwa mu kibi). Ng’abaana ba Katonda tukola ekyo ekituufu era tukuuma amateeka ga Katonda.”85 Kino kitegeeza nti Kristo muffe era ali naffe, tusobola okuleka emize gyaffe egy’ekibi. Obulamu bwaffe ne “Krito muffe” butuyamba okufuna obuwanguzi ku miziziko gy’ekibi.

## Tunaafuuka ba “mubiri” nate bwe twonoona?

Tunakijjukira nti okuyita mu nkyukakyuka eno ey’ebyewuunyo tetufuna bulamu obutaliimu kwonoona. Tusobola okugwa mu kibi okuyita mu bunafu, okupapiriza, oba obusiru bwaffe. Embeera eyo bwetuukawo, awo twetaaga “okussa mu mwoyo”. Kino kitegeeza okwenenya ebibi byaffe, okukkiriza okusonyiyibwa, era nate okusaba okujjula Mwoyo mutukuvu. Kasita tuba nga “tussa mu Mwoyo”, tujja kusigala abakkiriza ab’omwoyo era tetujja kufuuka ba mubiri nate. Ekibi tekitusalako nkolagana yaffe ne Katonda ey’omwoyo; Naye, okutataaganya kuno kwetulina okwaŋŋanga.

Tujja kufuuka ba mubiri nate singa tukkiriza okuwakana okutusimbamu emirandira era netuleka “okussa Omwoyo”. Obutonde bwaffe obw’ekibi tusigala nabwo okutuusa okujja kwa Kristo okw’okubiri. Tewali mutume yali agambye nti ye talina kibi, naye, “ Kristo muffe” akola enkyukakyuka ay’amaanyi ddala mu nkolagano yaffe n’ekibi.

## Ebivaamu ebirabwaako.

Omutume Yokaana awandiika: “ mbawandiikidde ebyo mulemenga okukola ekibi. Era omuntu yenna bw’akola ekibi, tulina okumuwolereza eri kitaffe, Yesu Kristo omutuukirivu.” (1 Yokaana 2:1) Katonda ayagala tubeere mu bulamu obutalina kibi mu Kristo, naye bwe

85 Werner E. Lange, Hrgb., unser grobBtes Bedurfnis (Luneburg: 2011), S. 31.

twonoona, awo tusobola okusaba okutuwolereza okusonyiyibwa n'okukufuna. Ellen White agamba, " Ekibi kirina okuwakanyizibwa n'okuwangulwa okuyita mu busobozi obw'amaanyi ag'omuntu ow'okusatu ow'omutwe gwa Katonda, oyo ajja n'amaanyi agatakyusibwa, naye mu bujjuvu obw'amaanyi ag'obwaKatonda." [86]

Okuyita mu Kristo okubeera muffe ng'ayitira mu Mwoyo mutukuvu, amaanyi g'ekibi ku ffe gamenyebwa era ne kikendereza ddala emirundi gye twonoona.

**Obulamu obulungi**

Kristo mu ffe ajja kutukozesa okufa ku bulamu bwaffe: "Omwagalwa , nsaba obeerenga bulungi mu bigambo byonna era obeerenga n'obulamu, ng'omwoyo gwo bwe gubeera obulungi." (3 Yokaana 2, KJV) "Era Katonda ow'emirembe yennyini abatukulize ddala, era omwoyo gwammwe n'obulamu n'omubiri byonna awamu bikuumibwenga awatali kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Abayita mwesigwa , n'okukola ye alikola." (1 Abasessaloniika 5:23, 24, KJV)

Mu ssomo eryaweebwa Dr. Sang Lee eyakuguka mu butoffaali obulambika obutonde, yakifalaasira nti okuyita mu nkolagana ey'okwesiga ne Kristo obutoffaali bwaffe obw'obutonde bukola bulungi nebukola ebirungo eby'obulamu.

Obuyungiro wakati w'okukkiriza n'obulamu bwe bubaka ensi bweyetaaga amangu ddala. Obubaka buno engeri yokka gyebusobola okutwalibwa kwe kuyita mu 'bayigirizwa' ba Yesu, abo abeewonga na kyonna kye bali ne bye balina , abo abasaba okuwebwa Mwoyo mutukuvu buli lunaku, era ababeerawo okusinziira ku magezi agakyuza oby'omulamu. Emisomo egyakolebwa ku bantu 35,000 mu kiseera ekisukka mu myaka asatu wansi w'obulabirizi bwa Professor Grossarth – Matricek gy'alaga ekintu ekisinga okuba eky'amaanyi mu kufuna obulamu obulungi kwe kwagala, Enkolagana ebalukewo ne Katonda. Enkolagana eno bwe beerawo, awo ebirala , nga: okulya obulungi, dduyiro, n'okweyisa obulungi, binywezebwa emirundi mingi.[87] kino kiraga bulungi amakulu g'olunnyiriri lwa bayibuli luno: "Kubanga okwemanyiiza kw'omubiri kigasa akaseera katono, naye okutya Katonda kugasa mu byonna, kubanga kulina okusuubiza kw'obulamu obwa kaakano n'obwo obugenda okujja." (1 Timoseewo 4:8) Mu katabo 3 ak'ennaku 40 mu bututundundu obugoberegana, ennaku 40: Amateeka ga Katonda ag'obulamu eri abantu be ab'ennaku ezisembayo, Dennis Smith ALaga engeri endala ey'eby'obulamu okwawukana kw'eyo gye tumanyi. Ayogera ku ngeri amaanyi ga Mwoyo mutukuvu gye gatunyweza ne gakola okukyusa embeera z'obulamu bwaffe. N'olwekyo, obulamu bw'endowooza bulina omugaso gwa maanyi nnyo.

86 Ellen G. White, Muliweebwa amaanyi, January 5; p. 13.
87 Okusinziira ku mit Newstart okubeera obulungi okuleetebwa eddagala – Plus, aka Drs. Heide (Leipzig:, 2014), pp.333,334.

Smith annyonnyola: "Ennaku zino 40 ezok'okusinza zijja kutulaga engeri gye tuyinza okukolagana ne Katonda okufuna okuzibwa obuggya okujjuvu mu bulamu obwabulijjo, mu birowoozo ne mu mwoyo, ebintu by'ayagala tufune."[88]

Omusuubuzi omu yawandiika: " Nakkiriza obubaka obw'ebyobulamu okuyita mu kujjula okwa Mwoyo mutukuvu buli lunaku. Kino nga tekinabaawo, tewali musomo na gumu gwa byabulamu gwali gulina kye gunkozeeko. Nayagalanga nnyo okulya ennyama era nga sirina kika nti kino kye njagala okulya; era nanywanga kaawa ne kyaayi mukalu. Nali sirowooza nti kino kisobola okubeera ekizibu. Oluusi era nanywanga ne biya. Okuva 2009 mbaddenga nsaba okujjula Mwoyo mutukuvu. Yamattiza okwewala okulya ennyama, kaawa, kyayi mukalu, ne biya. Nafuuka muli wa birime byokka. Nkizudde nti obulamu ne mwoyo mutukuvu gwe musingi gw'obuwanguzi mu bintu byonna, okuli embeera ez'obuntu ne neeyisa."[89]

Mwanyinnaffe yawandiika wansi w'omutwe " Okweweerayo ddala kwakyusa obulamu bwange" (wano tugabana ebikwata ku bulamu byokka): " buli lunaku mpita Mwoyo mutukuvu okubeera n'okukolera mu mutima gwange….. kati sikyalya buli kadde. Mu maanyi gange ekyo kyali tekisoboka . Nsobola okutuukiriza ebyetaago byange nga ndi mu mirembe era obuvunanyizibwa tebukyaneerarikiriza mu ngeri emalako emirembe. Katonda era yampa amaanyi okuva ku kunywa kaawa. Emabegako, kino kyandibadde tekirowoozeka, kubanga bwe nava ku kunywa kaawa nafuna okulumizibwa kw'omutwe okw'amaanyi okumala ennaku taano. Buno bubonero bwa maanyi obuva mu kuva ku kintu. Ku mulundi guno saalowooza nakulowooza ku byekinanviiramu. Kyokka kye nnali manyi nti nali sikyayagala . leero, nina obwagazi bwakyo obusingako. Nayita mu mbeera y'emu n'ennyama. Famire yange nange twali tetwagala kwewala kulya nnyama. Lero kinyanguyira nnyo – sikyajooya."[90] Omu ku bakugu mu by'obulabu ab'okuntikko yawandiika: " obwetaavu bw'ekiseera kyaffe obwaddala ssi kusomesa bya bulamu – tulina okumanya okumala ku bbyo. Ekyetaagisa, kwe kumanya ku by'obulamu nga tubikwataganya n'amaanyi ag'okubiteeka mu nkola. Kiri ku maanyi okukola enkyukakyuka."[91]

Enjiri etuwa amaanyi okukola enkyukakyuka, kulwa Kristo ali mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu.

---

88 Dennis Smith, ennaku 40: Amateeka ga Katonda ag'ebyobulamu eri abantu be ab'ennaku ezisembayo, Akatabo 3 ( Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2012), Olunaku 1.

89 Obubaka okuva mu kasunduke k'okulutimba omusuubuzi nga 3 ne 21 march 2013, Kafunzibwa n'ekakwataganizibwa.

90 Obujjulizi obujjuvu busobola okusomebwa mu German ku www.missionsbrief.de – Archiv – Mission Vollige Hingabe Veranderte mein Leben.

91 Don Macintosh, Akulira Newstart Global, USA, mu D'sozo, (Remnant USA), ebigambo ebisookebwako.

**Enkyukakyuka ey'omuggundu mu bulamu bwa Hudson Taylor**

Hudson Taylor bwe yali mu mitambo gy'obuminsani mu China – mu massekkati, yafuna ebbaluwa okuva ewa munne mu buminsani Mc Carthy. Katonda yakozesa ebbaluwa eno okubikkula amaaso ge eri amazima agewuunyisa ag'okubeera mu Kristo, naye okubeera mu ffe. Kya bikkula amazima ku kyama eky'omukago wakati w'omukkiriza ne Kristo. Okuva ku lunaku luno, Ekkubo lya Taylor ne Katonda lyafuuka ery'eddembe, okuwummula, n'obuwanguzi. Munne mu buminsani yalaba enkyukakyuka eno. Bayogera ku ngeri Taylor gye yali akutte ekkubo eppya ng'omusajja omuppya mu nsi empya okugabana obujulizi bwe kw'ekyo mukama kye yali amukoledde.

Taylor yawandiikira mwannyina mu England ebbaluwa. Yagezaako okunyonnyola amazima gano ag'ebyewuunyo geyali azudde n'ebyewuunyisa byeyafuna ne Katonda we. Yawandiika: " Omulimu gwange tegubangako mugazi, nga gujjudde obuvunaanyizibwa era nga mukalubo nga kati, naye kati obuzito n'okukaluubiriza biviriddewo ddala. Omwezi oguwedde ndowooza gwegukyasinze okuba ogw'essanyu mu bulamu bwange. Njagala okukugamba akatono kw'ebyo Mukama by'ankoledde. Simanyi oba nina obusobozi obukitangaaza, kubanga tewali kiri awo kipya oba kitali kya bulijjo oba ekisavuwaziddwa kyokka ate nga buli kimu kipya! Mu byonna: 'we nnali nzibye amaaso kati ndaba!' Olubengo lwange we lwali lusinga, Katonda yakozesa ebigambo mu bbaluwa okuva ewa MC Cathy okusuula obuzito okuva mu maaso gange. Omwoyo wa Katonda yandaga amazima agakwata ku bumu mu Yesu mu ngeri gye nnali sikimanyangako."

Taylor mu bbaluwa ye agenda mumaaso n'anyonnyola engeri Mukama gye yaggula entegeera ye ey'ebigambo bya Kristo – nti ye muzabibbu era abakkiriza matabi.. Yawandiika: "ooh essanyu ly'okulaba amazima!" Awo nayongerako: "ekitundu ekisinga obuwoomi – omuntu bw'aba wakwogera ku kitundu ekisinga kinnaakyo obuwoomi, kwekuwummula okuleetebwa okwewa [okusalawo n'okwewaayo] Kristo kyekuleeta. Sikyelalikirira kintu kyonna, era bwe nzuula kino; eri ye, manyi, asobola okukola okwagala kwe, era okwagala kwe kwe kwagala kwange. Tekirina buzibu wa wanteeka, oba akikoze atya. Ekisinga okwetaagibwa nti atunuulire kino okusinga nze. Kuba mu kifo ekisinga obwangu alina okumpa ekisakye, ne mu kifo ekisanga obuzibu ekisa kye kimala."

Dennis Smith ayogera bino ku mbeera Taylor gyeyayitamu: " Hudson Taylor yazuula ekyama ey'obuwanguzi mu lugendo lwe ne Katonda. Yazuula engeri eyokufuna eddembe erisinga mu buli mbeera mu buweereza bwe eri Kristo. Katonda agaba obuwanguzi bwe bumu n'eddembe rye limu eri abaana be bonna. Oyagala okufuna obuwanguzi n'eddembe? Okusaba kwange kuli nti buli muntu…….

azuule obuwanguzi buno bwennyini era mu Kristo – essanyu eryali lirabika nga eritasoboka kufunibwa mu kusooka."[92]

Negatta mu kusaba kuno n'okwagaliza buli omu abeera mu Kristo okuyita mu Mwoyo mutukuvu omuyiiko n'obulamu obujjudde ebibala mu Kristo, ogulimu amaanyi agatali g'abutonde ag'omwoyo mutukuvu. "Abeera mu nze , nange mu ye, oyo abala ebibala bingi." (Yokaana 15:5, KJV)

Yesu yeyogerako: " Kitange bw'abeera mu nze, akola emirimu gye." (Yokaana 14:10,KJV) Yesu ayagala nnyo nti gwe nange tusobole okugamba, Yesu Kristo, oyo abeera mu nze, atuukiriza emirimu gye. "Kristo mu mutima, Kristo mu bulamu, buno bwe bukuumi bwaffe."[93]

Essaala: *Mukama yesu, Kineewunyisa okumanya amazima nti oyagala kuyingira obulamu bwange. Bwe nkuwa obulamu bwange, ojja kunzijjuza Mwoyo mutukuvu. Njagala okukutendereza n'okukwebaza nti okuyita mu kisa kya Katonda ofuuse omuge, obutuukirivu, obuwongero n'obununuzi bwange. (1 Abakkolinso1:30). Nkwegayirira ompe essanyu n'okukula okuyita mu bubeezi naawe mu Mwoyo mutukuvu. Amiina."*

---

92 Dennis Smith, *Okubatizibwa omwoyo n'okubeera mu Kristo*, p. 10, 11. Kalagirirwa okweyongera okusoma: Dennis Smith, *ennaku 40: okusaba n'okwemaliza mu kwetegekera okujja okw'okubiri*, akatabo1 (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2009), naddala olunaku 4: " Kristo mu ggwe," p. 18, wamu n'ekitundu eky'okuna eky'akatobo, *okubtizibwa Omwoyo n'okubeera mu Kristo*, pp.81 – 102.

93 Ellen G. White*, Obuweereza obw'okuwonya*, p.511.

**Katonda atulindiridde okuyaayanira Mwoyo mutukuvu**

“Amaanyi ga Katonda galindiridde obwetaavu n’okuggulirwawo. Gino emikisa egyasubizibwa, egibanjibwa n’okukkiriza, gireeta emikisa gyonna emirala mu kigaali kyagyo. Kiweebwa okusinziira ku bugagga bw’ekisa.” DA672.1 #13

## Abafumbo ne Mwoyo mutukuvu

**Obumu obw’amaanyi ng’abafumbo.**

Baze nange twafuna emikisa mingi bwe twasoma *Emitendera mu kwezza obuggya*. Tuli mu kukasomera wamu omulundi ogw’okusatu! Bye tuyiseemu mu bulamu kabiteeka mu bigambo era kalaga empenda ez’obulamu obutategeerekeka. Okusoma n’okusabira awamu kituleetedde okukwatagana ennyo n’obumu mu ngeri gye tutakifunangako! Kirungi nnyo okubeera tiimu! Okukola, okusaba, okusomesa n’okuweereza abalala mu sanyu ng’eryo! Tusobola kugula wa akasanduuko k’obutabo obwo? A.C. kifunziddwa, #119

**Ebyafunibwa ebirungi ennyo**

Akatabo ennaku 40 kaatuwa ebintu ebirungi. Okusookera ddala wajjawo okwezza obuggya. Okuyita mu kusomera awamu n’okuwanyisiganya ebirowoozo mu budde bw’okumakya, twakwatagana nnyo mu mwoyo nga abafumbo. Oluvannyuma lw’okusabira awamu twafuna obukulembeze bw’omukono gwa Katonda buli lunaku – ne mu mbeera ezabulijjo z’oyinza okubuusa amaaso. Tekinyonnyolekeka omuwendo gw’amaanyi ge twafuna okuyita mu buli lunaku. C.A.K.R. (amannya gafunziddwa),#3

**Nalwananga mu bulamu bwange obw’obufumbo**

Ntendereza Katonda olwokuggula amaaso gange ag’omwoyo okuva lwe nasoma akatabo Emitendera mu Kwezza obuggya. Sikyaali mukulisitaayo y’omu. Ng’omwadiventi, nalowooza nti nali mukulisitaayo alina obumanyirivu, naye munda muli nakizuula nti mwalimu ekibulamu. Nalwananga mu bufumbo bwange nga njagala enkolagana ennungi ne baze, nga naye memba wa kkanisa. Kati tusaba ffena era buli omu akubiriza munne okukyalira ekkanisa. #120

**Akatabo kano kayamba n’abafumbo**

Nagenda mu duuka ly’Abadiveenti eritunda ebitabo. Eyo naweebwa akatabo. *Emitendera mu kwezza obuggya.* Nali saagala kukatwala. Omukyala eyali atunda nansindiikiriza n’agamba, ‟akatabo kano era kayamba n’abafumbo. Muwala wa senga wange yayawukana ne bba. Akatabo kano kabaddiŋŋanya. Kati basabira wamu ne mu kkanisa bagenda bonna.” Kale akatabo nakagula era nkafunye nga ekintu eky’omuwendo ennyo. #120a

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *Bintu ki eby'enjawulo ebiva mu bumu ne Kristo?*

   ______________________________________________

2. *Kitegeezaki okusabira mu Mwoyo wa Yesu?*

   ______________________________________________

   ______________________________________________

3. *Kristo atuukirizaaki mu ffe ekikwata ku kibi?*

   ______________________________________________

4. *Tutuuka mu bulamu obutali bwa kwonoona okuyita mu yesu?*

   ______________________________________________

5. *Okukkiriza n'obulamu birina kakwaate ki?*

   ______________________________________________

   ______________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Nti "Krito mu ffe" ajja kubeera nebimuvaamu ebirabwako mu bulamu bwaffe obwa buli lunaku.*
2. *Okufuna okutegeera n'obusobozi okusabira mu Mwoyo wa Yesu.*
3. *Okusobola okufuna okununulibwa okw'okuwangula emize egy'ekibi.*
4. *Nti ajja kututangira okwemanya kw'omwoyo n'obutaba bazuukufu.*

Olunaku 7

## ESSUULA 4

# OBUWULIZE OKUYITA MU YESU

*Nsobola ntya okubeera mu buwulize obw'essanyu?*
*Lwaki liba sanyu?*
*Lwaki obuwulize bukolebwa ku bwa bulungi bwange?*

*Obuwulize okuyita mu Yesu mu nze" bukola butya?*
*Obuwurize obw'okukkiriza bwa nkolagana*
*Wakati wa Katonda n'omuntu?*
*Katonda akolaki? Omuntu akolaki?*

**Bayibuli n'ennambika y'obudde bw'eggaali y'omukka**

Mu biseera by'olukuŋŋana e Frankfurt am Main, mu German, abayizi b'eddiini baabuuza namukadde omuminsani omukyayina Hudson Taylor, " Osobola otya okukkiriza buli kigambo ekiri mu bayibuli?"

Okudamu kwe kwali: " bw'oba oyagala okuddayo eka enkya, ojja kubikkula ekitabo ekirambika obudde bw'entabula bw'eggaali y'omukka era okebere obudde bwezisimbula. Era bw'osanga nga eggaali esimbula ku 7:00 a.m, awo tojja kubuuza bibuuzo birala, naye ogenda mu kifo wezisimba ku lunaku oluddako era n'osangayo eggaali yo nga yetegese okusimbula. Kale nga bw'okozesa okulambikibwa kwentambula y'eggaali z'omukka kuno, nange nkoze ky'ekimu ne Bayibuli n'amateeka gaayo n'ebisuubizo okumala emyaka 50 egiyise. Nfunye okulaba ebiragiro by'ayo okubeera ebituufu mu bulamu bwange obuwanvu ne mu bikumi n'ebikumi eby'enjega ez'omutawaana. Eky'okulabirako, Bayibuli bw'egamba: 'Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe, era ebyo byonna mulibyongerwako.' (Matayo 6:33) Nagoberera ebiragiro bino era tebinjiwangako mu mbeera zonna enzibu. Bwe mukola ky'ekimu, mujja kufuna bye bimu nga nze." 94

Okwefumintiriza ku buwurize okuyita mu Kristo kujja kutuwa essanyu lingi. Ekyo twagala okukikola kati. Obuwurize buno bulina erinnya ery'enjawulo: obuwulize obw'okukkiriza.

94 Alipoota ya Prof. Dr. Karl Heim mu bw'okwemaliza, bye sirina kati.

## Abaweereza Katonda abayita  bakole ki?

Mu Baruumi 1:5, nasanga ekiragiro eky'omuwendo ennyo gyendi nga omuweereza ow'enjiri: "*Eyatuweesa ekisa n'obutume olw'okuwulira okuva mu kukkiriza mu mawanga gonna, olw'erinnya lye*." (ESV)

Kino kitegeeza nti Katonda ayita abantu mu buweereza basobole okukulembera abalala mu buwulize obw'okukkiriza. Kino kyetaagisa nti ntegeere ensonga eno bulungi, era nti nga nina obuyambi bwa Katonda mbeera kyakulabirako kirungi. Bwe nkola kino, awo mbeera nkolera mu linnya lye, ekitegeeza mu buyinza bwa Yesu Kristo.

## Obuwulize obw'okukkiriza bufunibwa butya?

Ebigambo ebyenkomenkerero eby'ebbaluwa eri Abaruumi bigattako ekirowoozo ekirala: engeri Katonda gy'ayagala okutuukiriza obuwulize obw'okukkiriza? "era oyo ayinza okanyweza ng'enjiri yange n'okubuulirwa kwa Yesu Kristo bwe biri, ng'ekyama bwe kibikkuddwa ekyasirikirwa okuva mu biro eby'emirembe n'emirembe, naye kaakati kirabise ne kitegeezebwa amawanga gonna mu byawandiikibwa bya bannabbi, nga bwe yalagira Katonda ataggwaawo, **olw'okuwulira okuva mu kukkiriza**,Katonda ow'amagezi omu yekka aweebwenga ekitiibwa ku bwa Yesu Kristo emirembe egitaggwaawo. Amiina." (Abaruumi 16:25-27,KJV)

**Ennyiriri zino zinnyonyola nti ekyama kyalagibwa ku lwekigendererwa  - okuyimusa obuwulize,** newankubadde tezinyonnyola ekyama kye ki. Okunyonnyola tukusanga mu bakkolosaayi 1:27: "Katonda beyayagala okutegeeza obugagga obw'ekitiibwa eky'ekyama kino bwe buli mu b'amawanga, ekyo  ye Kristo  mu mmwe, essuubi ery'ekitiibwa."

**Ekyama kiri: Kristo mu ffe.** Era kiki ekiddirira nga obuwulize obw'okukkiriza mu Kristo bufunise? " n'olwekyo, omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya." (2 abakkolinso 5:17) Tulina obulamu buggya ne Kristo mu ffe. Olunyiriri olulala lunyonnyola ku bulamu obuggya bweruti: "mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda." (Abaefeso 3:19)

## Tutegeera tutya obulamu obuli mu buwulize obw'okukkiriza?

Entegeera yaffe ekyukira amateeka ge. "ebiragiro bye tebizitowa." (1 Yokaana 5:3,KJV) "Kubanga ekikoligo kyange si kizibu", Yesu yagamba (Matayo 11:30).

" Era naasanyukiranga ebyo bye walagira" (Zabbuli 119:47), kubanga  " gampomera okusinga enkumi n'enkumi y'ebitundu ebya Zaabu ne ffeeza." (Olunyiriri 72), " gampomera

okusinga omubisi gw'enjuki mu kamwa kange" (Olunyiriri 103), era "Nsanyukira ekigambo kyo (Olunyiriri 162). Kimpa emirembe mingi" (Olunyiriri 165). Obuwulize obw'okukkiriza kintu kirungi.

## Twetaaga omusingi gw'obulamu bwaffe omunywevu

Omutontomi omugyamani Matthias Claudius awandiika: "omuntu yetaaga okwenyweza ku kintu ekigumu, ekintu ekitamwesigamyeko, wabula ekintu ekyo kyasobola okwesigamako."[95] Ennaku zino abantu bangi babonaabona wansi w'okuzitoowererwa ebirowoozo, olw'okuba tebalina musingi mugumu okw'obutabeera na kukkiriza. Okuyita mu nkolagana eya nnamaddala naye, Katonda ayagala okutuwa omusingi omugumu ogwesigamye ku kigambo kye.

Omutontomi ono omukulisitaayo atulaga nti twetaaga omusingi omugumu n'omutindo ogwesigika mu bulamu bwaffe. Wa wetusobola okusanga omusingi omunywevu? Katonda yateekawo dda omusingi guno. Elinnya lye ye Yesu Kristo. "kubanga tewali muntu ayinza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa, ye Yesu Kristo. (1 Abakkolinso 3:11, KJV) Yesu ye yekka asobola okutuwa omusingi gw'obulamu omunywevu.

## Omutindo gw'obulamu ogusinga tusobola kugusanga wa?

Ye ani atuukiridde okusobola okuteekawo omutindo? Ani asobola okusalawo ekituufu? Bayibuli ewa okwanukula okutegeerekeka obulungi mu Zabbuli 99:4: "Gwe onyweza obutuukirivu." (eyenkola ya - German Luther). Ne Zabbuli 111:7,8 eyongerako: "Emirimu egy'emikono gye ge mazima n'omusango, ebiragiro bye byonna binywera. biteekebwako emirembe n'emirembe , bikolebwa mu mazima nobutuukirivu." (cf. Zabbuli 148:6)

Katonda, omutonzi, yanyweza ekituufu. Tewali mulala okugyako Katonda alina obuyinza okuteekawo omutindo oba amateeka. Omutonzi yekka, nannyini bintu byonna, y'alina obuyinza. Tewali muntu yenna mulala alina obusobozi okuzinga byonna n'abitegeera bulungi; Katonda yekka ye nannyini kumanya era ye nannyini magezi.

Empisa ez'oyo ateekawo omutindo za mugaso nnyo. Bayibuli etulaga nti omukwano gwa Katonda; yensibuko y'okwagala n'amazima, essanyu n'obwenkanya. Ku lw'ekikula kye ekirungi ennyo, obusobozi bwe obulatiiko kkomo n'obumanyi, Katonda yasobola okuteekerawo ba malayika amateeka, abo ababeera mu nsi endala, abantu, n'ensolo. Omutonzi alina okwagala yateekawo embeera z'obulamu ezisinga okubusaanyiza.

Kino teyakikola na mateeeka ga butonde gokka, mu ky'okulabirako, ebintu ebitakyuka ku nsi eno – obuwanvu bw'olugendo okuva ku Njuba n'omwezi, n'ensimba y'empagi z'ensi, n'ebirala, naye era yateekawo amateeka ku lw'essanyu

---

95 *Mathias Claudius* ( Edition Steinkopf, 1982), S. 10.

ery'abantu mu nnono n'empisa (cf. Yeremiya 7:23). Kitaffe omwagalwa ow'omuggulu yatuteekerawo ebiragiro ebirungi.

Twagala okujjukira ekirowoozo kino bwetunaaba twogera ku kintu ekitali kya bulijjo mu biseera eby'enkomerero – Okutabulwa okw'amaanyi okukwata ku kugondera amateeka ga Katonda.

**Okutabulwa okuli mu kugondera amateeka ga Katonda**

Pawulo agamba mu 2 Bakkolinso 4:3,4, "Naye okubikkibwako oba ng'enjiri yaffe ebikkibwako, ebikkibwako mw'abo ababula.katonda ow'emirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe abatakkiriza, musana gw'enjiri ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda, gulemenga okubaakira." KJV).

Sitaani aziba amaaso n'okubuzaazuza. Endowooza ebuzaabuziddwa kisobola okutegeeza ebintu bibiri: ekisooka nti ebintu ebimu n'okulabwa tebirabibwa, ne kibeera nti ebintu ebimu bibuzaazuziddwa oba bikwekeddwa. Eky'okubiri, kisobola okutegeeza nti endowooza " erogeddwa," nti ebikyamu yo ebiraba nga ebituufu. Tetukizuula engeri ebirowoozo bino gye bituwagikibwako mumagezi. Okubuzaabuzibwa n'okusibibwa akakookolo kuno kulemesa okulaba ekituufu.

Ebyawandikibwa biraga nti kino kituuka ku batali bakkiriza. Naye tulina kye tuzudde ekikuba enkyukwe nti ekintu ky'ekimu kituuka ku bakkiriza ab'omubiri. Belangirira okubeera aba Yesu naye nga tebeewereddeyo ddala gy'ali. Eyo ye nsonga lwaki " katonda ow'ensi eno" asobola okubaziba amaaso.

Ndi mumativu nti sitaani akakookolo kano akagezaako ne ku bakkiriza ab'Omwoyo . Yesu agamba mu Matayo 24:24 *" bwekiba kisoboka bakyamye n'abalonde*." (KJV) 1Yokaana 5:18 okusinziira ku bayibuli, era German Luther agamba: "….*buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda amukuuma , omubi n'atamukomako*.." "Sitaani takulembera nsi empambe kyokka, naye obulimba bwe buzimbulukukira mu ekkanisa ezelangirira okubeera eza mukama waffe Yesu Kristo." 96 Yesu kino akinyonnyola bulungi mu bubaka bwe eri ekkanisa ey'omu Lawodikiya mu kubikkulirwa 3:17.

Mu bye yayigiriza ku birikolebwa ku nkomerero mu Matayo 24 ne 25, Yesu emirundi enna ayogera ku kaboreno kamu ak'enkomerero: Obulimba. Obulimba na kati bw'amaanyi nnyo, naye bujja kweyongera. Ani ali mu kuteekebwako akakookolo, ayinza n'okukitegeera. Ndowooza buli omu kuffe alina okwekubamu tookyi. Tulina okukizuula nti Mwoyo mutukuvu yekka yasobola okutuzibula amaaso okutegeera ekituufu n'obulimba.

Awantu wamu aw'obulimba obw'amanyi wakwata ku Buwurize eri okwagala kwa Katonda, eri ekigambo kya Katonda, n'eri amateeka ge. Bangi tebamanyi bulungi kika kya

96 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo*, p. 414.

buwulize ki Katonda ky'ayagala era kisoboka kitya ffe okubeera abawulize. Buno bwe buwulize obw'okukkiriza - Obuwulize obw'ekika eky'enjawulo.

## Obuwulize obw'okukkiriza ky'eki?

Tusanga engeri nyingi ezisobola okunyonnyola ekigambo kino omutume Pawulo z'eyagunjawo. Bwe buwulize obugoberera enteekateeka ya Katonda oy'obununuzi yokka. Kino kiri ku kuyingira enkolagana ey'obwesigwa ne Yesu okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Ekivaamu kwe kunulibwa okuyita mu ssaddaaka ya Kristo. Okwewaayo kwange eri Yesu kutwaliramu okukuuma amateeka okuyita mu maanyi ga Mwoyo mutukuvu. Si buwulize okuyita mu kawefube wange.

Pawulo yasalawo okuwakanya obuwulize mu mateeka ga Bafarisaayo, ekyali kitegeeza okuwangula ekkubo erigenda mu bwa kabaka bwa Katonda mu kugoberera amateeka ga Katonda gokka. Akilambulula nti obuyigirizwa obutuufu bwetaaga obuwulize, naye obuwurize buno bwawukana ku bwa Bafalisaayo. Butandikira ku kukkiriza obuunuzi bwa Yesu Kristo mu sanyu. Kuvaamu ebikolwa eby'obuwulize mu bulamu bw'omuntu ng'omuyigirizwa wa Yesu.

Obuwulize buno bwegimye ku bwesigwa, obuva ku mutima. Dennis Smith awandiika: "Omuntu bw'abeera mu nkolagalana ey'amaanyi ne Katonda okuyita mu Mwoyo mutukuvu, awo obuwulize bujja bwokka era buva ku mutima, nga tebulowoozeddwako nnyo."[97] Bwe buwulize obusobozebwa enkolagana y'obwakatonda n'omuntu .

## Katonda abikkudde ekyama

Okufunza Abaruumi 16:25,27: Okuyita mu kiragiro ekyobulamu obutaggwaawo ekyama kyabikulwa, okuteekawo obuwulize obw'okukkiriza. Ku kiragiro kya Katonda, Ekyama kino ekya Kristo mu ffe kikola obuwulize obw'okukkiriza. Obuwulize obw'okukkiriza n'olwekyo kuba kwesiga Katonda okwa kyeyagalire era nga kwesigama ku bwesigwa n'okutegeera nti amateeka ge galiwo ku lwa bulungi bwaffe, tusalawo okubeera abawulize.

" Mu kifo ky'okumusumulula omuntu okuva mu buwulize, kiri mu kukkiriza, era kukkiriza kwokka, okutufuula abaganyulwa mu kisa kya Kristo, ekitusobozesa okukola obuwulize."[98]

97 Dennis Smith, *Ennaku 40: okusaba n'okwemaliza mu kwetegekera okujja okw'okubiri*, akatabo1, pp. 21, 22.
98 Ellen G. White , *Emitendera eri Kristo*, pp. 66, 61.

## Kiki ekiri mu kyama kino?

Pawulo atulaga mu Bakkolosaayi 1:25 – 27 nti yafuulibwa *"Nze gye nafuukira omuweereza waayo, ng'obuwanika bwa Katonda bwe buli bwe naweebwa…..okutuukiriza ekigambo kya ;* ***ekyama ekyaweebwa okuva edda n'edda n'emirembe n'emirembe, naye kaakano kyolesebbwa*** *eri abatukuvu be."* (KJV) Ekyama kino kya kika ki? " *Katonda be yayagala okutegeeza (abesiimu be)* ***obugagga obw'ekitiibwa eky'ekyama kino bwe buli…….ekyo kye Kristo mu mmwe, esuubi ery'ekitiibwa."*** (KJV)

Ekyama kino, ekyakwekebwa edda era nga kati kibikuddwa, kiri nti Yesu yennyini ayagala kubeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Ebyawandiikibwa ebinokoddwayo bigamba nti lino ly'esuubi lyaffe ery'ekitiibwa, era kitegeeza nti obulamu obujjuvu Katonda bw'ayagala okutuwa kati n'obulamu obutaggwawo mu kitiibwa busobola okufunika era butukakasiddwa. Enkolagana eno eyannamaddala, Kristo gy'ayagala okubeeramu naffe okuyita mu mwoyo mutukuvu, etulaga omukwano gwa Katonda omungi mu ngeri ey'enjawulo ddala . "Kristo mu ffe" Gwe mutima gw'ekyama kino; Mu makulu agasinga obugazi ye njiri oba enteekateeka y'obununuzi.

Abaruumi 16:25,26 watugamba nti ekyama kino, obuwulize obw'okukkiriza buteekebwaawo oba bukolebwa. Kino kitegeeza nti okuyita mu Kristo tusobola okuba abawurize, era nga twagala okubeera abawulize.

## Kristo atubeeramu atya?

Kisoboka kitya Kristo okubeera mu ffe? Tusoma mu Abaefeso 3:16,17,19: "Abawe (Kitaffe) mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda. Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza, mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala……mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda."

Tugambiddwa:

1. Okuyita mu Mwoyo mutukuvu tuwebwa amaanyi amangi ag'omuntu owomunda.
2. Okuyita mu Mwoyo mutukuvu, Kristo abeera mu ffe ku lw'okukkiriza.
3. Awo, tujja kunywezebwa era tusimbibwe mu kwagala. Yesu Kristo bw'abeera mu ffe, olwo embeera z'okwagala mu ffe zitandika okukula. Bayibuli era kino ekiyita "ebibala eby'omwoyo" (Abaggalattiya 5:22).
4. Kino kituleeta eri obulamu " obujudde n'okujjula kw'obwaKatonda" ( era kebera mu Yokaana 10:10; Abakkolosaayi 1:9,10).

Kiristo mu ffe kitegeeza obuwulize bwaffe kati busoboka, kubanga butuleetebwamu Yesu. Ellen White agamba: " Omwoyo bwe gufuna Kristo, Gufuna amaanyi okubeera mu bulamu bwa Kristo." [99]

99 Ellen G. White, *Amasomo ga Kristo*, p. 314.

Yesu abeera mu ffe bwe tumwesigira ddala, kino, kwe kumwemaliza. Ekiddirira bwe buwulize obw'okukkiriza. Kristo ayagala obulamu bwe obw'obuwanguzi okubeera mu ffe.

Ekirowoozo oky'omuwenda ekyeyongerako kisangibwa mu Baggalattiya 4:19. Omwo Pawulo agamba " Abaana bange abato, abannuma nate okutuusa Kristo lw'alibumbibwa mu mmwe." Pawulo ayagala nnyo Kristo okubeera mu bakkiriza. Yagamba, "Okutuusa Kristo lwalibabumbibwamu." Kitwala banga ki okutuusa ng'omuntu akuze? Kitwala okusoba mu myaka ekumi n'omukaaga oba ekumi n'omusanvu. Nzikiriza nti wano Pawulo yali ayogera ku mitendera egy'okukula. Buli lunaku bwetuteeka obulamu bwaffe eri Kristo era netusaba Mwoyo mutukuvu mu kukkiriza, awo Kristo abeera mu ffe, naye waliwo ekiseera eky'okukula mu nkolagana eno.

## Ebitategeerekeka bulungi

Eky'omukisa omubi, ensonga eziwerako ezikwata ku buwulize tezirambuluddwa bulungi. Okusooka, twagala okutunuulira ensonga enkulu ekwata ku bulamu bwaffe obw'okukkiriza Yesu ze yayogerako: "awatali nze temuliiko kye muyinza kukola." (Yokaana 15:5) Kino era kye kikwata ku kifo ekikulu eky'obuwulize.

Ey'okubiri, Katutunuulire ebigambo ebyomugaso okuva ewa Hellen G. White ebinyonnyola amateeka amakulu agakwata ku buwulize: " oyo yenna agezaako okutuuka mu ggulu ng'akozesa emirimu gye mu kukuuma amateeka, ali mu kugezaako ekitasoboka. Omuntu tasobola kulokolebwa awatali Buwulize, naye mirimu gye tegirina kubeera ku lulwe; Kristo alina okukolera mu ye era n'akolera ku lw'obulungi obw'okwagala kwe." [100]

Ensonga enkulu ssatu zikolebwa:

1. Tekisoboka okutuuka mu ggulu okuyita mu mirimu gyange. Kino kitegeeza nti okwagala okufuna ekintu okuva ewa Katonda (ng'obutuukirivu obw'emirimu) ebeera nsobi.
2. Naye, obuwulize kitundu kya bulamu ne Katonda ekitayinza kugyibwawo, kuba abayigirizwa ba Yesu bayitibwa okubeera mu kutuukirira n'okwagala kwa Katonda.
3. Obuwulirize tebulina kubeera mulimu gwaffe, si mu busobozi bwaffe, wabula okwagala n'okukola birina kutuukirizibwa Kristo mu ffe.

Kati, twagala okwetegereza engeri kino gyekituukibwako. Waliwo bangi abakkiriza nti okufuna eggulu mu kitundu oba mu bujjuvu. Balowooza nti balina okugoberera ekkubo lino effu kubanga tebamanyi ngeri eyanaamiriza Katonda gy'abagabiridde. Bagezaako okutuuka ku kintu ekitasoboka. Buli omu Yesu gw'atabeeramu

100 Ellen G. White, *The Review and Herald*, July 1, 1890, par. 11.

Okuyita mu Mwoyo mutukuvu ali mukugezaako ekitasoboka, oba obubonero bw'obuwulize bwabwe kwenkanaki obuwanvu oba obumpi.

Ebyawandiikibwa bisomesa nti tetusobola kulokolebwa birungi byaffe (emirimu egikolebwa mu mateeka), wabula n'okukkiriza mu Katonda. Abaruumi 3:28 wagamba: "Kyetuva tubala ng'omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza awatali bikolwa bya mu mateeka." " Tewali na nsonga eyetaaga okubeerako n'okufuba, okuddibwamu emirundi egisinga, oba enywezeddwa mu bilowoozo bya bonna okusinga obutasoboka ob'wmuntu agudde okugwanira ekintu kyonna okuva mu mirimu gye egisinga obulungi. Okununulibwa kuyita mu kukkiriza mu Yesu Kristo kwokka." [101]

## Obuwulize bwa nkizo

Yesu akaatiriza nnyo eky'obuwurize . Ebigambo bye ebyasembayo byali: "[okusomesa] nga mubayigiriza okukwata byonna bye nabalagira mmwe." (Matayo 28:20) Wano ayogera mu bulambulukufu ku Buwulize. Amateeka, Yesu Kristo geyawandiika n'omukono gwe era n'agawa Musa ku lusozi Sinai, getaaga Buwulize. Okusuubira kuno okuva ewa Katonda, Bayibuli kweweera obujjulizi, kufunziddwa bwekuti: "Ebirabo bye byonna bisuubizibwa ku kakwakkulizo ka Buwulize." [102]

Mu Masomo ga Kristo ag'enkizo, era twasoma: " Empisa ya Katonda eragibwa mu Mateeka; era ggwe okusobola okubeera obulungi ne Katonda, Enkola y'amateeka ge eteekwa okubeera ensibuko y'ebikolwa byo."

" Kristo takendeeza mateeka kye gabanja. Mu lulimi olutegeerekeka obulungi, Alaga obuwulize eri go nga akakwakkulizo k'obulamu obutaggwawo."[103]

Omutume Yokaana atulaga nti obuwulize ke kabonero akala oba tumanyi Katonda oba nedda: "Era ku kino kwe tutegeerera nga tumutegedde, bwe tukwata ebiragiro bye. Ayogera nti amutegedde, n'atakwata biragiro bye , ye mulimba, n'amazima tegali mu ye." (1 Yokaana 2:3,4, KJV) "Era akwata ebiragiro bye abeera mu ye, naye mu ye." (1 Yokaana 3:24, KJV)

Obuwulize era kabonero akalaga nti bwetuba twagala Katonda: "Kubanga kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye. Era ebiragiro bye tebizitowa." (1 Yokaana 5:3)

Bayibuli etulaga nti obuwulize ke kabonero k'ekkanisa eyebiseera eby'enkomerero, okwogera ku "abalina amateeka ga Katonda"

---

101 Ellen G. White, Okukiriza n'ebikolebwa (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 1999), p. 18.
102 Ellen G. White, Amasomo ga Kristo, p. 145.
103 Ibid., p. 391.

(Okubikkulirwa 12:17). " Awo we wali abo abakuuma amateeka ga Katonda." (Okubikkulirwa 14:12)

Charles Finney, ateberezebwa okubeera omubuulizi w'okwezza obuggya ow'ebiseera byaffe asinga , yagamba: " OKwezza obuggya y'entadikwa empya ey'obuwulize eri Katonda."[104] Era twagala okusoma mu Katabo akayamba mu kusoma Bayibuli ak'abakulu aka August 31,2011: " obuwulize si y'engeri y'okutuuka ku kununulibwa, wabula y'engeri etulaga ebiddirira n'emikisa ky'okununulibwa mu bulamu obubbuluddwa."

## Obuwulize mu Kristo era okuyita mu Kristo

Kristo ng'ali muffe y'engeri yokka gye tusobola okubeera abawulize. Ye yekka, y'asobola okukola kino. Ng'omuntu, Kristo yali kyakulabirako eky'obuwulize gyetuli. "Newankubadde nga yali Mwana, yayiga okugonda olw'ebyo ebyamubonyabonya."Abaebbulaniya(5:8) "Awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwawo eri abo bonna abamuwulira."(Olunnyiriri 9)

Ebikolwa by'abatume 5:32 wakakasa kino: Katonda awa Mwoyo mutukuvu eri abo abawulira. Kino kitegeeza nti obuwulize bwaffe eri ebiragiro bya Katonda bukolebwa ku lwa kununulibwa? Nedda n'akatono! Wabula, Pawulo ayagala okukaatiriza nate nti ekkubo ly'okununulibwa liri ku kukkiriza kwokka era mu kkubo lino tuli bakubeera bawulize eri Kotonda. Olwo alyoke akole okuyita mu mwoyo gwe mu ngeri eyebyewunyo, tusobole okubeera nga Katonda bw'ayagala nga tweyagalidde.

Kino kyennyi Pawulo Ky'awandiika mu Abaruumi 8:3,4: "Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri , Katonda bwe yatuma omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri, obutuukirivu bw'amateeka bulyoke butuukirizibwe muffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula omwoyo." Katonda yagamba, "Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola." (Ezekyeri 36:27)

## Lubeerera okubeera mu Mwoyo mutukuvu

"Okutambula okugoberera omwoyo" kitegeeza okubeera lubeerera mu Mwoyo mutukuvu. Ebyawandikibwa bino bitulaga nti obuwulize obw'etaagisa butuukirizibwa mu Kristo okubeera mu ffe, mw'abo Mwoyo mutukuvu babeeramu. Katonda yasindika omwana kisoboke nti obutuukirivu amateeka ge bwetaaga butuukirizibwe ye mu ffe. Osabibwa wetegereze nti ebyawandiikibwa tebigamba nti obutuukirivu butuukirizibwe okuyita mu ffe, wabula mu ffe.

104 *Birabibwa mu Unser groBtes Bedurfnis* (Obwetaavu bwaffe obusnga), Luneburg: Werner E. Lange, 2011, S. 102.

Pawulo agambaki ku bulamu bwe mu Baggalattiya 2:20? “Ndi mulamu; si ku bwange, Naye Kristo ye mulamu mu nze.” (KJV) Pawulo akirambika bulungi nti Kristo y’afuga obulamu bwe mu Ezekyeri 36:27, Katonda atugamba,” nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola.”

Ebyawandikibwa bino kyebitegeeza kyerambika bulungi? Katonda ayagala kutunnyika mu mwoyo we era awo atufuule abantu be abakuuma amateeka ge. Kino kitegeeza nti Katonda ajja kulabirira obuwulize bwaffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu.

Wano tulaba bulungi nti obuwulize bubeerawo okuyita mu mwoyo mutukuvu ne Yesu okubeera mu ffe. Bwe buwulize obuva ku mutima. Awatali bubeezi bwe obuwulize bwe tusobola bwe bw’okungulu obutamala. “Kituufu nti wayinza okubeerawo ebituufu eby’okungulu ebikolebwa nga tewali maanyi ga Kristo . Okwagala obuyinza n’okwagala ekitiibwa okuva mu balala kisobola okuvaamu obulamu obuteeketeeke obulungi. Okwewa ekitiibwa kisobola okututwala mu kwewala okulabikirwa ekibi. Omutima omukodo gusobola ebikolwa eby’okugaba.”[105] Kisobola okubeera nti twagala okukuuma amateeka ga Katonda olwokuwulira nga kitukakatako oba kubanga kitusuubirwamu. “ Omuntu agezaako okukuuma amateeka ga Katonda olw’okuba awulira kimukakatako – kubanga yetaagibwa okukikola – taliyingira sanyu lya buwulize. Tabeera muwulize. Ebyetaago bya Katonda bwe bibalibwa ng’olubengo kubanga bikwata ku bantu bonna, tusobola okumanya nti obulamu obwo si bwa kikulisitaayo. Obuwulize obutuufu kwe kukola kungulu eteeka erili munda.”[106]

### Kristo abeera atya mu ffe?

Enkolagana ne yesu etandikira mu kweweerayo ddala eri ye. Kino akyanukula n’ekyawandiikibwa eky’okuzalibwa obuggya ( laba Yokaana 3:1-21). Obulamu bwaffe buno obuggya, butuweebwa Katonda, bubeezebwawo nakuza enkolagana yaffe ne Kristo buggya buli lunaku. Kino kyetaagisa okwewonga kwaffe buli lunaku wamu n’okusaba okujjula Mwoyo mutukuvu Buli lunaku – Okuzibwa obuggya n’omwoyo. Mu ngeri eno Yesu atubeeramu. “Okunywezebwa n’amaanyi mu Mwoyo gwe…nti Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw’okukkiriza.” (Abaefeso 3:16, 17)

105 Ellen G. White , Emitendera eri Kristo, p. 58.
106 Ellen G. White, Amasomo ga Kristo, p. 97.

## **Mwekebere, oba Kristo abatuulamu**.

Ebyawandiikibwa bituyita okwekebera oba Kristu atuula mu ffe. “Mwekebere mwekka oba nga muli mu kukkiriza; mwekeme mwekka. Oba temwetegeera mwekka nga Yesu Kristo ali mu mmwe? - Wabula nga muli abatasiimibwa.” (2Abakkolinso 13:5)

Katonda ayagala tumanye bwe tuyimiridde mu mwoyo. Ddi wetuwanduka oba wetutasaanira? Olw’okuba tusaanira okuyita mu Kristo okubeera mu ffe, bwe tujjula mwoyo mutukuvu, okubeera atasaanidde kyandibadde obulamu obutalina kujjula kwa Mwoyo mutukuvu. Bayibuli kino ekiyita endowooza ey’omubiri.

Emmotoka yaffe efuuka eya “etasaanira”? bw’eba nga tekyatambula. Singa eba terina mafuta, tuyinza tukola ki? Tusobobola okugezaako okugisindika oba okugula amafuta. Era nga bwekiri, emotoka tujja kugijuza amafuta. Awatali Yesu mu mitima gyaffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu, obuwulize bwaffe bufaanana omuntu agezaako okusindika emotoka etalina mafuna.

Kyeyongedde okwerambika gy’oli obukulu bwa Yesu eri okukkiriza n’obulamu bwaffe? Ekifo kya Yesu tekikyusibwa . “Oyo alina omwana alina obulamu.” (1Yokaana 5:12) “nze kkubo, n’amazima n’obulamu. Tewali ajja eri kitange , wabula ng’ayita mu nze.” Twetaaga yesu. Awatali ye tetusobola kulokolebwa. Tetujja kubeera na bulamu bujjuvu wamu n’obulamu obutaggwawo.

Otegeerera ddala bulungi engeri obuwulize gye butuukibwako? Tulaga obwetegefu bwaffe eri Yesu okuyita mu kwewaayo okwa buli lunaku era ne tusaba Mwoyo Mutukuvu nti atuukirize obuwulize mu ffe. Kino tukitegeera bulungi bwetusoma mu 1Abakkolinso 1:30: “Naye ku bw’oyo (Katonda) mmwe muli mu Kristo Yesu**, eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda - era n’obutuukirivu n’okutukuzibwa, n’okununulibwa.”**

## Tulokolebwa ddi?

Lwaki okwanukula ku kibuuzo kino kukulu nnyo? Bw’emba nga nalokoka dda, olwo kibeera kirabika bulungi nti obuwulize bwange bujja nga buva mu kulokolebwa kwange. Si kye kirina okusooka okusobola okufuna okulokolebwa.. mbera mulokole mu kaseera ako kennyini weneewerayo ddala eri Yesu Kristo. “*Kubanga **mwalokoka** lwa kissa lwa kukkiriza, so tekwava gye muli; ky’ekirabo kya Katonda. Tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.”* (Abaefeso 2:8,9)

Omutume Pawulo bwe yawandiikira Abaefeso, yabategeeza nti baali bamaze okulokolebwa. Naye, mu Abaruumi 8:24, awandiika, “ Kubanga twalokolebwa lwa kusuubira.” (KJV) Tulina eddembe okusigala ne katonda oba nedda.

Oluvannyuma lw'obununuzi bwaffe (okiyita mu suubi) kye tulina okufaako ennyo kwe kubeera mu Yesu okutuusa enkomerero y'obulamu bwaffe oba okutuusa okujja kwe okw'okubiri. Tulokolebwa lwa kukkiriza (ABaefeso 2:8), era ekyo bwekiggwa, kyetaagisa okusigala mu kukkiriza. "Kale nga bwe mwawebwa Kristo Yesu Mukama waffe, mutambulirenga bwe mutyo mu ye." (Abakkolosaayi 2:6) Ensonga eri ku kusigala mu Yesu okuyita mu kwewaayo. Dannis Smith awandiika bino ku kubeera mu Kristo:" Okubeera mu ye si gwe mulimu gwe tulina okukola okusobola okufuna okulokolebwa . wabula kwe kusalawo okumukkiriza okutukolera buli kimu, mu ffe era okuyita mu ffe."[107]

## Lwaki okwewaayo kwaffe okujjuvu kwetaagisa? Kugasa ki?

Okweweráyo ddala kuli ku kusumululwa ku bukambwe bw'okwemanya kwaffe. Okwemanya kwaffe kwe kuvaako ebizibu byaffe. Olugero lugamba: Ekizibu kya bulli muntu ekisinga ye yekennyini. Okwemanya kwaffe kwe kusunguwala, kulumizibwa, era kwe kunyiiga; Kwagala okukozesa obuyinza; kwa buggya, n'ebyeyongerako.

"Katonda ayagala okutuwonya, okutusumulula. Naye olw'okuba kino kyetaagisa okukyukira ddala, okuzza obuggya obutonde bwaffe bwonna, tulina okumwewa fenna……Atadde mu maaso gaffe obugulumivu bw'emikisa gye gyayagala okutuleetamu mu kisaakye. Atuyita tumwewe, asobole okukola okwagala kwe mu ffe. Kisigalidde eri ffe okulondawo oba tunasumululwa oba ku njegere z'ekibi, okugabana mu mirembe egy'ekitiibwa egy'abaana ba Katonda."[108]

Obulamu wansi w'obufuge bw'okwemanya bulamu bwa buddu. Obulamu ne Kristo muffe bulamu bwa ddembe ery'ekitiibwa ery'abaana ba Katonda. Omubumbi mu ngalo ze mwokka mw'asobola okubumbira ebbumba. Okwewaayo kwaffe kwa mugaso nnyo.

Bwe tumala okwewaayo tufuna obubeezi bwa Kristo. Era bwe tusigala mu ye, olwo obulokozi bujja kugenda mumaaso okutuuka mu bulamu obutaggwawo. Naye, bujja kuyingira olubu lulala nnyo oluvvanyuma lw'okudda kwa Yesu okw'okubiri.

## Obuwulize obwa Bayibuli

Obuwulize obwa bayibuli tebuli ku busobozi oba obutuukirivu bw'emirimu. Muva mu magezi ga Katonda, okwewaayo kwange, okulokolebwa kwange, n'enkolagana yange eri Kristo. Obuwulize obwa bayibuli mu bakkiriza abaazalibwa ogw'okubiri omuntu ajjula Mwoyo mutukuvu, si kirala okujjako Omukwano gwa Katonda

---

107 Dennis Smith, *Ennaku 40: okusaba n'okwemaliza okuzza obuggya bye tufuna ne Katonda,* akatabo 2 (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2011), p. 35.

108 Ellen G. White, *Emitendera eri Kristo*, pp. 43, 44.

ogulagibwa mu bikolwa. Obuwulize okuyita mu maanyi ga Mwoyo mutukuvu buwa essanyu n'okweyagala:

" Obuwulize bwonna buva mu mutima. Gwali mulimu gwa mutima ne Kristu. Era singa tukkiriza, Ajja kukwatagana n'ebirowoozo byaffe wamu n'ebiruubirirwa, agatta emitima n'ebirowoozo byaffe okukwatagana n'okwagala kwe, nti tumuwuliriramu tujja kuba nga tukola ebyo bye tuwulira munda. Okwagala, okulongooseddwa era okuwongeddwa, kujja kuzuula okweyagala okusinga nga kukola obuweereza bwe."[109]

Kirina okuteegerekeka gyetuli nti tetusobola kubeera bawulize okuyita mu kufuba kwaffe. Mukama atubuulira ku bantu ba Yisirayiri: " Baali tebamanyi obutuukirivu bwa Katonda obutuufu, okwonoona okwemitima gyabwe okuyitiridde, obutayinza bwabwe, mu bbo, okukola obuwulize eri Amateeka ga Katonda."[110]

Tetusobola kukuuma mateeka ga Katonda mu maanyi gaffe. Ekyama ky'obuwulize ye Yesu mu ffe okuyita mu bubeezi bwa Mwoyo Mutukuvu. Bwetuba ddala twagala era twesiga Yesu, bw'atubeeramu okuyita mu Mwoyo mutukuvu, Olwo obuwulize buleeta essanyu. Yesu bw'abeera mu ffe, Olwo akakasa nti amateeka ge gabeera mu mitima gyaffe. Eteeka lino ly'eteeka ery'eddembe, Amateeka ekkumi (Yoshua 2:12).

109 Ellen G. White, Obwagazi obw'edda n'edda, p. 668.
110 Ellen G. White, Patriachs and Prophets (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 2005), p. 371.

## Ebirowoozo byo n’ennambika ku by’okukubaganyako ebirowoozo

1. *Obuwulize kye ki era bufunibwa butya?*

    ___________________________________________

2. *Ndokolebwa ntya era di? Obununuzi buno tebugyibwawo?*

    ___________________________________________

    ___________________________________________

3. *Biki eby’obutonde eby’obukkiriza mu bayibuli ebikwata ku bintu bye tukola oba bye tutakola?*

    ___________________________________________

    ___________________________________________

4. *Katonda alina ky’atusuubiramu? Mugaso ki emirimu gye gyirina mu kununulibwa?*

    ___________________________________________

    ___________________________________________

## Obudde bwaffe obw’okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Okufuna okutegeera okugenda ewala okw’okununulibwa n’obuwulize.*
2. *Okufuna essanyu eriva mu nkolagana yaffe ne Katonda.*
3. *Okwagala kwa Katonda okulagibwa mu bikolwa byaffe.*
4. *Okufuna okukakasa kwa Bayibuli ku kununulibwa.*
5. *Okufuna okutegeera okutuufu okw’omukwano n’obutuukirivu bwa Katonda .*

Olunaku 8

# *Obuwulize okuyita mu "Yesu mu nze" kukola kutya?*
# *Katonda ataddewo:*
# *Enkolagana wakati wa Katonda n'omuntu*

**Eky'amagero ky'obuwulize ku mbaga**

Fena tumanyi embozi y'embaga e Kaana, Yesu gyeyakolera ekyamagero kye ekyasooka. Amazzi yagafuula omwenge, omwenge ogutayiisiddwa, gwetwandiyise omubisi gw'emizabibbu. Kiki ekyatuukawo eyo?

Mary, Maaama wa Yesu, yawulira nti mwenge gwali guweddewo era n'ategeeza Yesu. Naye Yesu teyakola nga bwe yali asuubira. Naye yadde ekyo kyali bwe kityo, yasuubira nti yesu alina engeri gy'agenda okuyambamu embeera eno, kubanga yagamba abaddu: "ky'anabagamba kyonna kye mukola." (Yokaana 2:5, KJV) Bw'atyo Maliya n'azimba obwesigwa bw'abaddu mu Yesu.

Yesu oluvvannyuma bwe yagamba nti: " Amasuwa mugajjuze amazzi," baasalawo okukola ekyo kyennyini kye yali agambye. Awo n'agamba: "Musene kakaano, mutwalire omugabuzi w'ekijjulo," era nebakikola (Ennyiriri 7, 8, KJV).

Twagala okuteeka essira ku bino: Olw'okuba abaweereza baali bafunye obwesige mu Yesu, baasalawo okugondera ebiragiro bye nga tebakakiddwa. Mu njogera endala tugambe nti, obweteefutefu n'okusalawo gyali mitendera egitegeerekeka eri obuwulize - mu kukola Yesu kye yasaba. Okuyita mu buwulize bwabwe, Yesu amazzi Yagafuula eky'okunywa ekiwoomu. Yakola eky'amagero kye ekyasooka.

Emitendera egyo gyali ki?

- Ng'akozesa ebiragiro bye, Mary yazimba obwesige bw'abaweereza mu Yesu.
- Abaweereza baalaga obwesige n'obweteefuteefu bwabwe nga baakola ekyo yesu kye yabagamba
- Ku Maliya n'abaddu tewali n'omu alina kye yakola mu kufuula amazzi omwenge. Yesu yekka ye yakola eky'amagero kino.

Naye ekyamagero kino kyandibaddewo awatali mitendera egyakiteekateeka? Kikulu gyetuli ffe okwesiga Yesu, nti tuteeke okwagala kwaffe ne bye tusalawo eri ye era tulage emitendera gino eri obuwulize. Ekyo bwe kikolebwa, Yesu – ne Yesu yekka – Ajja kukola eky'amagero kino. Ye yekka era y'akola ekyamagero eky'obuwulize mu ffe. Eno ye ngeri obuwulize obw'okukkiriza gye bukola. Yesu akoleddwa amagezi, obutuukirivu, obuwonge, n'obununuzi bwaffe (1 Abakkolinso 1:30). Okusalawo kwaffe okukkiriza okwagala kwe n'emitendera egy'okuteekateeka kye kiggula lujji eky'eky'amagero eky'obuwulize, ekyo Yesu ky'akola mu Bulamu bwaffe.

### Enkolagana wakati wa Katonda n'omuntu

Ellen white anyonnyola butya emitendera eri obuwulize gye gyaakola mu bulamu bwa Daniel: Katonda bwe yali akola mu Daniel ne beyali nabo "okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi," baali beekolera obulokozi bwabwe (Abafiripi 2:13). Wano munda kiragiddwa okukola okw'okungulu okw'eteeka ery'obwaKatonda ery'okukolagana, weritali, obuwanguzi butuufu tebusobola kufunika. Okufuba kw'obuntu nga tekulina Maanyi ga bwaKatonda tekulina kye kukola. Okw'etwalira ekisa kya Katonda, tuteekwa okukola ekitundu kyaffe. Ekisa kye kiweebwa okutukolamu okwagala n'okukola, naye si nga ekidda mu kaweefube waffe……

……Era mukuteekamu omwoyo gwe ajja kunyweza buli kigendererwa ekituufu, buli ekisaliddwa eky'amakulu. Abo abatambulira mu kubbo ery'obuwulize bajja kusisinka emiziziko mingi…… Bayinza okuwangula buli kikemo mu busobozi bwe, okufufuggaza buli kizibu.[111]

### Omulimu gwaffe gwe guliwa? Omulimu gwa Yesu mu ffe gwe guliwa?

1. Tusalawo okuzimba obwesige bwaffe mu Yesu, oyo atukolamu okwagala n'okukola. Atutondamu embeera eyokwagala, era tujja kumanya kyetulina okukola. Naye alindirira kusalawo kwaffe.
2. Mulimu gwaffe okusalawo okukola okwagala kwa Katonda. Olw'okuba Katonda ekyo kyetuli n'okwagala kwaffe abiweera ddala ekitiibwa, asobola era ajja kuyingirawo mu ngeri emu yokka oluvvanyuma nga tumaze okukola okusalawo.
3. Mulimu gwaffe okulaga okusalawo kwaffe okwesiga Yesu n'okukiraga mu mitendera gyaffe eri obuwulize. Emitendera gino egy'obuwulize gisobola okwawukana ennyo mu bunene.
4. Katonda Yekka y'akola omulimu ogusinga oukulu, era atuyamba mu kukuza obwesige n'emukuteekateeka. Naye tetulina kwerabira nti waliwo enjawulo nnene wakati w'okugezaako okukola okusalawo n'emitendera egy'obuwulize mu maanyi gaffe oba okubikola mu maanyi ga Katonda. Ekitundu kyaffe kikolebwa mu busobozi bwa Katonda, Yesu bwabeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Kino kifuula obuwulize essanyu, mu buntu obutono oba mu binene.[113]

---

111 Ellen G. White, *Bannabi ne bakabaka,* pp. 486, 487.

112 Ellen G. White, *Muliweebwa amaanyi,* January 2, p. 10.

113 Mark Finley, *Ebisalibwawo: Okusendasenda abantu ku lwa Kristo* (Silver Sprig, MD: Olukuŋŋaana olw'awamu olw'abaseveniside, 1984).

## Ebibuuzo

Waliwo ebirowoozo ebyawukana ku ani asobozesa obuwulize. Abamu bagamba nti obuwulize buva mu nkolagana wakati wa Katonda- n'omuntu. Abalala bagamba nti Katonda oba Kristo akikola yekka. So, kati kikola kitya?

Mu kiseera kya yesu abantu bangi bakkiriza nti kyali kimala okumanya amazima. Mu kwagala okw'edda n'edda, tusoma: " okulimba okwendowooza y'abantu okusinga mu nnaku za Kristo kwali nti okukkiriza obukkiriza amazima kikola obutuukirivu." [114]

Katonda tatusuubira kugumira kwagala kwe nga tetukwenyigiddemu, wabula atusuubira okubaako kye tukukolako, okubeera abasaale. Kino kitegeeza nti Kristo bw'abeera mu mitima gyaffe tukola okusalawo okugattako era ne tukola okukuteeka mu nkola. " ayimusiddwa (Omuntu) okuteekako ebyambalo eby'okulwaniramu, okulwana okulwana okulungi mu kukkiriza. Ayimusiddwa okukozesa enkola Katonda z'atadde watuuka….Ayimusiddwa okubeera n'okukkiriza awatali kulekera." [115] "tewaba aleeta ekirowoozo nti omuntu alinako katono nnyo oba nti talinako kyasobola kukola mu mulimu ogw'amaanyi ogw'okuwangula; Kuba tewali Katonda ky'akolera muntu nga omuntu takolaganye naye……..okuva ku muntu asooka okutuuka ku muntu asembayo wakubeera mukozi wamu ne Katonda…….enkolagana ne Kristo kitegeeza obuwanguzi…………

"Temulekanga kifaananyi mu birowoozo nti waliwo kitono oba tewali kyonna kirina kukolebwa ku ludda lw'omuntu; wabula okusomesa buli muntu okukolagana ne Katonda, nti asobole okuwangula obulungi."[116]

Bwe tukkiriza omulimu gw'okusalawo kwaffe n'emitendera egiteekateeka, awo kiba kyeyoleka bulungi nti enkolagana eno wakati w'omuntu ne Katonda, newankubadde emitendera egy'okuteekateeka nagyo gikolebwa ku maanyi ga Katonda, Kristo bw'atubeeramu okuyita mu Mwoyo mutukuvu.

Mu kumanya kwange, eno y'endowooza entuufu, kubanga Katonda aweera ddala ekitiibwa omuntu era nga takola nga tamukkirizza. Omuntu alaga okukkiriza kwe kuno okuyita mu mitendera egy'obuwulize. Kyeyoleka bulungi nti Katonda akola ekitundu ekisinga obukulu. Twetaagala okulaba ebitundu byonna eby'enkola eyo era mu kyo tulabe abo abagirimu – Katonda n'omuntu – Nga bakolera wamu.

Tusanga eky'okulabirako ekirungi eky'enkolagana ey'obwaKAtonda n'omuntu mu lutalo wakati wa Yisirayiri n'abameriki mu ddungu (laba Okuva 17:8 -6). Joshua yalwana n'amagye ge, naye baali bawanguzi kubanga Musa yasaba, ng'ayambibwako Aaron ne Hur.

---

114 Ellen G. White, Obwagazi obw'edda n'edda, p. 309.

115 Ellen G. White, Obujulizi eri obuweereza n'abakozi mu njiri (Nampa, ID: Pacific Publishing Association, 2003), p. 454.

116 Ellen G. White, *Obulamu Obuggya* (Okuzza obuggya n'okweyongerayi) (Payson, AZ: Leaves of Autumn Books, 1972), 1972), pp. 38, 39.

## Ebipimo by’emitendera gy’obuwurize

**Maliya, maama wa Yesu.**

Malayika Gabriel bwe yalangirira eri Maliya okuzaalibwa kwa Yesu, Maliya Yali tasobola kulaga kukkiriza kwe eri okwagala kwa Katonda kyokka. Yagamba “laba nze ndi muzaana wa Mukama, kibe ku nze nga bw’ogambye.” (Lukka 1:38, KJV) Okusingako awo, tewali na kimu kyeyali ayinza kukola okugyako okulindirira Katonda okuyigirawo. Mu kaseera ako, Kyokka kye yali ayinza okukola kwe kuwa olukusa lwe oba okugaana. Okukkiriza kuno okw’okwagala kwa Katonda kwaleeta enkyukankyuka ezamanyi mu bulamu bwe era, okusinziira ku ndaba ey’obuntu, ekintu eky’obulabe ekuyinza okuvaamu akabaate ak’amaanyi. Nga bwetusobola okulaba, Maliya yabeera mu kwewaayo okujjuvu..

**Abagenge ekkumi.**

Abagenge abajja eri Yesu bakaaba, “Mukama waffe otusaasire.” Yesu yalaba okukkiriza kwabwe era n’abaddamu “Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwatuuka bwe baali nga bagenda ne balongosebwa.” (Lukka17:13,14, KJV)

Abasajja bano baalaga obwesige n’okusalawo kwabwe bwe baagenderawo. Yesu teyabagenderayo. Okugendayo kwabawonya? Nedda! Baawonyezebwa kubanga Yesu yabawonya okusinziira ku buwulize bwabwe obwesiga. Tebaalina kyebaakola mu kuwonyezebwa kwe nnyini. Yadde nga kyali bwe kityo, obwesige bwabwe n’okulaga  obwesige bwabwe okuyita mu mitendera egy’obuwulize bwaggula oluggi kulw’eky’amagero  Yesu kye yabakolako. Yesu yekka yeyakola eky’amagero.

**Okuwonyezebwa kwa Naamani.**

OJukira Naamani engeri gye yawonyezebwamu ebigenge?  Ebiragiro bya Katonda okuyita mu Elisa byali bwe biti: “Genda onaabe mu  Yoludaani emirundi musanvu,kale omubiri gwo gulidda gy’oli, naawe oliba mulongoofu.” (2 BAssekabaka 5:10,KJV) Naamani ekiragiro kino kyamunyiiza. Yamala kusendasendebwa abaddu okufuna obwesige okukikola. Katonda teyakimugyaako okugenda mu Yolodaani n’okwenyika mu mazzi. Naamani bweyamala okwenyika mu mazzi omulundi ogw’omusanvu, yawonyezebwa ebigenge. Okwenyika okw’emirundi omusanvu kwe kwamuwonya? Nedda! Emitendera egy’obuwulize  gye yakola egy’ava mu kukkiriza kwe okutono mu Katonda gy’emitendera egyasumulula okuwonya kwa Katonda. Tulaba nate nti okukkiriza okutono n’emitendera egy’obuwulize byaleeta eky’amagero kya Katonda. Naamani talina kyeyakola mu ky’amagero kino. Naye awatali mitendera egy’okweteekateeka tewali kyandibaddewo.

**Rudi ne Marie Ana Hirschmann.**

Oluvannyuma lwa Ssematalo II, abafumbo abato abaali bakabatizibwa mu kkanisa y’abadiventi baali babeera mu kabuga akatono okuliraana Bad Aibling, Germany. Marie

Ana Yali lubuto lw'omwana wabwe asooka era yali alekulidde omulimu gwe ogw'obusomesa olw'ensonga z'obulamu.

Mu kunoonya omulimu, Rudi yagendanga mu Munich buli lunaku okumala wiiki eziwera, naye yakkottokera busa. Ensimbi enkalira nezigenda nga zigwerera okutuuka nga basigazza Marks mukaaga (Sente za Germany mu kiseera ekyo). Okwo kwoteeka, ebaasa gye baalina eyalimu sente ezaali eza Katonda. Zaali sente za kimu kya kkumi, zebaali baawuddeko. Bakoleki?

Maria Ana Yagamba, "Rudi, sente zaffe zonna bwe ziggwaawo, tujja kukemebwa okukozesa sente za Katonda. N'olwekyo kisingako obutazitereka waka. Bw'onolinnya eggaali y'omukka enkya sente genda nazo era ozitwale eri omuwanika w'enkuŋŋana."

Ekyo Rudi kye yakola. Sente yazitwalira omuwanika. Yamubuuza bwe bali, era n'amunnyonyola embeera gye baalimu.

Omuwanika yamugamba "Lindako katono," n'akuba essimu. Awo n'amugamba, "ndowooza tukufunidde omulimu. Genda ku ndagiriro eno obuuze Mwami. Bauer."

Edakiika asatu nga ziyiseewo Rudi yaweebwa omulimu. Ba Hirschmanns baali basasudde ekimu ky'ekkumi kyabwe newankubadde baali bakalidde. Baalaga okukkiriza kwabwe nga bakola emitendera egy'obuwulize, era Katonda yayingirirawo mu kaseera ako.[117]

**Kampuni y'obulambuzi ku kizinga kye Guam.**

Abafumbo abaalina Kampuni bwaguuga ey'obulambuzi ku kizinga Guam baafuuka bakkiriza. Omukyala ye yasooka okubatizibwa n'oluvannyuma omwami mu January 2004. Mu kusaba okw'amaanyi baateekateekeranga okukuuma Sabbiiti mu Kampuni yabwe. Basazangamu obuweereza bwa woteeri bwonna ku ssabbiiti. Omwami yannyonyolanga ensonga ezivuddeko okukola kino eri amakampuni agakola kukutambuza abalambuzi, amawooteeri, ne bakitunzi abaakozesanga obuweereza bwabwe. Bangi ku ba kasitooma baabwe badangamu nti baalina emirimu okugiwa kampuni z'obulambuzi endala , ezaavuganyanga ne bano abafumbo. Abakozi b'omwami baatya nti bayinza okufiirwa emirimu gyabwe. Okusalawo kuno kwawulikika nga kampuni gye basalidde ogw'okufa. Naye wuliriza muganda waffe ky'agamba: " Nkyajjukira ssabbiiti eyasooka twaggalawo. Ku lw'okutaano akawungeezi, twateekako ekyuma ekiddamu amasimu okukola ku masimu agasaba okukwata ebifo. Ku lw'omukaaga olwasooka okuggalawo, embeera y'obudde yakyuka mu ngeri etasuubirwa, namutikwa w'enkuba n'atonya olunaku lwonna. Olweggulo twakizuula ekyuma ekiddamu amasimu kyali kikubyeko amasimu agakwata olunaku olwa Sunday. Emyezi mukaaga egyaddako kyali ky'ekimu : Embeera y'obudde

117 Maria Ana Hirshmann, Nakyusa ebyaKatonda (Nampa, ID: Pacific Press Publishing Association, 1968), p. 156.

ennungi ku Friday, namutikwa w'enkuba ku Ssabbiiti, n'embeera y'obudde ennungi ku Sunday. Katonda yatulabirira."[118]

Ekitundu ky'abafumbo mu ky'amagero kino kwali kwesiga Katonda n'okukola emitendera egy'abateekateeka. Eby'amagero ebyaddako byali bisoboka kukolebwa Katonda yekka.

Katujjukire kino: "nga okwagala kw'omuntu kukolagana n'okwagala kwa Katonda, kufuna maanyi agataliiko kkomo. Kyonna ekirina okukolebwa ku biragiro bye bituukirizibwa mu maanyi ge. Kwonna okusaba bwe busobozi."[119] Katonda ataddewo emikisa egy'amaanyi ku buwulize obw'okukkiriza – okubeerawo nga twesiga Katonda n'okwewaayo gy'ali.

## Lwaki obuwulize buliwo ku lwa bulungi bwaffe?

Katonda yakikola bw'atyo obuwulize bubeere ekkubo lyaffe erisinga. Yeremiya 7:23 agamba, "Muwulirenga eddoboozi lyange, nange naabanga Katonda wammwe, nammwe munaabanga bantu bange. Era mutambulirenga mu kkubo lye mbalagira, **mulyoke mube bulungi.**" Omusawo yenna asobola okukikakasa nti eddagala lisobola okuwonya singa gwe baliwadde abeera akkirizza. Kino kitegeeza nti tulina okugoberera ebiragiro by'omusawo singa tuba twagala okuwona. Omusawo asinga tasobola kuyamba singa ebiragiro bye tebigobererwa bulungi. Obuwulize si kintu eky'amagezi ekiva mu bwesige n'okwewaayo kyokka, naye era obuwulize bugasa ffe, olw'okuba amateeka ga Katonda gonna galiwo ku lwa bulungi bwaffe.

Kiki ekyatuukawo n'emisota egy'omuliro mu ddungu (laba okubala 21:4-9)? Abantu bwe baatunulanga ku musota nga Katonda bwe yalagira , baawonyezebwanga. Okukyuusa emitwe gyabwe kye kyabawonya? Nedda, si bwe gwaali. Baawonyezebwa kubanga baalaga okukkiriza kwabwe mu Katonda nga batunuulira omusota. Katonda yekka yeyabawonya. Obuwulize bwali ku bwa bulungi bwabwe.

Nabwekityo, "Olw'okukkiriza Nuuwa, bwe yalabulwa Katonda ku bigambo ebyali tebinnalabika , mu kutya, n'azimba eryato olw'okulokola ennyumba ye" (Abaebbulaniya 11:7,KJV). Okuzimbibwa kw'eryato kyava mu bwesige bwa Nuuwa mu Katonda, era yalaga nti okukkiriza kwe kwa ddala. Eby'obugagga bye n'obudde bwe , byonna yabiteeka mu kuzimba kuno, era mazima teyakyejjusa. Obuwulize bwe tebwali ku lwa bulungi bwe? Teyakimanyirawo, naye yabeerawo mu suubi. Ekintu kimu kitegeerekeka bulungi, okuzimba kw'ekyombo kino kwakolebwa mu magezi n'amaanyi ga Katonda.

---

118 Steve Kasperbauer, *Gott ist true* ( Braunau / Austria: Copyright Brigitte Kinder, 2013). Alipoota enzijuvu ku bino bye baafuna byafulumizibwa mu German mu *MISSIONSBRIEF* (mission letter) No. 40, March/April 2014.

119 Ellen G. White*, Amasomo ga Kristo*, p. 333.

## Endowooza ez'oludda olumu

Eky'omukisa omubi, leero, embiragiro bya Katonda birabibwa mu kitangaala ekitenkanankana. Eteeka lya Katonda lirowoozebwako mu mbeera ey'amateeka agakugira agalina okugobererwa. Naye, amateeka ga Katonda, okusookera ddala, bisuubizo gye tuli. Amateeka ga Katonda gatulaga ky'asobola okukola mu bulamu bwaffe bwetukwatagana naye mu nkolagana ey'obwesigwa n'okwagala.

Amateeka ga Katonda mateeka ga mikisa. Obuwulize ye ndowooza gyetuyitamu okufuna amagezi n'amaanyi ag'obwaKatonda ag'ebintu buli lunaku ebitukwatako. Obuwulize bwe tubulabira mu buwufu buno, awo okutya kwaffe kutuvaamu ne tubulaba ng'essanyu.

## Obuwulize, ekirabo okuva ewa Katonda.

Yesu bw'atukolamu obuwulize, awo kitegeeza nti obuwulize kiba Kirabo. Bwe tulaba obuwulize ng'ekirabo, kino kiyamba okwewala obulabe bwa mirundi ebiri: (1) okudiisibwa "ekisa ekya layisi" ne (2) okukemebwa amateeka agafuga.

"Ekisa ekya layisi" kitera okutegeeza nti omuntu alokolebwa bw'akkiriza Yesu era balowooza tewali buwulize bwetagisa. Bagamba nti mateeka gaawerebwa olw'okuba twali tetusobola na kugakuuma. Kino abakkiriza ab'omubiri kye bakkiriza. Naye mu maanyi ga Katonda twagala era tusobola okubeera abawulize.

Ku ludda olulala, ekigendererwa eky'okufuna obwakabaka bwa Katonda si mutego butego kyokka, naye era – bwe kitwalibwa ng'ekikulu – olubengo oluzito. Guno gwe mutego gw'amateeka.

Yesu bw'atukolamu obuwulize mu kusalawo n'okwagala kwaffe, olwo tulaba nti obuwulize bukulu era tujja kukizuula nti tebulina mbeera ya bisaanyizo mu bbwo, kubanga bwatuweebwa nga Kirabo.[120]

Obuwulize bwetaagisa nga ebibuvaamu, nga ekirabo ky'enkolagana yaffe ne Katonda n'obulokozi bwaffe, naye ssi ekirina okusooka okukolebwa. Buli omu asobola okujja eri Yesu nga talina kakwakkulizo konna, nga bw'ali. Naye tewali asobola kusigala ky'ekimu. Tuyinza okulowooza nti singa omubbi akyuka – alokose – nti asobola okweyongera okubba abantu?

## Okweteeka n'okuteeka ebituluma mu mikono egisinga

Kukulu okwegyako ekyo kye tuli n'ebituluma ne tubikwasa eri obukulembeze bwa Katonda. Tetulina kwelaba ng'a abomugaso ennyo. Kino kikoona

120 Laba akatabo akaluŋŋamya okusoma Bayibuli, March 31,2011.

Ku buli kitundu kya mubiri. Tetulina kulekayo kintu kyonna. Ndekeyo ekintu emabega nga nsobola byonna okubiteeka mu mikono egisinga obunene n’amaanyi – emikono gya Katonda? Ekyo kibeera kya magezi?

Bwetuba twagala Mukama okutulabirira, okukola ku byetaago byaffe, okutukuuma ku balabe baffe, okutukulembera mu ngeri esinga, awo kiba ky’amagezi tugoberere eddoboozi lye era tukwate ekkubo lyatulondeddewo. “Wesigenga mukama n’omutima gwo gwonna. So tewesigamanga ku kutegeera kwo ggwe; Mwatulenga mu makubo go gonna, Kale anaaluŋŋamya nga olugendo lwo.” (Engero 3:5,6)

Ennaku zino amagezi gano tusobola okugategeerera ddala obulungi. Abavuzi b’emmotoka bangi leero bakozesa tekinologiya alambika ebifo n’amakubo. Twesigama ku kulambika okugazi okwa tekunologiya ono . Naye kino tekitegeeza nti emitwe gyaffe tetukyagikozesa. Okutegeera kwaffe kukyetaagisa. Okuvuga gukyali mulimu gwaffe. Ku kkubo tweyunga ku “mukulembeze” alina okulambika okusinga era atugamba wa gyetudda, oba tukwate akakubo akapanya olw’omugotteko gw’ebidduka, oba tuvuga emisinde egiyitiridde, n’ebirala. Mu kisa kya Katonda tusobola okuyita mu bulamu n’obuvuzi obw’obwaKatonda . n’olwekyo, kikulu n’emitima gyaffe gyonna okwesigama ku muluŋŋamya waffe omulungi ow’omuggulu era agaba amagezi. Asuubiza okutuluŋŋamya obulungi. Kino akituteerako n’akabega k’erinnya lye. “Anuŋŋamya mu makubo ag’obutuukirivu ku lw’erinnya lye.” (Zabbuli 23:3). Wano era obuwulize bugasiza ddala ffe.

Okuyita mu kugoberera amateeka gano ag’obwaKatonda, oba amateeka g’obutonde, oba ga mwoyo, gavaamu omuganyulo eri buli omu. N’abatali bakkiriza basobola okufuna ebintu ebirungi singa bakuuma amateeka ag’obwaKatonda. Kino nkiyita emikisa egy’obutonde. Naye bingi ebisingawo bituukawo, n’eby’amagero, amateeka ag’omwoyo bwe gagobererwa. Kino nkiyita emikisa egikira ku butonde.

Obwesige n’obuwulize byezimba. Mu yakobo 2:22, tusoma: “Olaba ng’okukiriza kwakolera wamu n’ebikolwa bye, era okukkiriza kwe kwatuukirizibwa olw’ebikolwa bye?” (KJV) Obwesige mu Katonda buleeta obuwulize, n’obuwulize buleeta obwesige mu Katonda.

Nandiyagadde okuddamu ebigambo bya Dennis Smith: omuntu bw’abeera mu nkolagana ennungi ne Katonda okuyita mu Mwoyo mutukuvu, obuwulize bujja bwokka era buva mu mutima, nga tebulowoozeddwako nnyo.”[121]

Bwe tutegeera obuwulize obulungi, awo tujja kutegeera bulungi ebigambo ebirungi ebiri mu Zabbuli (naddala Zabbuli 19 ne 119) ku mateeka ga Katonda. Biraga okunulibwa, okulongoosebwa, era n’amateeka byonna bigendera wamu. Omuntu alokose ajja kuwa ekitiibwa amateeka ga Katonda era, okuyita mu bulamu bwabwe ne Mwoyo mutukuvu wamu ne Yesu mu mitima gyabwe, bajja kusanyuka okubeera abawulize. Nzikiriza nti abakkiriza ab’omubiri tebasobola na kutegeera bigambo ebiri mu Zabbuli 119. Mu kuteebereza, bayinza okubitwala nga eby’okujubisa. Ku Ludda olulala, omukkiriza ow’omwoyo asobola okukwatibwako ebyo ebyawandiikibwa mu Zabbuli.

121 Dennis Smith, *Ennaku 40 – okusaba n’okwemaliza mu kwetegekera okujja okw’okubiri* (R&H 2009) pp. 21, 22

Katonda yatugamba: “Nga bwetwogera lunaku ku lunaku mu kitangaala ky’atusindikira, mu buwulize obwa kyeyagalire eri ebyetaago bye byonna, obukugu bwaffe bweyongera era bugaziwa okutuuka nga tutuuse ku kitiibwa ekijjuvu eky’abaami n’abakyala mu Kristo Yesu.”[122]

## Katonda asuubira buwulize bwenkana butya?

Yesu ayagala kuntuukirizaamu buwulise bwenkana butya? Butono, bungi, oba mu bujjuvu?

Ekyokulabirako ekijjayo ekifannaanyi ekirungi kirabikira mu bulamu bwa Musa mu Kuva 4:24-26. Mu ddungu erya Midian, Musa yatumibwa okukulembera abantu ba yisirayiri okuva mu Misiri. “Awo bwe baali nga bakyali mu kkubo mu ddungu lya Midian (nga bagenda e Misiri), Musa yafuna okulabula okusanyalaza, okutiisa, okulaga obunyivu bwa mukama. Malayika yamulabikira mu ngeri etiisa, ng’alinga ayagala okumuttirawo.. tewali kunyonnyola kwa kolebwa ; naye Musa yajjukira nti yali ajukidde ekimu ku byetaago bya Katonda byataafaako ; okukkiriza mukaziwe kyeyali amusabye, yali tafudde ku kukola mukolo gwa kukomola ku mutabani wabwe omuto.” Omuto yakomolebwaawo mu bunnambiro. “ … Awo malayika nakkiriza Musa okugenda ku lugendo lwe. Mu butume bwe eri Falaawo, Musa yali wakuteekebwa mu kifo eky’enjega ey’amaanyi; obulamu bwe bwali bwa kukuumibwa okuyita mu bukuumi bwa bamalayika abatukuvu bokka naye bweyali mu kulagajjalira omulimugwe ogumannyiddwa, teyali wakuba na bukuumi; kuba yali tayinza kukuumiibwa ba malayika ba Katonda.”[123]

Essomo lye tujja mu kyatuukawo kino lisobola okusangibwa era mu nyiriri z’olulyo lwa Ibrahim ne ba nnabbi: “mu biseera eby’akabi nga Yesu tannajja, abatuukirivu balikuumibwa okuyita mu buweereza bwa bamalayika b’omuggulu; naye tewalibaawo bukuumi bw’abavoola amateeka ga Katonda. Bamalayika olwo baba tebasobola kukuuma abo abatakwata kuluŋŋamizibwa okw’obwaKatonda.”[124]

Okukuuma amateeka ga Katonda gonna kikolebwa kutukuuma, essanyu lyaffe, n’obulungi bwaffe. Tumanyi nti Adamu ne Kaawa baalina okuva mu edeni olw’ekibi ekimu. Ndowooza kuno kwanukula kwangu eri ekibuuzo ekibuuza omuwendo gw’obuwulize Katonda gw’atusuubiramu, era nga kiganyula ffe. Yesu ayagala okutuukiriza okwagala kwa Katonda mu ffe, nga bweyakola ng’omuntu bweyali wano ku nsi. Eneeyisaaye

122 Ellen G. White, *Obubaka eri abavubuka*, pp. 15, 16.
123 Ellen G. White*, Patriarchs and Prophets*, pp. 255,256.
124 Ibid., p. 256.

ng'omuntu yali: "nsanyuka okukola okwagala kwo, ayi Katonda wange: yee, amateeka go mu mutima gwange." (Zabbuli 40;8, KJV) yagamba abayigizwa be, " nze nakwata ebiragiro bya kitange" (Yokaana 15:10)

Kyokka ate, bwe buba obuwulize obujuvvu buleeta essanyu elujjuvu n'obulamu mu bungi wano n'obutagwaawo, awo kiba kyelaga kyokka nti okukendeeza mu buwulize kitegeeza okufiirwa emikisa. Bulu omu ali era nga alibeera mu bwakabaka bwa Katonda ajja kugondera Katonda mu sanyu. Kino kikakasa ebitonde byonna omukwano n'emirembe.

## Ebirowoozo eby'akamalirizo

Yeremiya 7:23 azingako omutwe guno. Ebigambo bino byaweebwa abaYisirayiri bwebaali bava mu Missiri. "Muwulirize eddoboozi lyange, era nabeeranga Katonda wammwe, era munabeeranga bantu bange. Era mutambulirenga mu kubbo ly'embalagidde, musobole okubeera obulungi."

Wano Katonda atuwadde ekisuubizo eky'omuwendo. Atusuubiza ki singa tugondera ekigambo kye? "nabeeranga Katonda wammwe, era nammwe munabeeranga bantu bange." Naye agattako nti tulina okutuukiriza byonna ku lw'obulungi bwaffe. Tusobola okukozesa ebyawandikibwa bino nga ekisuubizo mu saala ey'omutima omuwulize.

## Kiki ekyatuuka ku mutume Yokaana?

Tusobola okulaba ebiva mu buwulize bw'obukkiriza mu bulamu bwa Yokaana, Omuyigirizwa wa Yesu. Mu Mitendera eri Kristo, tusoma: " Lunaku ku lunaku omutima gwe gusikibwa okudda ewa Kristo, okutuuka nga takyeraba mu mukwano gwa mukamaawe. Embeera ye ey'okwewala, ey'okwaga okutuuka ku bingi yakwasibwa amaanyi ga Kristo agabumba. Obuyinza bwa Mwoyo mutukuvu obutojeza buzibwa buggya mu Mutima. Amaanyi g'omukwano gwa Kristo galuka okukyuusa kw'eneeyisa. Kino kyekikakafu ekiva mu mukago ne Yesu. Kristo bw'abeera mu mutima, Obutonde bwonna bukyusibwa. Omwoyo gwa Kristo, Omukwano gwe, gugonza omutima, gukakkanya emeeme, era kuyimusa ebirowoozo n'obwetaavu eri Katonda n'eggulu."[125]

"Mukama asazeewo nti emeeme egondera ekigambo kye eneefunanga essanyu lye, emirembe gye, okweyongera kw'amanyi ge agakuuma."[126] Kwagala kwange era ssaala yange nti abakkiriza bonna baguma basobole okufuna essanyu eringi ery'obuwulize obw'okukkiriza. Katonda atuteekeko obuwanguzi obw'amaanyi mu buwulize obw'okukkiriza okuyita mu Yesu Kristo n'omwoyo Mutukuvu. "Akola Katonda by'ayagala abeera emirembe egitaggwaawo." (1 Yokaana 2:17, KJV)

---

125 Ellen G. White*, Emitendera eri Kristo*, p. 73.
126 Ellen G. White, *Mu bifo eby'omuggulu* (Nampa, Id: Pacific Press Publishing Association, 1999), p. 53.

“Naye okusasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyonna era kulituuka mu mirembe gyonna eri abamutya……Eri abakwata endagaano ye, N’eri abo abajjukira ebiragiro bye okubikola.” (Zabbuli 103:17,18)

Twagala okuwulira ku mutendera omunene ennyo eri obuwulize.

**Mwoyo mutukuvu amatiza omusibe atolose okudda mu kkomera.** Nazaalibwa mu famire y’abadiveenti. Ku myaka 19, nabatizibwa. Mu 2016, nasalirwa okumala emyaka 43 mu nkomyo olw’obutemu. Kati guno mwaka gwange gwakutaano. Nasobola okutoloka mu kkomera mu march 2017. Oluvannyuma lwa ssabbiiti, nasisinkana omukyala eyandaga akatabo “Emitendera mu kwezza obuggya.” Ku Monday eyaddaka,  nakagula mu duuka eritunda eby’abadiveenti. Awo obulamu bwange bwonna nembukwasa Yesu. Naddayo mu kkomera mu October 2018. Okutoloka kwange tekwanvunaanibwa. Era ekisinga, okuwozesa kwange kati kuli mukukolebwa mu maaso ga KAtonda ow’amaanyi! Kanti ndi mukulembeze w’obuweereza obw’okusaba. Akatabo kagabibwa wano mu kkomera lya Barawagi mu basibe. Abasibe bangi baakwatibwako akatabo kano oluvannyuma lw’okukasoma. Ndi musanyufu nti nsobola okuweereza Mukama waffe era omulokozi Yesu Kristo. gwali era gukyali mukisa gwennyini gyetuli.”[127]

Essaala: *“Kitaffe, webale nti mu magezi go agataliiko kkomo, amaanyi go amasukkulumu n’omukwano gwo ogw’ekitiibwa otuteereddewo okuluŋŋamizibwa okujjuvu tusobole okufuna obulamu obusinga nga bwe kisoboka. Watonda buli kimu ku lw’obulungi bwaffe. Njagala okukutendereza n’okukwebaliza kino. Nkwegayirira ompe obwesige obujjuvu mu nkola zo era onyambe okukugoberera mu buli kintu n’omutima gwange gwonna mu kwewaayo n’obuwulize.” Amiina.*

127 E.E. EE260419 Experience #91 at *www.step-to-personal-revivaLinfo-Experiences*

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *Kitundu ki kye tulina okukola mu mulimu ogw'obwakatonda oguli mu kukolebwa mu ffe, ng'otaddeko n'ebikolwa byaffe ?*

   ___________________________________________________________________________

   ___________________________________________________________________________

2. *Njawulo ki eri wakati w'okukkiriza n'okumanya obumanya amazima?*

   ______________________________________________________________________

   ___________________________________________________________________________

3. *Olukusa okuva eri ffe lubeera ddi n'omugaso?*

   ___________________________________________________________________________

   ___________________________________________________________________________

4. *Lwaki obuwulize mukisa gw'amaanyi gyetuli?*

   ___________________________________________________________________________

   ___________________________________________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Okweyongera okumanya omulimu gwange mu bukozi obwaKatonda.*
2. *Amagezi okusobola okulaba wa awali okukkiriza okutuufu oba olukusa lwokka mu bulamu bwaffe.*
3. *Okufuna obuwulize obw'okukkiriza n'emikisa egiddirira.*
4. *Okufuna obwesige obujjuvu mu bukulembeze bwa Katonda n'amateeka ge.*

Olunaku 9

### ESSUULA 5

# OKUKKIRIZA OKUSIKIRIZA OKUYITA MU YESU

*Obumu busobola butya okufunibwa mu bakkiriza?*
*Kiki ekifuula obukkiriza bwaffe ekisikiriza eri famire n'ensi?*
*Nkyukakyuka ki mu ffe etufuula abajulizi?*
*Okwezza obuggya kumerusa kutya misooni?*

Munnange gwe twasaba nga  naye mu budde obw'okwewaayo mu kusinza n'okusaba  obw'ennaku aana lumu yagamba: " njayanira okukkiriza okusikiriza abaana bange nabo basobole okugoberera Kristo."

Mary Jones  , Omuwala okuva e Wale, yasobola okugendanga omulundi gumu mu wiiki eri famire ye eyali ewala okusoma bayibuli yabwe. Kino kyaliwo mu makkati g'emyaka kumi ne kumi n'etaano. Yayagalanga bayibuli n'omutimagwe gwonna. Yakola emirimu mingi okusobola okufuna sente yegulire bayibuli eyiye ku bubwe. Okumala emyaka mukaaga yaterekanga buli kinusu kye yafunanga.

Bweyali anaatera okuweza emyaka kumi na mukaaga, Mary yatambula mayilo taano ku birege okugenda okulaba omusumba gwe yali ayagala okugulako bayibuli. Yamugamba nti yali asigazaawo bayibuli bbiri, naye nga yali amaze okuzisuubiza abantu abalala. Mary yatandika okukaaba mu kwennyamira. Yamubuulira engeri gye yali atereseemu sente okumala emyaka mukaaga okusobola okugula Bayibuli. Omusumba yali takyasobola kugaana era yamukiriza afune Bayibuli.

Ng'abugaanye essanyu, yaddayo eka.

Bayibuli ye yamusikiriza? Okukkiriza kwe  kwasikiriza omuwala ono?

Mu ngeri….. kino kyaliwo mu 1800. Kino ekyaliwo omusumba kya mukwatako nnyo nti yasalawo okukola emitendera okutandikawo   ekibiina kya Bayibuli eky'ensi yonna eky'asooka, ki British and Foreign Bible society. Oluvannyuma ebibiina ebirala ebya bayibuli  bya tandikibwa.

Era  bino byonna kubanga omuwala ono yayagala nnyo Bayibuli  nti yamalirira obulamu bwe bwonna okugifuna. Okukkiriza okusikiriza kulina omukululo gwe kukola." [128]

---

128 Kigyiddwa ku Wikipedia, "Mary Jones".

**Amakulu ga "okusikiriza"**

Dikisonare zikinyonnyola nga ekikwata amaaso, ekireeta obwagazi, ekyanaamiriza, ekyetaagibwa. Ani atayagala kubeera na kukkiriza ng'okwo? Nzikiriza nti omuntu yenna akirowooleza ddala yandiyagadde okubeera n'okukkiriza okukwata amaaso, okwanaamiriza.

**Nsobola ntya okwagala okukkiriza ng'okwo? Kulina kufaanana kutya?**

- Kulina okuwa omusingi gw'obulamu ogwesigika era omunywevu.
- Kulina okusimbibwa ku mazima, ssi ku nsobi oba obulimba
- Kulina okusimbibwa ku kwolesebwa kwa Katonda wafe ow'omukwano era amanyi byonna, nga tekutabuddwamu ebimanyiddwa abantu, kusobole okutuganyula.
- Kulina okubeera nga kumatiriza ddala era nga kuleeta essanyu eringi.
- Kulina okuleetera obulamu bwaffe emiganyulo mu bulambalamba.
- Kulina okuba nga kusobola okumbeezaawo mu mbeera enzibu – mu bulwadde, mu kwekyawa, mu kufa.
- Kulina okuwa esuubi ery'obulamu obutaggwawo
  Ebinti bino byonna birina akakwate ku kubeerawo munda mu ffe. Naye okukkiriza okusikiriza kulina okusingawo. Munnage gwetwasabanga naye yagamba" njayanira okukkiriza okusikiriza abaana bange nabo basobole okugoberera Kristo."
- Okukkiriza okusikiriza kulina okutwala abagalwa baffe n'abantu abalal okufuna obwagazi mu kwo era nebaagala okukwefunira.

**Okukkiriza okusikiriza kitegeeza ki?**

Okukkiriza okusikiriza bwe bukkiriza obw'omwoyo – obulamu ne Yesu mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Tujjukire ebyawandiikibwa bya bayibuli bino: " Abawe mmwe , ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda. Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala……mulyoke mutuukiririre okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda." (Abaefeso 3:16, 17,19)

Ennyiriri zino zigamba nti Omwoyo mutukuvu atunyweza era nabwekityo Kristo abeera mu ffe era ajja kwanjuluza obutonde bwe mu ffe. Kino kitusumulula okuva mu busibe ku ffe. Tufuna eddembe ery'ekitiibwa ery'okubeera abaana ba Katonda.

Yesu agamba: " nze kkubo, n'amazima n'obulamu, tewali ajja eri Kitange , wabula ng'ayita mu nze." (Yokaana14:6) Yesu bw'abeera mu mutima gwange ng'ayita mu Mwoyo mutukuvu, awo era abeera ekkubo lyange eri Kitaawe, omuluŋŋamya eri amazima. Ye lye kkubo ery'obulamu obusinga omuwendo.

## Yesu anyonnyola atya ku kukkiriza okusikiriza?

Yesu yayogera ku bujjuvu omuntu bw'atayinza kuwa. Gy'emirembe egy'omunda ddala n'essanyu eryaddala, kubanga Katonda ow'omukwano n'eddembe akkiriziddwa okufuna obutuuze mu mutima. Embeera eno teyesigama ku bintu bya kungulu; naye, yesigama ku bwesigwa obufaanana nga obw'omwana omuto n'okukkiririza mu maanyi ga Katonda. Pawulo yawandiikira abagoberezi ba Yesu: "Mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda." (Abaefeso 3:19b)

Yesu mu mitima gyaffe. Ekyo kye twetaaga, "kubanga mu oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'obwaKatonda ng'omubiri bwe guli. Era mwatuukirira mu ye." (Abakkolosaayi 2:9,10 GNT). Eno ye ntikko esinga gye tusobola okutuukako mu bulamu buno. Kino Katonda ky'ayagala okutuwa ng'okwagala kwe bwe kuli.

Omukazi eyali ku luzzi lwa JACOB KINO YAKIFUNA. Yesu yakozesa eky'okulabirako okuva mu bulamu obwa bulijjo okulaga okutuukiriza okuyayaana kuno. Mu biseera ebyo, amazzi gaali kimu ku bintu ebisinga omuwendo n'omugaso omuntu byeyali yetaaga. Okuyita mu Yesu tujja ku "amazzi ge ndimuwa ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta okutuuka mu bulamu obutaggwaawo."(Yokaana 4:14), ekitegeeza tusobola okunywa okuva mu luzzi luno era okuyayaana kwaffe kujja kukkusibwa.

Abantu bonna bayayaanira essanyu. Tebakimanyi nti mu byaddala okwo kuba kuyayaanira enkolagana ey'obuntu ne Katonda, kubanga okusinziira ku Mubuulizi 3:11, "atadde [Katonda] obulamu obutaggwawo mu mitima gyabwe." Abo bonna abatanazuula bubeezi obw'omukwano ogwanammaddala ne Katonda balina omuwaatwa mu mitima gyabwe, okusinsinziira Blaise Pascal. Ebivaamu, abantu babeera n'okuyayaana kw'ebisinga, n'ebisinga obutawummula.

Yesu atuyita okumukkiririzaamu, okumwesiga. Ebinavaamu bijja kuba nga birabibwako eri oyo akikola, kubanga " okuva mu mutima gwe emigga gy'amazzi amalamu gikulukuta." (Yokaana 7:38). Balina obulamu obujjuvu, embeera esikiriza, era bateekawo embeera ey'obuyinza ejja okunyweza abalala.

Okukkiriza okusikiriza bwe bulamu obugagga era obutuukiridde mu nsi eno era n'okusingirawo ddala, mu bunene obutateeberezeka mu bulamu obutaggwaawo.

## Ekigambo kya Katonda kiraga nti okukkiriza kwange kusikiriza abalala

Katusome essaala ya Yesu mu Yokaana 17:20-23: "So sisabira bokka , n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe, bonna babeerenga bumu, nga ggwe, kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe, ensi ekkirize nga ggwe wantuma nange ekitiibwa kye wampa nkibawadde, babeerenga bumu, nga ffe bwe tuli obumu, nze mu bo, naawe mu nze, batuukirire okuba obumu, ensi etegeere nga ggwe wantuma, n'obaagala bo, nga bwe wanjagala nze."(NIV)

Yesu yasaba nti abayigirizwa be balibeera bumu okuyita mu myaka. Mw'ekyo, yali era asabira ggwe nange. Yesu teyasabira bumu bwaffe bwokka, nti tusobole okuwulira obulungi mu bubeezi bwaffe n'okuyambagana, naye era yagamba nti obumu bw'abayigirizwa bulisikiriza abantu mu nsi: "Eteeka eriggya mbawa nti mwagalanenga , nga bwe nabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga. Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka."(Yokaana 13:34,35). Atulaga nti olw'obumu bw'abayigirizwa, ensi ejja kikkiriza era emanye ebintu bino ebisatu ebikulu.

## Ensi etulabamu ki?

1. Ensi emanya nti abantu bayigirizwa ba Yesu olw'okwagalana mu bakkiriza ne mu kkanisa. Kino kitegeeza nti ensi etwegese amaaaso. Ensi ekizuula nti omuze ogw'okwagalana mu bayigirizwa guva mu nkolagana yabwe ne Yesu. ("Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka.")
2. Ku lw'obumu mu bayigirizwa ba Yesu, ensi ekkiriza nti Yesu mutume wa Katonda. ( " Ensi ekkirize nga ggwe wantuma .") Abantu mu nsi bakizuula nti Yesu mununuzi eyasindikibwa Katonda olw'okwagalana okw'obumu okw'abayigirizwa.
3. Mu sanyu, abantu mu nsi bakiraba nti Katonda abaagala kulw'omuze ogw'okwagalana mu bayigirizwa. (" ensi ekimanye nti ggwe…. Obaagala(ensi), nga bwewanjagala.")

Mu bufunze, okuyita mu bumu mu bayigirizwa ba Yesu, abantu bajja (1) kulaba enkolagana yaabwe eri Yesu, (2) Kulaba nti Yesu yatumibwa Katonda, ne (3) kukitegeera nti Katonda abaagala. Yesu ajja kutegeerebwa mu nsi okuyita mu neeyisa ejjudde omwoyo mu bo. Yesu asobola okukozesa obuyinza bwe obusikiriza okuyita mu bakkiriza ab'omwoyo. Okwezza obuggya kukola ekigendererwa.

## Lwaki kiri nti abantu baliko kye bayiga Ku Katonda okuyita mu nkola ey'okwagalana mu bayiyigirizwa?

Mu byonna, buli muntu wanjawulo. Tulina talanta n'obusobozi bya njawulo. Waliwo abasajja, abakazi, abato n'abakadde. Tutera n'okubeera n'obuyirize oba obuwangwa obw'enjawulo. Tulina ebikula eby'enjawulo, ebirowoozo eby'enjawulo, ne byetuyiseemu eby'enjawulo. Mu nsi enjawulo zino zitera okuleetawo obunkenke

wakati w'abantu. Zisobola n'okuvaako obugulumbo n'okubonaboona. Ye nsonga lwaki abantu bewunyisibwa, era basikirizibwa, ebibiina by'abantu abalimu okwagala, emirembe n'okuyambagana.

Bwe nnali omusumba mu Munich, Germany , nakyalirako eyali mukwano gwange mu busuubuzi eyali abeera mu kabuga ak'okumpi. Yabeeranga ku luguudo olwaliko famire y'abadiventi ennene eyabeeranga mu nyumba emu. Olw'okuba yali amanyi nti ndi mwadiventi, yaŋŋamba , "oluguudo lwonna lwewuunya nti abantu bano ekumi n'abataano oba abiri basobola okubeera awamu mu nyumba mu mirembe era awatali butabanguko."

Abaliraanywa balina kye baazuula: Kino kwe kukkiriza okusikiriza.

Walter Schlund, ono nga kati memba w'ekkanisa entono mu Germany, awa eky'okulabirako ku mbeera eno: " nga sinabeera mukulisitaayo, twayagala okukyalako e Romania era twamaliriza tuli mu kitundu ekyanjadde amazzi. Twali tukyabuzaayo mayiro 75 okutuuka gye twalina okugenda, naye nga tetusobola kweyongerayo. Twasalawo okubuuza endagiriro. Kyatukwata bulungi, gwetwayogera naye yali Mwadiventi, eyatutwala ewa famire y'omusumba Biro. Famire yatusaba ekiro ekyo tusule mu maka gaabwe, ekintu kye twakkiriza mu kusiima. Kyali mu kiseera kino nga tuli ne famire eno wenassalirawo okuwaayo obulamu bwange eri Kristo era nenfuuka mwadiventi. Kyali ku ngeri abantu mu famire eno gye beeyisangamu –obulamu bwa famire obutebenkedde, obulimu emirembe, embeera ey'okwagalana, okusinza mu famire. Nafuna omutindo gw'obulamu ogwankwatako ennyo. Nayagala nange kino okukifuna."[129] Kino kwali kukkiriza okusikiriza.

Nzijukira mu biseera byange mu Regenburg, Germany, okumala ekiseera nakyalira abantu ababeera mu kitundu ekimu era ne nkiraba nti amaka gabwe gaalinga gajjudde obutabanguko n'obunkenke. Kisanyusa nnyo bwe tufuna omukisa okukyalira abantu ab'enjawulo, abalina emitima egijudde okwagala.

**Lwaki okukkiriza okusikiriza kuva mu kigambo kya Katonda kyokka?**

Okukkiriza okusikiriza okusinga kwesigamiziddwa ku kigambo kya Katonda – y'endagaano enkadde n'empya.

Yesu yagamba, "akkiririza mu nze, nge'kyawandiikibwa bwe kigambye" (Yokaana 7:38), Yali ategeeza endagaano enkadde, ku ye yokka eyaliwo mu kiseera ekyo. Mu Yokaana 17:14, Kino yakyoleka bulungi bwe yayogera ku Kitaawe: " mbawadde ekigambo kyo." (KJV) Era mu lunyiriri olwe 17, anokolayo: " bawonge okuyita mu mazima: ekigambo kyo mazima." (KJV)

---

129 *BWgung*, Akatabo k'amawulire okuva mu baseveniside mu Biden-Wurttemberg (Germany), Nr. 6/2012, S. 24.

Buli ddiini mu nsi kkubo eri Katonda oba bakatonda eriyiyiiziddwa abantu. Okukkiriza kwokka okutayiyiziddwa bantu, naye okulagiddwa Katonda mwennyini, kwe kukkiriza okwa Bayibuli. Olw'okuba Katonda kwagala era ng'alina obusobozi n'amagezi agatakoma, yateekawo buli kimu olw'omuganyulo gwaffe ogw'amaanyi. N'olwekyo, okukkiriza okwa Bayibuli kwe kukkiriza okuliwo okusinga. Mu bya ddala, kwe kukkiriza kwokka okusikiriza mu nsi. Kwetaagisa nti tubeere nga tutegedde bulungi bayibuli by'egamba era ne tubeerawo okusinziira ku byo okuyita mu Mwoyo. Okusinziira ku lugero lw'embeerera ekumi, kumpi ekintu ky'ekkanisa tebalina kukkiriza ng'okwo.

Okuyita mu bwesige bwaffe mu Yesu, tusobola okufuna essanyu n'eddembe n'okukkusibwa kw'enyonta ey'Omwoyo . Katonda waffe ayagala okwagala kwe kulabibwe eri abalala okuyita mu bulamu bwaffe. Ekyo kufuula okukkiriza kwaffe okusikiriza gyebali.

## Obumu mu bayigirizwa busoboka butya?

Kiri ku kubeera omu mu bufumbo ne famire, mu kkanisa ne mu buweereza. Yesu agamba: "Nange ekitiibwa kye wampa nkibawadde, babeerenga bumu, nga ffe bwe tuli obumu." (Yokaana 17:22, KJV).

Yesu atuwadde ki? Ekitiibwa!

Kino kitegeeza ki? Ekigambo ekitiibwa kikozesebwa mu ngeri ez'enjawulo mu biyibuli. Ekisooka, kikozesebwa okutegeeza obwannaggwano n'obunene bwa Katonda; eky'okubiri, ekitiibwa ky'okutonda, n'eky'okusatu, ku lw'ekikula kya Katonda ekirungi eky'okwagala. Wano tulina okukeberako mu Okuva 33:18, 19, Musa wagambira Katonda, "NKwegayiridde , ondage ekitiibwa kyo" (ESV) era Mukama n'amwanukula, "Naayisa obulungi bwange mu maaso go" (KJV).

Ekitiibwa kya Katonda ze mbeera ze, ezirimu omukwano n'obulungi. Obulungi bwe bukozi bw'okwagala okuyamba. Kino kituyamba okutegeera ebigambo bya Yesu nti atuwadde ekitiibwa kya Katonda tusobole okubeera obumu naye. Ekintu ekisinga obukulu okusobozesa obumu okubeerawo kwe kwagala okwannama ddala nga kutambulira wamu n'okuwa ekitiibwa era n'okwesiga. Enkola ya Katonda mu buminsani kwe kwagala abantu okuyita mu ffe, gamba, n'okwagala okutaliiko kkomo, okwagala kwa Katonda. Kino kye kika ky'omukwano kw'ayagala okutugabanya okuyita mu ffe.

Oluvvanyuma lw'omuyiiko gwa Mwoyo Mutukuvu, Ebintu ebikulu byayogerwa ku kkanisa eyasooka: " bwe baamala okusaba, ….. bonna bajjula Omwoyo mutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.N'ekibiina kyabwe abakkiriza balina omutima gumu n'emmeeme emu.. …N'amaanyi mangi abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe …….N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna."(Ebikolwa by'abatume 4:31-33)

## Obumu si kufaanaganya

Obumu kwe kwegatta kw'endowooza, omulamwa, n'ebiruubirirwa. Mu kiseera ky'ekimu, buli muntu asigaza obutonde bwe. Tekiwera butonde bwaffe. Buba bumu obw'abantu ab'enjawulo abalina embeera ez'enjawulo. Era kyekino kyennyini ekireeta okwewuunya okw'amaanyi: obumu bw'abantu ab'enjawulo.

Ellen White agamba: " obujulizi obusinga amaanyi obulaga nti Katonda asindise omwana we mu nsi kwe kubeerawo kw'emirembe n'obumu mu bantu ab'ebikula eby'enjawulo abakola ekkanisa…..

….abatali bakkiriza batunula okulaba oba nga okukkiriza okwogerwa abakulisitaayo kuteekawo obuyinza obuwonga ku bulamu bwabwe."[130] Awalala awandiika: " Okukyuka kw'embeera [mu bayigirizwa] bujulizi eri ensi obw'obubeezi bwa Kristo." [131]

## Obumu bufunibwa butya?

Obumu bw'abayigirizwa bukolebwa Kristo ababeeramu okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Yesu yagamba,

Yokaana 17:21: *"nabo babeerenga bumu mu ffe."*

Yokaana 17:23: *" nze mu bo, naawe mu nze."*

Yokaana 15:4 : "*Mubeere mu nze, nange mu mmwe."*

Omutume Pawulo akyogerako bw'ati,

Abakkolosaayi 1:27: *"Kristo mu mmwe, esuubi ery'ekitiibwa."*

Abaggalattiya 2:20: *"Ndi mulamu, si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze."*

Bwe kityo, obumu busoboka Kristo bw'abeera mu ggwe nange. Tekisoboka awatali kujjula Mwoyo mutukuvu. Awo tusobola okubeera "abalungi" eri bannaffe. Ellen White awandiika: " Buli baakinoonya mu kunyiikira ennyo okubeera n'endowooza emu, ey'omulamwa ogumu. Obubatize bw'omwoyo mutukuvu, era tewali kikka wansi w'ekyo, ky'ekisobola okutuleeta mu kifo kino. Leka mu bwegassi bwaffe nate tuteeketeeke emitima gyaffe okufuna Mwoyo mutukuvu emirimu egy'amaanyi gisobole okutukolebwamu….."[132]

Awalala awandiika : " Abantu ba Katonda bwe babeera obumu mu bwegassi bw'omwoyo Mutukuvu, lwonna olufalisaayo, kwona okwetuukiriza, ebyali ebibi by'ensi y'abayudaaya, bijja kugobebwa okuva mu mitima gyabwe. Okubumba kwa Kristo kujja kubeera ku buli memba w'omubiri gwe, era abantu be bajja kubeera ekyupa empya

130 Ellen G. White, *Ebikolwa by'abatume*, pp. 549, 550.
131 Ellen G. White, *Ba nnabi ne bakabaka*, p. 233.
132 Ellen G. White , *Muliweebwa amaanyi*, November 5; p. 318

mwasobola okuyiwa omwenge gwe omuppya, era omwenge omuppya teguuyase kyuppa. Katonda ajja kumanyisa ekyama ekikwekeddwa okumala emirembe n'emirembe. Ajja kumanyisa obugagga bw'ekitiibwa bw'enkyama kino eri abaggalattiya; kino nga ye Kristo mu ggwe, esuubi ery'ekitiibwa' (abakkolosaayi 1:27)." [133]

**Baazuula obumu.**

Bino bye byayitibwamu bye twafuna mu bantu abalala abava mu kitundu ekirala mu disitulikiti yaffe. Gwe nasikira yagamba, " Wetaaga obuvumu bungi ku lw'ekkanisa eno kubanga oyingira mu kisaawe kya bbomu!" Mu bwangu ddala twakizuula nti obunkenke bwali bw'amaanyi nnyo. Waaliwo okuyombagana, okweyawulayawula, ebisago n'obutasonyiwagana. Okubaluka okw'obusungu okutafugibwa, n'obulumbaganyi bwali bubuutikizza ekire ekiddugavu ku kitundu kyonna . Kyali kyennyamiza okulaba ba memba b'ekkanisa engeri gye baali bawagamidde mu lutimba lw'obutasonyiwagana era ne batakizuula nti baali basobola okukyejjamu. Ebibiina by'amaka bwe byamala okukolebwa, obutabo *Emitendera egy'okwezza obuggya* bwagabibwa okusomebwa mu bibiina bino. Ba memba akatabo kano baakaagala era baasiima nnyo ku lwa katabo kano.

Wano, nawo, ba memba baatandika okukola okusaba n'okusiiba okw'ennaku 10 buli sekinoomu. (ennaku 10 – okusaba n'okwenyika okufuna obubatize bwa Mwoyo mutukuvu aka Dennis Smith) oluvannyuma, baalaga obwetaavu okukikolera awamu ng'ekkanisa. Ensisinkano yaliwo nate ku saawa kumi ku mankya . Okusooka abajumbize baali si banji, naye mpola mpola beyongera okwegattako era waaliwo embeera ey'omwoyo ennungi, ey'emirembe. Omuntu ng'akiraba nti Katonda akola. Mu ngeri ey'ebyewuunyo ekkanisa yagiteekateeka ku lw'omutendera gumu ogusembayo ogwali omuzibu ennyo ku ye: Omutendera eri okusonyiwa okutuufu. Oluvannyuma, ekisenge kyagwa era omuntu omu kw'omu baasaba okusonyiyibwa mu lwatu. Abalala baali boogera butereevu n'abantu bebaakaayananga nabo era nga babasaba okubasonyiwa. Begwa mu bufuba. Amaziga ne gakulukuta. Ekintu eky'ennaku ekisanyusa okulaba n'okufuna. Katonda yekka y'asobola okuluŋŋamya abantu okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Waliwo esuubi eri ebisaawe bya bbomu!

Omusumba F.H. ne mukyala we, # 85b

133 Ellen G. White, *Obubaka obulondemu*, Akatabo 1, p. 386.

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo

1. *"okusikiriza" kitegeeza ki? Okukkiriza okusikiriza kye ki?*

2. *Wa mu bayibuli wetusobola okusoma ku kukkiriza okusikiriza kuno?*

3. *Ekika ky'okukkiriza kino kiragibwa kitya mu bulamu?*

4. *Bintu ki abantu bye bamanya bwe balaba obumu mu bakkiriza?*

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwe musaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwemusaba naye:*

1. *Okufuna okukkiriza okusikiriza, okutuwa emikisa era okusobola okuwa abalala emikisa .*
2. *Okufuna obusobozi okulaba wa okukkiriza okusikiriza kuno wekubula mu mulamu bwaffe obwa bulijjo.*
3. *Okufuna obukulembeze bwa Katonda n'amaanyi okugaziya ebifo by'okukkiriza kuno okulungi.*
4. *Nti okukkiriza kwo kujja kuwa amaanyi abalala okubeera bulindaala okwaniriza enkola za Katonda.*
5. *Nti Kristo ajja kutubeeramu era buli kiseera yeyongere okulabibwa.*

# Nkyukakyuka ki mu ffe etufuula abajulizi?

# Okuzzibwa obuggya kitandikawo kitya obuminsani?

## Kristo ambeeramu atya?

Okunyonnyolebwa kusobola okusangibwa mu Abaefeso 3:16, 17: "abawe mmwe , ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwanga n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu owomunda, Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; ….mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala." Nga bwetulabye gyebuvuddeko, Kristo abeera mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu. Olw'okuba omuntu waffe owomunda " azibwa buggya lunaku ku lunaku" (2 Abakkolinso 4:1G), kikulu okuzza obuggya okwewaayo kwaffe eri Yesu buli kumakya n'okumusaba mu kukkiriza – okusingira ddala nga tubanja ekisuubizo nga Lukka 11:13 – okujjula Mwoyo mutukuvu." [134.] Obumu obw'abantu mu Kristo buleta abayigirizwa okweyongera okukwatagana. Bwekityo, okubeera kwaffe "mu Kristo" yensibuko y'obumu.

" buno [obumu , okwegatta] Kirabo, obuteekebwa Kristo eri abakkiriza baabeeramu [Yokaana 17:22,23]. ….N'olwekyo , obumu butandika na buli muntu."[135]

## Kiki ekitubaako yesu bw'abeera mu ffe?

Waliwo ebintu ebikulu bisatu ebibaawo Yesu bw'abeera mu ffe: ebibala by'omwoyo, ebirabo by'omwoyo, n'obusobozi obw'okujulira.

Ebibala n'ebirabo by'omwoyo byetagisa nnyo obumu okusobola okubeerawo. Era awo ebitundu bino ebibiri birina obuyinza bungi ddala ku kitundu eky'okusatu: obujulizi bwaffe ku Yesu. Enkyukakyuka yaffe ke kakkwakulizo akeetagisa okulw'obujulizi n'obumu bwaffe ng'abayigirizwa. Empisa ezivaamu zikozesebwa Katonda okusikiriza abantu abatanalokolebwa n'okutusobozesa okujjulira. Okuyita mu bujulizi bwaffe tufuuka bakozi wamu ne Yesu, kubanga yajja " okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula" (Lukka 19:10).

Katwetegereze ebitundu bino ebisatu:

---

134 Lukka 11:13: *"Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba?"* (KJV).

135 *Akatabo akaluŋŋamya okusoma Bayibuli ak'abakulu*, November 21, 2012.

1. **Ebibala by'Omwoyo.** "Naye ebibala by'omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okubonabona okuwanvu, ekisa, obulungi, okukkiriza, obukakkamu, okwefuga."(baggalattiya 5:22) ebintu bino byonna bikola omulimu gwa mugaso nnyo mu bulamu obwa bulijjo. Byetaagisa nnyo eri obumu mu bufumbo ne famire, mu bibiina eby'abayigirizwa, mu makkanisa ne mu buweereza.

   Pawulo ayogera ku mugaso ogugatta ogw'ekibala, nga kwekwanjuluza obutonde bwa Katonda mu ffe. Mu Abaefeso 3:17, tusoma *: "Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala."* (KJV, kigattiddwa okufaalasira). Ekibala kyogera ku kwagala. Mu luyonaani kiyitibwa ***agape*****.** Okwagala kuno bwe butonde bwa Katonda. Kwe kwagala okubuna okunoonya ekisinga eri

   Katonda n'omuntu. Eva Von Tiele – Winkler anyonnyola ekibala ky'okwagala kwa Katonda bw'ati:

   - Essanyu kwe kwagala okusanyuka.
   - Emirembe kwe kuwummula kw'okwagala.
   - Okubonabona okuwanvu kwe kwagala okuwanirira.
   - Obukakkamu kwe kwagala okumasamasa.
   - Obulungi kwe kwagala okuyamba.
   - Obukkiriza kwe kwagala okwesiga.
   - Obugonvu kwe kwagala okutaliiko kikomera.
   - Okukola awatali kusuubira kusasulwa kwe kwagala okutaliiko bbala.

   Ndowooza kyeraga lwatu nti ekibala kino eky'empiza eweebwa Omwoyo kwe kwagala. Eyo y'ensonga lwaki kyogera ku kibala kino mu kimu era si mu bungi. Ellen White ayogera ku bintu bino : " okukyuka kw'empisa bujulizi eri ansi ku bubeezi bwa Kristo." [136]

2. **Ebirabo by'Omwoyo**. Ekirala ekikulu obulamu bwa Yesu kye bulina mu bulamu bwaffe kwe kuwebwa ebirabo by'Omwoyo. Katonda atuwadde enkuyanja y'ebitone. Mu 1 bakkolinso 12, Pawulo ageerageranya ekkanisa, ng'ategeeza omuwendo omugereke mu bungi, n'omubiri gw'abantu. Omubiri gukolebwa ebitundu bingi eby'enjawulo. Kikulu okubeera omulamu nti buli kitundu kikola bulungi. Kino kiraga nti mulimu gwaffe okuwerezeganya ne talanta zaffe ez'enjawulo era bwetutyo tugatte ku buwanguzi bwa family obw'awamu obwa Famire, obw'ekibiina, obw'ekkanisa. Buli omu awereddwa omulimu ogw'enjawulo. Katonda atuwadde obusobozi obw'enjawulo.

   Olukalala lw'ebirabo mu ndagaano empya telubimalaayo. Waaliwo ebirabo bingi ebirala mu kkanisa eyasooka; era ne mu y'omulembe guno, waliwo ebirabo ebyeyongerako.

136 Ellen G. White, *Ba nabbi ne bakabaka*, p. 233.

.

| **Ebirabo by'ebigambo** | **Ebirabo by'eby'amagero** | **Ebirabo eby'obuweereza** |
|---|---|---|
| Okwogera okw'amagezi<br>1 abakkolinso 12:8 | Okukkiriza<br>(okw'ebyamagero)<br>1 abakkolinso 12:9 | Ebirabo eby'obukulembeze<br>Abaruumi 21:8; 1<br>Abakkolinso 12:28 |
| Okw'ogera okw'okumanya<br>1 Abakkolinso 12:8 | Ebirabo eby'okuwonya<br>1 Abakkolinso 12:9, 28 | Obuweereza obw'awamu<br>Abaruumi 12:7 |
| Okwogera okw'obunnabi<br>1 abakkolinso 12:10,28;<br>Abaruumi 12:7 | Ekirabo ky'ennimu<br>1 Abakkolinso 12:10,28 | Ekirabo eky'okuyamba<br>1 abakkolinso 12:28 |
| Ekirabo eky'okusomesa<br>1 Abakkolinso 12:28;<br>Abaruumi 12:7; Abaefeso<br>4:11 | Okwogera okuvvuunula<br>ennimi<br>1 Abakkolinso 12:10,30 | Ekirabo eky'okugaba<br>Abaruumi 12:8 |
| Ekirabo ky'okubuulira enjiri<br>Abaefeso 4:11 | OKwawula emyoyo<br>1Abakkolinso 12:10 | Ekirabo eky'ekisa<br>Abaruumi 12:8 |
| Ekirabo ky'obutume<br>1 Abakkolinso 12:28;<br>Abaefeso 4:11 | Amaanyi ag'ebyamagero<br>1 Abakkolinso 12:10, 28 | Ekirabo eky'okwaniriza<br>1 Peetero 4:9 |
| Ekirabo ky'okutendereza<br>Abaruumi 12:28 | | Ekirabo eky'obusumba<br>Abaefeso 4:11 |

*Johannes Mager, Auf den Heiligen Geistes* (Luneburg: Advent-Verlag, 1999), S. 121.

Kya nkizo nti ebintu ebyo ebibiri – ekibala ky'omwoyo n'ebirabo by'Omwoyo – birabibwe mu butonde bwaffe n'okuyita mu kwogera kwaffe, byetuwulira, ebirowoozo , n'ebikolwa. Waliwo engeri emu yokka kino gye kisobola okubeerawo. Tulina okujjula Mwoyo mutukuvu.

Ebikulu mu kufuna obulamu mu Mwoyo mutukuvu kwe kusaba okusobola okweweerayo ddala eri Katonda okwa buli lunaku. Eky'okulabirako eky'essaala ng'eyo kisobola okusangibwa mu katabo Emitendera mu Kwezza obuggya, essuula 4. Abasomi b'ako baŋŋambye bye bafuna ebiraga essala ey'ekika kino ky'ekola. Kino kiva Rheinlanda,Germany: "Tufunye ebintu ebirungi. Baganda baffe ne bannyinaffe basabira wamu essaala eyaweebwa ng'ekyokulabirako [okuva mu mitendera egy'okwezza obuggya] buli lunaku, era mbadde ngisaba ne mukwano gwange okumala emyezi etaano. Ebintu tebitutereeede butereeezi ng'abantu kyokka, naye era ne mu maka gaffe, mu nkolaganza zaffe, mu bufumbo bwaffe, mu by'omwoyo, mu kkanisa, naye si mungeri etondayo obugugulano obunene. Wabula , kikolebwa mu ngeri ey'akasirise, ey'obutonde. Tukyamuse era tukirabamu enkola ya Katonda erongoosa, erina engeri gy'egonzaamu obulamu, kuba tw'ongera okweyongera okuwulira okubeerawo kwa Katonda."

Olaba engeri obujulizi buno gye bulaga nti "Kristo mu ffe" okuyita mu Mwoyo mutukuvu akola bulungi ku ffe okubeera obumu?

Alipoota yeyongerayo: " gye buvuddeko mwannyinaffe yaŋŋamba : " eno y'engeri gye nateberezangamu okutwala obulamu obulungi era obusikiriza eri Katonda, naye waaliwo obuzibu bungi mu kkubo. Oluvvanyuma, ekirooto kyange kituukiridde. Era eno ekyali ntandikwa!'"[137] Mwaninnaffe ono yazuula okukkiriza okusikiriza.

3. **Okujulira Yesu.** " Naye muliweebwa amaanyi , Omwoyo mutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe: nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi." (Ebikolwa By'abatume 1:8,KJV) Yesu yagamba abayigirizwa be nti baali ba kuweebwa amaanyi Mwoyo mutukuvu okubeera abajurirwa.
   Bwetujjula Mwoyo mutukuvu, tujja kufuna okuzzibwa obuggya mu mwoyo n'okutereezebwa. **Okuzza obuggya kye ki**? Dennis Smith anyonnyola: " ky'ekiseera obulamu bw'abakulisitaayo webuzibbwa obupya mu Yesu. Essanyu ery'okulokolebwa lijjula omutima gwe; obwetaavu bw'okulokolebwa okw'abalala butandika okumwokya. Kino kitegeeza nti nga abakulisitaayo abaziddwa obuggya tuyayaanira okulokolebwa kw'abantu abalala."[138]
   Ellen White agamba: " Awatali kubeerawo kwa Mwoyo wa Katonda, mpawo mutima gunakomebwako, mpawo mwonoonyi anawangulwa eri Kristo. Abayigirizwa be bwe bakwatagana ne Yesu, nga ebirabo by'Omwoyo bibawereddwa, n'oyo asinga obwavu n'obutamanya mu bo ajja kubeera n'amaanyi aganaayogera eri emitima. Katonda abafuula emikutu egy'obukozi bwe obwokungulu egy'obuyinza obusinga okubeera obw'awaggulu ku nsi."[139]
   Omubuulizi w'enjiri omututumufu era omubuulizi w'enjiri y'okuzza obuggya R.A Torrey anyumya ebyafunibwa eby'omuzinzi. Omuyambi w'omusumba omukenkufu omukyala, yayogera n'omusajja ku bulokozi bwe okumala essaawa bbiri era n'atabaako kyatuukako. Kyeyava asaba Torrey ayogereko naye. Nga wayise edakiika kumi omusajja yakkiriza. Omukyala ebigambo bya muggwako, kuba Torrey yali akozesezza ebyawandiikibwa bya bayibuli bye bimu nga ye. Torrey kino yakyogerako bw'ati: " Olwokuba omukyala yali talina ky'atuuseeko, ye [Dr. Torrey] yali atidde nti naye kino kyali kigenda kumutuukako. N'olwekyo yasaba Katonda mu buteesobola bwe afune Mwoyo mutukuvu akole omulimu guno – era yagukola."[140]

137 Obubaka okuyita mu kasanduko k'olutimba lw'amasanyalaze obwawerezebwa H. Haubeil December nga 18, 2012

138 Dennis Smith, *ennaku 40: okusaba n'okwemaliza mu kuzza obuggya byetufunye ne Katonda*, akatabo 2, Olunaku 6; p. 24

139 Ellen G. White, *Muliweebwa amaany*i, October 25; p. 307.

140 R. A. Torrey, *Der Heilige Geist* (Frankfurt/ Main: 1966), S. 37, 38; olukalala mu bufunze.

## Okuzza obuggya kuleeta obuminsani

" okutuusa nga bafunye Mwoyo mutukuvu, tebayinza kutambuza bubaka bwe n'amaanyi. Okutuusa nga bafunye Mwoyo mutukuvu, tebayinza kuzuula kiki Katonda ky'asobola okukola okuyita mu bo."[141] Katonda ateeseteese nti abantu bajja kusikirizibwa eri empisa zaffe n'obumu obw'okwagala. Kin kituufu na ddala ku baana baffe, abavubuka, ne ba memba ba famire, naye era n'abantu baffe, betumanyi, abatulilaanye, betukola nabo, emikwano, ne betutamanyi be tusisinkana. Abantu baanukula eri okukkiriza kwaffe, Era Katonda asobola okulagirira abantu gye tuli.

Ebigambo bino wansi bitulaga nti empisa zaffe zisobolera ddala okubeera n'obuyinza obw'amaanyi: " Singa twetowaza mu maaso ga Katonda, era ne tuba n'ekisa era abegendereza era ab'omutima omugonvu era abalina okusaasira, Awo awali kati omuntu omu yekka wajja kubeerawo enkumi n'enkumi z'abadda eri amazima." [142]

Naye Mwoyo mutukuvu tabula mu kino. Ellen White akowoola obwanga bw'abasumba eri bino: " tebasobola [ba memba b'ekkanisa] kubuulira mazima g'amaanyi na kitiibwa ag'ekigamboo kya Katonda ekitukuvu ekyandirumye n'okukyuusa emmeeme okuyita mu bukozi bw'Omwoyo Mutukuvu. Amaanyi ga Katonda galindiridde obwetaavu, nokwanirizibwa."[143]

## Okuzukusibwa kw'omwoyo kukuumibwa kutya?

Mu 1893, okuzza obuggya kwaliwo mu bitongole by'abadiventi mu Battle Creek, Michigan, Naye okuzza obuggya kwavaawo mu kiseera ekitono. Katonda yawa Ellen White okumanyisibwa ekyavaako ekyo. Yagamba: "Singa emitima emingi gyonna, egyali girabisiddwa ekitangaala, gyagenderawo ku mulimu gw'okukola ku balala ekyo Katonda kyeyali abawadde okukola - omulimu ogwo gwennyini, ekitangaala ekisingako kyandiweereddwa, amaanyi agasingako gandibateekeddwako."[144]

Tuwebwa ekitangaala ekisingako n'amaanyi agasingako okuyita mu kutambuza enjiri. Bwe tufa ku bantu abalala, awo kibeera n'ebikivaamu eby'omuwendo mu bulamu bwaffe bwennyini. Eno y'ensonga lwaki kikulu nnyo okuwagira abantu okwegayirira ku lw'abantu abatatuukiddwako mu biseera eby'ennaku 40 ez'okusinza. [145]

141 Ellen G. White, *Muliweebwa amaanyi*, October 4; p. 286.
142 Ellen G. White, Obujulizi b'wekkanisa (Nampa, ID: Pacific Publishing Association, 2002), 9:189.
143 Ellen G. White, *obujulizi eri obuweereza n'abakozi mu njiri*, p. 175.
144 R. A. Torrey, *Der Heilige Geist* (Frankfurt/ Main: 1966), S. 37, 38; olukalala mu bufunze.
145 Laba Dennis Smith, *Ennaku 40,* obutabo 1 ne 2 , ennyanjula

## Obuminsani bwaffe butandikire wa?

Yesu yagamba abayigirizwa be wa webaalina okutandikira obuminsani: baalina kutandikira awo we baali. Eri ffe, kino kitegeeza tulina kutandikira waka n'awo abantu webatumanyi. Lwaki Yesu yakiteekateeka mu ngeri bw'eti? Abantu we batumanyi, obujulizi bwaffe bujja kukkirizibwa bwebugobererwa empisa ey'okwagala. Obujulizi bw'obulamu bwaffe bulina okukwatagana n'obujulizi bw'omumwa gwaffe. Kisobola okulabibwa ewaka bwetuba nga ddala tujjula ne Mwoyo mutukuvu.

## Etteeka lya Yesu epya lirina mugaso ki?

Yesu agamba mu Yokaana 13:34,35: "eteeka eppya lye mbawa nti mwagalanenga, nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga." (KJV)

Obulamu obujjudde omwoyo bwongera okuleeta ekibala ekyomugaso eky'omwoyo: obwetowaze. Obwetowaze y'endowooza ya Yesu era kwamugaso eri obumu obulungi. Eno y'ensonga lwaki Yesu yawa eteeka epya amangu ddala ng'amaze okunaaza ebigere by'abayigirizwa be. Okunaaza ebigere kyali kiraga obwetowaze.

Obwetowaze tebuli mu kikula kya muntu ow'ensi. Naye, tusobola buli lunaku okusaba Katonda okufuna obwetowaze nga tubanja ebisuubizo nga Mikka 6:8.

Obwetowaze kintu kikulu nnyo eri omuntu ajjula Omwoyo , naye emirundi egisinga butera okuvvuunulibwa obubi. Mu teeka epya, Yesu ayogera ku kwagalana " nga bwe nabaagalanga mmwe". Yesu atwagala n'okwagala okw'obwaKatonda. Okwagala okw'ekika kino tukuyita okwa *agape* ekigambo eky'oluyonaani ekitegeeza okwagala okw'obwaKatonda. Okwagala kuno engeri yokka gye tusobola okukufuna nga tujjula Mwoyo mutukuvu . Pawulo yawandiika "….okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyammwe, ku bw'Omwoyo mutukuvu gwe twaweebwa." (abaruumi 5:5 NKJV) "okwagala okusukkulumu okwa Katonda n'okwagala okuteerekera okwa buli omu – kino kye Kirabo ekisinga kitaffe ow'omuggulu ky'ayinza okutugemulira.
Okwagala kuno si ekyo ekikujjira mu bwongo, naye eteeka ely'obwaKatonda, amaanyi ag'olubeerera.
Omutima ogutaawongebwa tegusobola kukutandika oba kukukola. Mumutima ogwo gwokka Yesu mw'abeera mwe kusangibwa."146

Bwe kityo okubeerawo kw'obwetowaze kye kibuuzo oba Yesu ali ku "Namulondo" y'omutima gwaffe. Tumukkiriza okufuga buli kintu mu bulamu bwaffe?
Tuwereddeyo ddala obulamu bwaffe eri ye? Kino tukikakasa buli lunaku?

---

146 Ellen G. White, *Ebikolwa by'abatume*, p. 551.

**Ate nze?**

Nina okukkiriza okusikiriza? Yesu abeera mu mutima gwange okuyita mu Mwoyo mutukuvu? Bwe kiba nti ye? Awo netaaga okulabirira n'okukuza okukkiriza okusikiriza. Naye bwe nkizuula nti sinnafuna kukkiriza kusikiriza, awo mu bulambalamba nina okwaŋŋanga ekibuuzo ekikulu kino.

Waliwo ebisobola okutuyamba okufuna okukkiriza okusikiriza kuno ( eri abo, abatannakufuna) era n'okulabirira okukkiriza kuno (Eri abo, abakulina) mu katabo kange E*mitendera mu kwezza obuggya* ne mu katabo ka Dennis Smith *ennaku 40 – okusinza n'okusaba mu kwetegekera okujja kwa mukama waffe okw'okubiri.*

Obutabo buno obubiri buli kamu kajuuririza kanaako mu ngeri eyomuwendo ennyo. Nkyensobola okukola kwe ku balagirira n'omutima gwange gwonna nti musome obutabo buno – ye, n'okusinga ku mulundi ogumu.

**Obubulwa bwaffe obwa Mwoyo Mutukuvu busobola butya okukosa abantu abalala?**

Bwetutaba na Yesu mu ffe okuyita mu Mwoyo mutukuvu, tubeera bakkiriza ba mubiri ( laba 1 Abakkolinso 3:1 -3; Abaruumi 8:1 – 17; Abaggalattiya 5:16ff). Tetulokolebwa mu mbeera eno (abaruumi 8:9). Tubeerawo ku lwa busobozi n'amaanyi gaffe. Ebiddirira bili nti famire yaffe n'abaana nabo basobola okubeera abakkiriza ab'omubiri, na byonna ebyejjusibwa ebikivaamu.[147] Leka tukijjukire nti okwagala kwa Katonda engeri yokka gyekusobola okubeera mu mitima gyaffe kwe kuyita mu Mwoyo mutukuvu. Ellen White agamba, " abo abatafunangako kwagala okufaayo, okuwangula okwa Kristo tebayinza kutwala balala eri ensulo y'obulamu. Okwagala kwe mu mutima ge maanyi agakwata, agaleetera abantu okumulaga mu mbozi , mu kufaayo, mu kulumirirwa, mu kusitula obulamu bw'abo bebakolagana nabo."[148]

Yesu bwabeera mu ffe okuyita mu mwoyo mutukuvu, awo aba ajja kutusobozesa okujulira Katonda mu ngeri eyereetera ddala mu butonde. " Kubanga ebyo ebijjula mu mitima , akamwa bye koogera." (Mattayo 21:34,KJV)

**Okukkiriza okusikiriza kulina muwendo gwenkana ki?**

Tusobola okulaba omuwendo gw'okukkiriza okusikiriza bwe guli bwe tutunuulira abakkiriza abaabonabona n'ebintu ebibi, okukyijanyizibwa, okufiirwa ebyabwe, oba okuttibwa ku lwenzikiriza yabwe okusinga okuva ku kukkiriza kuno. Kiki ekyabafuula abagumu wansi w'ebizibu ebikambwe bino? Nga bwe tulaba obukakafu nti baali bajjula ne

147 Laba Helmut Haubeil, *Emitendera mu kwezza obuggya*, pp. 36, 74, 76.
148 Ellen G. White, *Ebikolwa by'abatume* , pp. 550, 551.

Mwoyo mutukuvu, abajulirizi tebasobola kutubuulira kye baawulira mu bulumi obw’obulamu. Naye , alipoota y’obwapaapa ku kufa kwa Hus ne Jerome ku kikaliriro mu Constance kituwa akabonero ak’omugaso. Omuntu bwaba ayokebwa, kyasobola okukola kyokka kulaajana. Naye abasajja bano ababiri baayimba ennyimba ezitendereza. Ekintu nga kino kisoboka na buyambi bwa Katonda bwokka. Baalina essanyu etuufu yaddenga baali mu bulumi. “wonna Omwoyo we w’afuga, emirembe gibeerawo. Era wajja kubeerawo n’essanyu.”[149]

Famire ya Huguenot owe Durant mu France mu kyasa eky’ekumi n’omunaana kyakulabirako kirungi. Ba Durants bakijanizibwa ekkanisa kulw’okukkiriza kwabwe okwa Bayibuli. Taata yamala emyaka kumi n’ena mu kkomera bwe yali tanasonyiyibwa. Maama yafiira mu kkomera. Mutabani wabwe Pierre – omubuulizi nakkinku – yattibwa. Muwala wabwe Marie yawambibwa mu kanaala n’abakazi abalala. Yandibadde yateebwa singa yegaana okukkiriza kwe, naye teyakikola. Mu 1768, baamuta oluvannyuma lw’emyaka asatu – mu munaana mu kkomera. Eri Marie Durant, okukkiriza kwa Bayibuli kwali kukkiriza okusikiriza kweyali tayinza kuvaako.”[150]

### Eby’okulabirako eby’amaanyi ebikoleddwa obuminsani

Danyeri ne mikwano gye baali beteefuteefu okukkiriza ebibakosa bwe baasaba okuweebwa emmere eyawukanako. Era Katonda yakola ki? Yawa omukisa obuwurize bwabwe. Beeyongera okulungiwa, obulamu, n’amagezi okusinga abalala. Baafuna ebifo ebyawaggulu. Tumanyi alipoota ekwata ku mukwano gya Danyeri mu kikoomi eky’omuliro ne ku kiro Danyeri kyeyasula mu Kiyumba ky’empologoma. Okukkiriza kwabwe kwali kw’amakulu nnyo gyebali okusinga obulamu bwabwe. Era kiki ekyaddirira? Obwakabaka bw’ensi bubiri bwasobola okuwulira obujulizi bwabwe ku Katonda omutuufu mu bigambo ne mu bikolwa. Eky’okulabirako kyabwe kyakola kinene ku mulimu gw’obuminsani

Ekintu ekyo ky’ekimu kituufu ne ku Yoseph mu Missiri. Yagaana okukola obwenzi. Ku lw’obulimba bwa mukazi wa Pontiyo, yasindikibwa mu kkomera. Naye Katonda yakozesa obwesimbu bwe okumanyisa obw’akabaka bwonna okumanya Katonda omutuufu.

OJjukira omuwala omuto eyakolanga ng’omuddu mu maka ga Naamani? Obujulizi bwe mu bigambo n’ebikolwa mu kusembayo byaviirako omuduumizi ono okudda eri Mukama. Ndi mumativu nti teyagoberera bugoberezi Katonda omulamu n’essanyu eringi, naye nti era omuwala ono yamuwa eddembe lye era ye kennyini yamutwala ewabwe, ng’amuwadde n’ebirabo bingi.

Mu Matayo 13:44-46, Yesu abuulira ku musajja eyazuula eky’obugagga mu kisaawe. Eky’obugagga kino kyali kyamuwendo nnyo gyali nti yatunda bulikintu kye yalina

149 Ellen G. White, *Obwagazi obw’edda n’edda*, p. 153.
150 Kigyiddwa ku Wikipedia, “Marie Durant.”

Era n'agula ekisaawe. Yaleka buli kye yalina ku lw'obwakabaka bw'omuggulu – oba nga bwe nkinyonnyodde, okukkiriza okusikiriza. Tusobola okulaba omuwendo okukkiriza kuno gwe gulina?

**Ebirowoozo ebisembayo**

Ellen White agamba, "Abo ababeera mu Yesu banaabeeranga basanyufu, basanyusa, era n'okweyagalarira mu Katonda."[151] Okukkiriza okusikiriza kutuwa essanyu, ebbugumu, obuwanguzi, n'obulamu obusanyusa n'esuubi ekakkafu ery'obwakabaka bwa Katonda. Ne mu biseera eby'obuzibu, bwe tuyita mu kuwonvu eky'enzikiza, okukkiriza kwaffe kujja kusigala nga kusikiriza okuyita mu kubeerawo kwa Katonda.

Okuyita mu kukkiriza okusikiriza tusobola okugatta ku bumu obulungi, era bwekityo abantu abalala bye baagala bijja kuzingirwa mu kukkiriza kwaffe.

Katonda atuyambe tutegeere bulungi omugaso og'wamaanyi oguli mu bumu! Tumusaba atuyambe okuyita mu manyi ag'omwoyo mutukuvu, nga Kristo ali mu ffe, okukula okubeera nga Kristo ku lw'essanyu lyaffe n'emikisa era tusikirize abaagalwa baffe ne bantu bannaffe. "Essanyu lya Mukama ge maanyi gammwe." (Nekemiya 8:10) **" bwe tukiikirira Kristo, obuweereza bwe tujja kubufuula obusikiriza, era nga ddala bwe buli."**[152]

Essaala: *"KItaffe ow'omuggulu, nkwebaza n'omutima gwange gwonna nti okugoberera Yesu okutuufu kuleeta obulamu obusinga okusanyusa. Nkwegayiridde onyambe okusigala mu nkolagana ennungi ne Yesu obulamu bwange bwonna. Era kozesa obulamu bwange okutwala abantu bwange benjagala n'abantu abalala gy'ali." Amiina.*

151 Ellen G. White, *Obujulizi obw'ekkanisa* (Nampa , ID: Pacific Publishing Association, 2002), 4:626.
152 Ellen g. White, *Emitendera eri Kristo*, p. 116.

## Ebirowoozo byo n'ennambika ku by'okukubaganyako ebirowoozo.

1. *Biki ebitereezebwa Kristo okubeera mu ffe?*

   ___________________________________________________________________________

2. *Ekibala ky'Omwoyo kye ki?*

   ___________________________________________________________________________

3. *Ebirabo by'omwoyo bye biki?*

   ___________________________________________________________________________

4. *Okuzza obuggya kukolaki ku bulamu bwaffe? Kukola kutya ku bintu ebitwetoolodde? Kutuzaamu kutya amaanyi?*

   ___________________________________________________________________________

5. *Byakulabirako ki bye tulina mu Bayibuli ebiraga, okuyita mu kwesiga okwangu mu Katonda, nti ebintu eby'amaanyi bisobola okubeerawo?*

   ___________________________________________________________________________

## Obudde bwaffe obw'okusaba

- *Kwatagana ne gwemusaba naye era mukubaganye ebirowoozo ku mulamwa.*
- *saba ne gwe musaba naye:*

1. *Nti ekirabo ky'omwoyo kyeyongere okukula mu ggwe .*
2. *Okufuna obusobozi okuzula ebirabo by'Omwoyo era obikozese bulungi.*
3. *Okufuna obuvumu n'essanyu okujulira Kristo okubeera mu ggwe – okuyita mu bulamu bwo, okuyita mu bigambo byo n'ebikolwa, ebitasobola kubeerawo mu maanyi go, wabula ebisibuka mu kukkiriza okusikiriza.*
4. *Okufuna essanyu. Mu kusoma ekigambo kya Katonda, n'okubeera n'endowooza etegeera n'amagezi.*

## OBUJULIZI

**Akatabo akawaandiikibwamu enkyukakyuka eyaliwo oluvvannyuma lw'okwewaayo.**

Ku ntandikwa ya 2014, nebuuzanga, "Yesu olunaku olumu aliŋŋamba: 'sikumanyi'? ndi omu mu mbererera abasiru?" Ekirowoozo kino kyanyinga olw'okuba nayagala okufuna obulamu obutaggwawo okuva ewa Katonda, Naye olw'ebintu ebyenjawulo mu bulamu bwange , nabeeranga n'endowooza ennumiriza era nga sabeeranga ku kkubo tuufu.

Eky'omukisa omulungi, nagwa ku butabo bubiri, *Emitendera mu kwezza obggya* ne *Beera mu Yesu*. Bwe namala okubusoma omulundi ogwasooka, nakizuula nti waliwo ekyalina okukyuka mu bulamu bwange. Obutabo nabusoma emirundi egiwerako okusobola okutegeera ddala obulungi buli kintu. Okweyongera kw'ekyo, nawulira obujulizi okuva ewa mwannyinaffe eyemalira mu kino eyali yafuuka omukkiriza ow'omwoyo mu myezi mitono egyayita.

Kati manyi mu bukakafu nti ku ntandikwa y'omwaka nali "wa mubiri" mu ndowooza yange era nandifudde, kuba yesu yandibadde alina okugamba, "sikumanyi."

Okuyita mu kweweerayo ddala eri Yesu, Katonda yasobola okukyusiza ddala obulamu bwange mu mwezi gumu.

Kati nzukuka ku ssaawa 4:30 a.m. Okusoma ekigambo kya Katonda. Mu maanyi gange, kino kyandibadde tekirowoozeka – okwebaka kwali kusinga obukulu. Nsaba mu ngeri yanjawulo – ng'oyo ajjula omwoyo. Nsaba Mukama buli lunaku ekyo ky'ayagala nkole ku lunaku olwo. Era Katonda anyanukula. Buli lunaku nyaniriza Mwoyo mutukuvu okubeera n'okukolera mu mutima gwange. Ebirowoozo byange byerufu era nyambala mu ngeri esingako okubeera "eyekikyala".

Ate nno, sikyala buli kiseera. Ekyo nali sisobola kukiyimiriza mu maanyi gange. Ebyetaago bya buli lunaku kati mbikolako mu ddembe, era okweraliikirira tekukyanterebula. Mwami wange naye yalaba enyukakyuka mu nze nga wayise wiiki satu. Yagamba, " tokyabaluka ngabwewali."

Bwe nnali nsoma bayibuli, amangu ago nafuna ebibuuzo bingi bye nnali sifunangako. Kati njagala okugigenda ebuziba. Mu kusooka, Mwoyo mutukuvu oluusi yantwalanga okuwa obujulizi. Kati nkikola buli Lunaku. Sirina kusooka kuteekateeka bye ŋŋenda kwogera . Katonda ampa ebigambo ebituufu kubanga ye yekka y'amanyi omuntu gwe njogera naye. newankubadde ebiseera ebimu nyonoona, Katonda amangula bulungi okulaba ebibi. Nsobola okwenenya n'okukyuusa amakubo gange.

Nkizudde nti sirina kye nsobola kutuukako awatali Yesu era netaaga okubeerawo kwa Kristo ku buli mutendera mu lugendo lwange. Era nkizudde nti ekikontana n'okwemanya (butya bwendi omulungi, butya bwensobola okukola ekintu obulungi) kwe

Kwetowaza, ekintu ekiraga nti awatali Yesu tetulina na kimu ekirungi kye tusobola kukola.

Katonda era yampa obusobozi okulekera awo okunywa kaawa. Emabegako katono kyandibadde tekirowoozeka, kubanga bwe nagezaako okumuvaako nalumizibwa nnyo omutwe okumala ennaku taano. Buno bubonero obukambwe obw'okulekera. Ku mulundi guno saalowooza na biyinza kuntuukako. Kyokka kyennali manyi nti nali sikyamwagala, Leero, sikyamulookeera.

Nafuna embeera y'emu n'ennyama. Famire yange nange twali tetwagala kuva ku kulya nnyama. Leero kyangu gyendi. Sikyagyoya.

Ekintu ekyasinga okukyusa obulamu bwange bwe bwetaavu obw'amaanyi obw'obulamu obutaggwawo n'okuzuula nti tewali kirala kisinga mununuzi wange bukulu, Kristo Yesu, nga sifudde ku binantuukako.

Ezekyeeri 36:26, 27 ayogera amazima: Yesu ajja kutumuwa omutima n'omwoyo omuggya. Ayagala kutufuula abantu abakuuma amateeka ge. Okumala emyaka, nywanaganye n'ebizibu eby'enjawulo, naye nga nkottokera busa. Kulwange nali sisobola kubivvuunuka. Yesu yayagala okukolera okwagala kwe mu nze, era kyokka kye yali ayagala nti nekiririze.

Ellene White agamba nti oyo yenna agezaako okutuuka mu ggulu ng'akozesa emirimu gye okukuuma amateeka, ali mukugezaako ekitasoboka. Kino kye nnyini kye nnafuna okumala emyaka asatu – mu etaano. Mu kutegeera nakkiriziganya n'amateeka, naye nga sisobola kugakuuma. Yesu yekka yasobola okukola obulungi mu nze. Atuwa obwagazi bw'ebirungi n'ebintu eby'obulamu, era agyawo obwagazi bw'ebintu ebitukosa.

Leero nsobola okukakasa Abaruumi 8:14: " Kubanga bonna abakulemberwa omwoyo gwa Katonda , abo be baana ba Katonda." Okusinziira ku lunyiriri luno , nina okusaba buli lunaku, buli saaawa, buli kiseera okufuna Mwoyo mutukuvu okubeera n'okukola munze – kubanga omulabe teyeebaka.

Yesu yagamba mu Matayo 10:37: *" Yagala kitaawe oba nnyina okubasinza nze , tansaanira."* Nalowoozanga : nti tekikola . Kati manyi Yesu bw'abeera mu mutima gwange , awo omulimu omuenene ogw'ensi gukolebwa mu nze era okuyita mu nze era asobola okulabirira abaana bange ne famire mu ngeri esingira ddala ku nze . Katonda yekka yalina amaanyi n'amagezi agataaliko kkomo. Mu kwekakasa kuno nsobola okuteeka obulamu bwange mu miko gye buli lunaku, era buli kimu ajja kukikola bulungi, okusinziira ku magezi n'entekateeka ye." M.M.

# EBYEYONGERAKO

**Ebiragirirwa mu kweyongera okusoma.**

Ekirowoozo ekikulu: Nkusaba okusoma akatabo kano emirundi egiwerako. Okunoonyereza mu kuyigiriza kulaze nti kyetaagisa okusoma oba okuwulira omutwe omukulu eri obulamu bwaffe emirundi wakati w'omukaaga n'ekumi okusobola okugutegeera obulungi. Kigezeeko. Ebinakivaamu bijja kukumatiza. Bwennasoma akatabo akamu emirundi egiwerako, omulundi ogwasooka mu bulamu bwange nafuna okutuukiriza kwa Mwoyo mutukuvu. Nfunye obujulizi bungi obw'okusiima era obw'amaanyi ku bulamu obukula mu Yesu. Kumpi bwonna bwava mu basomi abaddamu okusomera ddala akatabo emirundi egiwerako.

**Ebyafunibwa ebipya mu bulamu obujjudde Omwoyo**

Mukama waffe Yesu agamba, " Akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe..' naye kino yakyogera ku [Mwoyo] Mutukuvu." (Yokaana 7:38,39)

**Nina Kye nkusaba**: Bwobaako by'ofuna okuyita mu kwewaayo kwo eri Yesu n'okubeera mu Mwoyo mutukuvu, Awo nandisiimye singa onsindikira alipoota enyimpimpi, Helmut Haubeil. Kya muwendo nnyo bwe tuba tusobola okugabana bye tufunye ku www.steps-to-personal-revival.info-testimonies., mu mpapula ne mu mawulire. Ng'etteeka, twogera mu nnukuta ezisooka ez'amannya. Nkusaba ojjukire nti by'ofunye, okusooka bijja kugumya abalala oba okwongera okukula mu kutambula okujjudde Omwoyo mu kwemalira ku Yesu Kristo, omulokozi waffe omulungi era anaatera okujja.

**Kwatagana ne:**
Helmut Haubeil
Rosenheimerstrabe 49
D-83043 Bad Aibling/ Upper Bavaria
Email: helmut@haubeil.net
Tel. +49-(0) 8061-4900 712
Ennimi: Lugyamani oba Luzungu.

**AKATABO 1: www.steps-to-personal-revival.info**




**EMITENDERA MU KWEZZA OBUGGYA**

Okujjula Mwoyo mutukuvu.

**Mukama waffe mukama waffe yennyini awadde ekiragiro: [1] Nga temuddirizza, ka muddiŋŋane okwejuza obuppya n'omwoyo omutukuvu![2]**

1. **E.G White, entikko y'emikisa, MB 20.3 (egwwritings.org)**
2. **Johannes Mager, Auf den Spuren des Heikigen Geistes (Luneburg, 1999), p.101**

**Ebikwata ku kulagiriza biri ku peegi 2 www.steps-to-personal-revival.info**

## ERI ABAKULEMBEZE N'ABAKULEMBEZE ABALIJJA

**OKUKUBISAAMU EBIBALA**

**ESSUULA 1 EKIRABO KYA YESU EKIKYASINZE OMUWENDO**
***Yesu yasomesa ki ku mwoyo omutukuvu?***
***Mwannyikira n'obubaka bwa yesu obusinga okuba ob'amaanyi?***

**ESSUULA 2 ENKULUNGO Y'EBIZIBU BYAFFE ERI KKI?** ***Waliwo ensibuko y'ebizibu byaffe nga ya Mwoyo? Kye kivaako obutaba na mwoyo mutukuvu? Kizibu ki ekisinga mu kubeere omukkiriza ow'omwoyo?***


**SSUULA 3 EBIZIBU BYAFFE BISOBOKA OKUKOLWAKO- BITYA?**
***Waliwo ensibukoy'ebizibu byaffe nga ya mwoyo? Tusobola tutya okukula okubeera okubeera abakkiriza abanywevu era abamaannyi?kakwate ki akali wakati w'okubatizibwa ne Mwoyo mutukuvu?***

**ESSUULA 4 NJAWULO KI GYETUBA TUSUUBIRA?**
**Muganyulo ki gwetulina mu bulamu obujjula Mwoyo mutukuvu? Tufiirwa ki bwe tutasaba Mwoyo mutukuvu?**

**ESSUULA 5 EKISUMULUZO MU KUTEEKA MU NKOLA**
**Nsobola ntya okuteeka mu nkola n'okufuna obukozi bwa Katonda gyendi?**
**Nina kusaba ntya okusobola okwekakasa nti nzijula Mwoyo Mutukuvu?**

**ESSUULA 6 BINTU KI BYETUGENDA OKUYITAMU EBITULI MU MAASO?**
**Ebintu abantu bye bafunye wamu ne n'ebyo eby'ekkanisa, enkuŋŋaana n'emikago.**

**ESSUULA 7 OKWAGALA N'OKUGABANA.**
**Ensanyu lyetugaba lituddira mu mitima gyaffe. (olugero lw'abaGerman)**
**Nsobola ntya okuyamba abalala okufuna 'obulamu mu bungi'?**
**Tutambuza tutya obubaka? Makubo ki agaliwo?**




**AKATABO 3: www.steps-to-personal-revival.info**

**ABAKOZI NE YESU**
**Abajjula Omwoyo**

*Omuteeko - ogutandikirwako: Enkolagana ne Kristu*

*Amabaluwa eri Adrew namba. 1-5, 8, 13, 14, Z1*

Kitegeeza ki okubeera n'obuwanguzi mu bulamu? Bisuubizo ki Katonda by'atuwadde okusobola okufuna obulamu obw'obuwanguzi? Mu nteeka teeka entono temubeeramu maanyi. Katonda waffe omulungi ayagala tulowooleze mu binene. Oyagala okukola ne Katonda?

Yesu yetaaga b'akola nabo, abajjula n'okwagala kwe. Abakola naye, mw'asobola okuyita okwagala abalala. N'olwekyo, kikulu nze okufuna okwagala kwonna okwa Katonda. (Abaefeso 3:17).

Enkola ey'obuyiiya eno Katonda gy'atuteereddewo mu kuweereza, okugaba n'okuyamba!
Tekikkirizika Katonda ky'atutegekedde. Era – Katonda tumuweereza tutya? Katonda tumukolera nga tukozesa obusobozi obw'obuntu, oba Katonda akozesa obusobozi bwe obw'obwaKatonda okuyita mu ffe? Njawulo ki eriwo?

Yesu yagamba " Mungoberere, nange ndibafuula abavubi b'abantu." (Matayo 4:19 NKJV) Mu ngeri ki eyeewunyisa Yesu mw'atufuulira abakozi wamu naye?

Helmut Haubeil agabana engeri gye yayiga okutwala abantu eri Kristo mutendera ku mutendera.
Enkolagana ey'obuntu ne Yesu ye nkolagana esinga omugaso eriwo.
Nsobola ntya abalala okubalaga kino? Kibuuzo ki ekiggula luggi ekiyinza okubuuzibwa mu kakodyo era nga kigenda butereevu ku nsonga enkulu? Bikozesebwa ki ebyagezesebwa era ebyesigika ebiriwo ebyanguyiza abayambi n'abennyigiramu bwetuba twogera ku kukkiriza? Ebikozesebwa bino eby'omuwendo biteereddwa ne mu muteeko ogutandikibwako.

Awo enkola ey'obuminsani obujjula Omwoyo bwanjulibwa, ekiraga engeri ffe nga abantu oba ebibiina, nga'ekkanisa oba ng'olukuŋŋana bisobola mu buwanguzi okugenda mu maaso wansi w'obukulembeze bwa Katonda.

Tusaba Katonda atuwe fenna essanyu ery'okubeera abakozi wamu ne Yesu abajjula Omwoyo!

# FUNA KATONDA

## Amabaluwa eri Andrew

**Omuteeko ogusooka**

*Enkolagana*
*ne Kristo*
*Amabaluwa eri Andrew*

**OMUTEEKO OGUSOOKA – AMABALUWA ERI ANDREW OKUTWALA ABANTU ERI YESU**

Amabaluwa gono eri Andrew lutindo eri okufuna ebintu ebirabibwako. Bino ebikozesebwa byagezesebwa era byakozesebwako okutwala abantu eri Yesu. Waliwo emiganyulo 12 egiva mu kukozesa akatabo ng'ako, ebyogerwako mu ssuula 7 mu - abakozi wamu ne Yesu abajjula Omwoyo. Biyambirako ddala mu mbozi ey'omugaso ku kukkiriza, eri omuyambi n'eyennyigiddemu.

Ebaasa eno erimu kopi emu ey'ebbaluwa ezeetagisa. Omusono ogukozeseddwa n'ebirimu ebisikiriza bijja kukusanyusa. Ojja kuba musanyufu okubiwa ku balala. Wetaaga omuteeko mulamba ku buli muntu gw'oyagala okutwala eri Yesu. Ojja kufuna essanyu lingi bw'onooba osobodde okutwala omuntu eri Yesu.

Ebaasa egendereddwa okuwa eby'okusomako: nawa ddi , muwendo ki?
Enkola eyabulijjo eyokugaba eri?
4 zaala w'obulamu: Katonda gyali oba taliiyo?
1 Okukkiriza kw'abakulisitaayo kugezesebwa
8 Obunnabi ku Yesu Kristo – Omukisa ogw'okutuukiriza 1:10 17
2 Eky'enjawulo era ekitagerageranyizika: Yesu owa Nazaaleeti
3 Obwanga bwa Bayibuli obukulu bwe buliwa?
13 Nyweza obulamu okuyita mu nkolagana ey'obuntu ne Katonda.
Z1 Mu kugattako: Ekkubo ery'obulamu obutaggwawo
14 Obulamu mu maanyi ga Katonda - busoboka butya?
5 Obuwanguzi ku Taaba n'omwenge.
www.steps-to-personal-revival.info: Amabaluwa eri Andrew
Amabaluwa eri Andrew era gasobola okuwanulibwa ku bwereere oba okusindikibwa omuntu okuva ku kibanja eky'olutimba lwa yintaneeti.

Naye Katonda yebazibwe, oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." 1Abakkolinso 15:57

Ekiseera kino nsumba ekkanisa bbiri mu Califonia. Nasooka okukwatagana ne bye wawandiika nga mpuliriza Omusumba Dwight Nelson[laba wansi] mu butambi bwe obwa buli wiiki. Mu kusooka byankwatira ddala ku mmeeme. Nali nawulirako dda ku byawandikibwa ebikwata ku Mwoyo ebirala, naye njulira nti nali nga sirina ky'amaanyi kyenfaako. Ku lw'ensonga ezimu nzikiriza, Katonda alonze ebiro bino okutuuka ku bantu abangi ne Mwoyo mutukuvu. Era ndi musanyufu nti nakizuula mu kaweefube wo.

Ekintu kimu kye nsobola okujulira gyemuli. Awo ku ssuula esooka tubikkulirwa amazima ag'amaanyi mu ngeri enyangu agawaliriza endowooza zaffe okwesiba ne tuddamu okwefumintiriza. Era enkola ey'okusoma emirundi egiwerako ekolera ddala. Eri bulimuntu gwe njogera naye, gwe nkubaganya naye ebirowoozo ne gwembulira ku katabo, omulamwa gw'oMwoyo mutukuvu gweyongera okweyongera okusikiriza nate. Tuba nga abakakiwulira omulundi ogusooka. Nsobola okukyerabamu. Nali sisobola kuva mu ssuula esooka nga sinabuulira njiri wakiri emirundi 3 ku mulamwa gw'ekwatako. Simanyi ngeri esinga gye nsobola okukinyonnyola, naye nali sagala kulekera kusoma katabo ako era ebyava mw'ekyo amakkanisa gange gaabifuna. Ekigambo nakibunyisa era omwaka guno, disitulikiti yange eraze okukula okw'amaanyi. Byonna ebyo mbiteeka ku Katonda n'okuweebwa amaanyi ga Mwoyo mutukuvu mu ba memba baffe. Era tusuubira bingi okujja omwaka guno omuggya! D. Jan. 2018 Katundu akagyiddwamu.

*Musumba Dwight Nelson, omusumba omukulu owa Poineer Memorial Church – Andrews University, yagamba, nti akatabo kano akatono[emitendera mu kwezza obuggya] " kankyusa munda. Njagala nkukolere ky'ekimu."*
*Yabuulira emmisa mu kugoberegana emirundi esatu:*

*"Ekitundu ziiro n'okutegeka okuggya: obatizibwa otya ne Mwoyo mutukuvu? "*

*Yanokolayo okuva mu Mitendera mu kwezza obuggya" era n'akalagirira abantu. Ekyo kyavaako okukawanula emirundi nkumi n'enkumi n'okulagiriza obutabo.*

*Muno bujulizi bwe ng'omuntu era emmisa esatu ziri ku*

www.steps-to-personal-revival.info

# Beera mu yesu

## Yesu Kristo

Enjiri ya Yokaana essuula 15:

Ennyiriri 4-5 *“Mubeere mu nze, nange mu mmwe. ….. Abeera mu nze, nange mu ye , oyo abala ebibala bingi.”*
Mukama waffe Yesu omwagalwa akuyita mu nkolagalana y’obuntu n’obwakatonda ayagala okutuwa obulamu obusikiriza, obulungi era obw’obuwanguzi.

Olunyiriri 7 *“ Bwe mubeera mu nze, n’ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakiwebwanga.”*
Mukama waffe Yesu omwagalwa atwala obulamu bwaffe obw’okusaba ku mutendera omupya.

Olunyiriri 11: “ *Ebyo mbibagambye , essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire.*”
Obulamu mu nkolagana eya nnamaddala eri Yesu bwe bulamu obw’essanyu ery’omunda.

**Akatabo kano kagala okukulaga engeri ey’okuzimba oba okunnyikiza enkolagala ey’obuntu ne Yesu Kristo. Kyamuwendo okwesiga Yesu.**

Emitwe egy’omuwendo era egisoboka okuteekebwa mu nkola gijja kukusobozesa okutumbula oba okunnyikiza obulamu obw’amakulu, obunywera era obw’amaanyi mu ye.
Ojja kwesanga nga enkolagana yo ne Kristo ennyikidde era nga ngagga okusingawo. Y’enkolagana eriwo esinga olubeerera. Era – erina ebigyivaamu ebirungi eri enkolagana zaffe endala. Yesu era akugamba:

***Naye najja okubaleetera obulamu –***
***Obulamu mu bungi***
***awatali nze temuliiko kye muyinza kukola.***